
Okuyiga Baibuli nga Tusinziira mu

# YOKAANA



**Yesu n'amugamba nti, "Nze kuzuukira n'obulamu. Oyo akkiriza Nze, ne bw'alifa aliba mulamu."** —Yokaana 11:25

## ENSONGA LWAKI BAAWANDIIKA ENJIRI YA YOKAANA

**Kya mazima ddala Yesu yakola obubonero bungi nga abayigirizwa be bamulaba, naye nga tebyawandiikibwa mu kitabo kino; naye bino byawandiikibwa mulyoke mukkirize nti Yesu ye Kristo, Omwana wa Katonda, era bwe mukkiriza mubeere n'obulamu mu linnya lye. –Yokaana 20:30, 31**

Yokaana yeeyita "omuyigirizwa Yesu gwe yayagalanga." Tetukirowooza nga Yesu yayagala nnyo Yokaana okusinga abayigirizwa abalala bonna, naye osanga Yokaana ye yali omugezigezi *n'awulira* nnyo okwagala Yesu kwe yalina eri abantu be. Yokaana yasiima okwagala kwa Yesu n'agenda wala nnyo era yategeera ekyaleeta Kristo n'ekigendererwa kya Kristo okujja mu nsi muno.

Waayitawo emyaka mingi oluvanyuma lw'okuwandiika enjiri ya Matayo, eya Makko n'eya Lukka, ne wajjawo enjigiriza enkyamu nga bayigiriza mbu Yesu yali muntu buntu ng'omuntu wa bulijjo.

Bw'atyo Yokaana n'asalawo okuwandiika ekitabo kino eky'enjawulo okulaga nga Yesu bw'ali Katonda eyayambala omubiri. Ku nkumi n'enkumi z'eby'amagero Yesu bye yakola, Yokaana yalondobamu n'obwegendereza ebyo byokka ebiraga nga Yesu yali OYO gwe yeeyitanga. Eby'amagero bino yabiyita "bubonero."

Yokaana era yakakasa ensonga lwaki abakulembeze b'eddiini mu mulembe ogwo baakyawa Yesu ne bamuwaayo okukomererwa. Ensonga gye baawa nti Yesu yagamba nti yenkana ne Katonda! Yokaana alaga nga Yesu bwe *yateekateeka* okufuuka "Omwana gw'endiga wa Katonda" ajjawo ebibi by'ensi.

Kyali kigendererwa kya Yokaana abo abasoma mu njiri eno ("amawulire amalungi") bakkirize Yesu Kristo era bafune obulamu obutaggwaawo.

Kwe kusaba kwange, *ggwe* okulemberwe okuyiga Amawulire Amalungi aga Yokaana, okkirize Yesu Kristo era omwewe mu bulamu bwo nga Omulokozi *wo* era Mukama wo. Yesu bwe bulamu, era yeewaayo tugabanenga ku bulamu bwe emirembe gyonna. Lwaki naawe olwaleero tomwegambira nti obulamu *bwo* obukadde obukyaye era n'omwetwalira? Mwebaze olw'obulamu obupya bw'akuwa. Nyumirwanga okussa kimu naye buli lunaku. Tambulira mu bulamu bw'asiima buli lunaku. Era abalala nabo obategeeze ku Yesu oyo ow'ekitalo. Nabo abaagala! **—V. R. Benson**



# ENGERI GY'OYIGAMU EKIGAMBO KYA KATONDA

**1. Saba Katonda Akuyambe.** *Weetaaga* obuyambi obuva eri Katonda olyoke osobole okutegeera ebyo by'oyiga mu Baibuli. Kozesa Zabbuli 119:18 nga essaala yo; **"Ozibule amaaso gange, nsobole okulaba eby'ekitalo ebiva mu tteeka lyo."**

**2. Ekyawandiikibwa kisome na bwegendereza mu kifo awasirifu.** Saza omusittale ku bigambo ebisinga okukukwatako. Jjukira nti Katonda ayogera naawe ng'ayita mu Kigambo kye.

**3. Ddamu ebibuuzo ebiva mu kitundu kya Baibuli ky'obeera osomye.**

**4. Weekebere eby'okuddamu ojja kubisanga ekitabo kino we kiggwerako.**

**5. Enyiriri ez'okwejjukanya olina okuziyiga.** Soma buli lunyiriri lwa kwejjukanya era olabe ne gye balujuliza mu Baibuli. Lusome nga ebigambo obyatula era oludding'ane emirundi egiwera okutuusa lw'olaba nga oyinza okubyogera nga tosoma busomi. Oyinza okwagala okubiwandiika ku lupapula, n'otambula n'akapapula ako. Ky'oba okola, lwogere nnyo buli lunaku emirundi egiwera olwo ojja kubijjukira mangu. Oyinza okulugamba ku mukwano gwo anaasobola okulaba ensobi yo. Oba oyinza okuluwandiika ne weekebera

okulaba oba nga byonna obiwandiise. Olunyiriri ne bw'oba nga olumanyi, kale luddemu omulundi gumu buli wiiki okumala wiiki musanvu, ate awo otandike kukikola buli luvanyuma lwa mwezi gumu. Bw'oneeterekera ekyo, "eky'obugagga ekirungi" mu mutima gwo, enjogera yo n'ebikolwa byo bijja kukyuka. Londa n'enyiriri endala nazo oziyige.

**6. Lowooza ku Kigambo kya Katonda ky'osomye, n'okiyiga era n'okiteeka mu mutwe gwo.** Katonda abantu abafumiitiriza ku Kigambo kye emisana n'ekiro yabawa ekisuubizo kino:


> **Ekitabo kino eky'amateeka tekiivenga mu kamwa ko, naye onookirowoozangako emisana n'ekiro, olyoke weekuumenga okukola byonna ebyakiwandiikibwamu: kubanga bw'otyo bw'onootereezanga ekkubo lyo, era bw'onooweebwanga omukisa. —Yoswa 1:8**
>
> **Naye amateeka ga Mukama ge gamusanyusa era mu mateeka ago mw'alowooleza emisana n'ekiro. Naye alifaanana ng'omuti ogwasimbibwa ku luzzi, ogubala emmere yagwo mu ntuuko zaayo, era amalagala gaagwo tegawotoka. Na buli ky'akola akiweerwako omukisa.**
> **—Zabbuli 1:2, 3**

**7. Teeka mu nkola ebyo Katonda by'agamba.** Yakobo 1:22 atugamba bw'ati, **"Naye mubeere bakozi ba kigambo so si abawulizi, nga mwerimbalimba."** Yesu yafaananya omuntu awulira ebigambo bye n'atabikola n'omusajja omusiru eyazimba ennyumba ye ku musenyu. Omuyaga n'empewo ne mukoka bwe byajja, ennyumba y'omusajja oyo yagwa. Naye omusajja, oba omukazi ne bw'abeera muwala oba mulenzi, oyo awulira ebigambo bya Yesu *n'abigondera*, amufaananya ng'omusajja ow'amagezi, eyazimba ennyumba ye ku lwazi. Empewo yajja enkuba n'etonnya mukoka n'akulugguka, naye

ennyumba teyagwa kubanga yazimbibwa ku lwazi. Okusobola okukula obulungi mu mwoyo, kye tulina okukola kwe *kukola* nga Katonda bw'agamba era awo tweyongera okumutegeera obulungi. Wandiika ekyo ky'oteekateeka okukola, era okikole ne Katonda ajja kukuyamba era ali wamu naawe.

**8. Gabanako ku kigambo kya Katonda n'omuntu omulala.** Oyinza okwagala okugabana ku ebyo by'obeera oyize n'ab'ewuwo. Eky'amateeka 6:7 agamba bw'ati: **"Era onoonyiikiranga okubiyigiriza abaana bo, era onoobyogerangako ng'otudde mu nnyumba yo, era ne bw'onaabanga ng'otambula mu kkubo, ne bw'onagalamiranga, era ne bw'onozuukukanga."**

## ESSOMO 1. ENNYANJULA YA YESU KRISTO ENKULU



**Yokaana 1:1-18**

**[1]Ku lubereberye waaliwo Ki-
gambo, Kigambo yali wamu ne
Katonda era Kigambo yali Ka-
tonda. [2]Oyo yaliwo ku lubere-
berye awaali Katonda. [3]Ebintu
byonna byaakolebwa ku bw'o-
yo; singa teyaliiwo ku byonna
ebyakolebwa tewandibadde na
kimu kikolebwa. [4]Obulamu
bwaali mu Ye; obulamu ne buba
omusana eri abantu. [5]Omusana
ne gwaaka mu kizikiza, so ekizi-
kiza tekyagutegeera.**

**[6]Waalabika omuntu Kato-
nda gwe yatuma ng'ayitibwa
Yokaana. [7]Omusajja ono nga
mujulizi okutegeeza eby'omu-
sana, bonna bakkirize ku bu-
bwe. [8]Oyo si ye musana, wabula**

oyo ategeeza eby'omusana. 9Wa-
liwo omusana ogw'amazima o-
gwaakira buli muntu, nga gujja
mu nsi. 10Yali mu nsi, ensi ya-
kolebwa ku bubwe, era ensi te-
yamutegeera. 11Yajja mu ma-
twale ge, naye abaali mu ma-
twale ge tebaamusembeza. 12Naye
bonna abaamusembeza yabawa
obuyinza okufuuka abaana ba
Katonda, be bakkiriza erinnya
lye: 13Abo tebaazaalibwa mu-
saayi, newakubadde okwagala
kw'omubiri, newakubadde o-
kwagala kw'omuntu, naye abaa-
zaalibwa Katonda. 14Kigambo
n'afuuka omubiri, n'abeerako
mu ffe (ne tulaba ekitiibwa kye,
ekitiibwa nga eky'oyo Kitaffe
gwe yazaala omu yekka), ng'aju-
dde ekisa n'amazima.

15Yokaana n'ategeeza eby'oyo
ng'ayogerera waggulu nti, Oyo
gwe nnagamba nti ajja oluva-
nyuma, Y'asinga ku nze; kuba-
nga Ye ye yansooka nze. 16Kuba-
nga ku kujjula kwe, ffe fenna
kwe baatuwa era n'ekisa mu kifo
ky'ekisa. 17Kubanga amateeka
gaaweebwa ku lwa Musa; ekisa
n'amazima byabeerawo ku lwa
Yesu Kristo. 18Tewali yali alabye
ku Katonda wonna wonna. O-
mwana eyazaalibwa omu yekka
y'abeera mu kifuba kya Kitaffe
era y'ategeeza ebya Katonda.

## Eby'okukola

A. Wandiika eky'okuddamu kyo awo mu bbanga erisigaddewo. Ekibuuzo bwe kikulema okuddamu, nga oddamu nate nga osoma essomo eryo.

1. "Kigambo" ye yali ani? ________________ (1)

2. "Kigambo" yali ludda wa? ______ _______________ (1)

3. Mu "Kigambo" mwaalimu ki? ___________________ (4)

4. Ekitangaala kyaakira wa? mu ___________________ (5)

5. Katonda yatuma ani okwogera eby'ekitangaala? Omusajja eyayitibwanga _______________ (6)

[Oyo yali Yokaana Omubatiza, so si Yokaana eyawandiika enjiri eno.]

6. B’ani abaagaana okwetwalira Yesu? Ababe ________ (11)

[Eggwanga lya Isiraeri, abantu ba Katonda abalonde Yesu tebaamukkiriza.]

7. Ddembe ki eriweebwa abo bonna abakkiriza Yesu ne bamusembeza? Batuufu okufuuka ______________ _____ _______________ (12)

8. Abo abazaalibwa Katonda tebabeera ba ___________, newakubadde okwagala kwa ____________________, newakubadde okwagala kwa _____________, naye kwa _____________. (13)

[Omuntu okufuuka omwana wa Katonda kibeera kya magero, era Katonda yennyini y’akikola. Tekijja mbu olw’okuba bazadde bo Bakristaayo; tekimala gabeerawo nti olw’okuba nga ggwe oyagala kikubeereko; era tekiyinza kubeerawo olw’omuntu yenna akikwagaliza. Okuzaalibwa guba mulimu gwa Katonda.]

9. “Ekigambo” kyafuuka ki? ________________ (14)

10. “Ekigambo” wa gye kyatuula oba gye kyabeera? ____________ ____________ (14)

11. Bintu ki ebibiri bye tufuna bwe tubeera ne Kristo? “Ku ______________ fenna kwe twaweebwa, ne ____________ _______________” [emikisa egiddiring’ana] (16).

12. Olw’ensonga nti tewali n’omu eyali alabye ku Katonda, Ani yalina okujja okutulaga nga Katonda bw’afaanana? ______________ eyazaalibwa omu yekka (18).

[Yesu nga bw’ali Katonda, ayinza nnyo okubeera ku nsi mu kiseera kye kimu nga ne mu ggulu gy’ali eyo wamu ne Kitaawe gye yabeeranga mu butakoma. (Geraageranya enyiriri ebbiri 18 ne 1.)]

B. Wandiika olunyiriri luno era olukwate mu mutwe gwo: **Yokaana 1:12.**

## Yesu Katonda—Naye Yajja ku Nsi mu Kikula ky'Omubiri

Nga tetunnaba kwetwalira Yesu na kukkiriza linnya lye, tuteekwa okumanya *Ye y'ani:* Olunyiriri 18 lutugamba nti Yesu yajja okutulaga Katonda, kubanga tewali n'omu eyali asemberedde Katonda n'amulaba yenna nga bw'Ali. Ekitiibwa kya Katonda kyaakayakana nnyo. Mutukuvu nnyo.

Olw'okuba nti omuntu mwonoonyi, omuntu gy'abeera kizikiza mu mwoyo. Ekizikiza y'ensi eno gye tutambuliramu era egezaako okwesulubabba Katonda n'okubeera nga emwejjako. Naye tulaba mu lunyiriri 5 nga ekizikiza tekyayinza kujjawo kitangaala.

Baibuli egamba, **"Katonda kitangaala era mu Ye temuli kizikiza kyonna"** (1 Yokaana 1:5). Yesu, nga Katonda, yayitibwa **"ekitangaala eky'amazima"** (Yokaana 1:9). **Olw'ekitangaala eky'amazima** omuntu yeeraba *mazima* nga bw'Ali, omwonoonyi. Era **olw'ekitangaala eky'amazima** ayinza okulaba *mazima* Katonda nga bw'afaanana. Era ayinza okulaba omuntu *mazima* ky'ateekeddwa okubeera.

Nga kya kitalo nnyo okulaba nga (Yesu) Ekitangaala ekituufu Yakka? mu nsi yaffe ey'ekizikiza okutulaga Katonda! Eriyo akawala, kaagamba nti, "Yesu Ye kifaananyi ekisinga obulungi Katonda kye yeekubisa!" Yesu kifaananyi kya Katonda—Oyo eyalabikira abantu ne bamuwuliriza era ne bamukwatako.

Yesu *yabeeranga* wamu n'abantu. Ekigambo "n'abeera" mu lunyiriri 14 mu ntegeera eya bulijjo kitegeeza "n'asiisira". Yesu *yasiisiranga* mu ffe. Weema mu Ndagaano Enkadde yali kanisa ey'ettundubaali Katonda gye yalagira abantu

okukola bwe baali nga balina okusenguka buli kiseera mu myaka gy'ebyafaayo byabwe egisooka. Weema—oluvanyuma eyafuuka Yekaalu mu Yerusalemi—kyali kifo MUKAMA Katonda gye yatuulanga awamu n'abantu be abalonde. Oluvanyuma, Isiraeri bwe yayonoona, ekitiibwa ky'okubeerawo kwa Katonda ne kyabulira Yeekaalu, ng'olwo ekitiibwa kya Katonda tekikyalabisibwa. Naye kaakano, mu Muntu Yesu, Katonda yali yakomawo "okusiisira" mu bantu be! Si kibi nnyo okulaba nga bangi abalemwa okutegeera ensonga eyo? Naye bonna abakkiriza Katonda baalaba ekitiibwa kya Katonda mu Yesu (olunyiriri 14) bwe yajja.

## Yesu kye Kigambo kya Katonda

Baibuli egamba nti, **"Ekigambo kyo y'ettabaaza eri ebigere byange era ekitangaala mu kkubo lyange"** (Zabbuli 119:105). Erinnya lya Yesu eddala ye "Kigambo kya Katonda." (Gerageranya olunyiriri 1 ne 14). Baibuli kye Kigambo kya *Katonda ekiwandiike,* ate Yesu Ye Kigambo kya *Katonda Ekiramu*, kubanga Katonda atutegeeza ebimukwatako ng'ayita mu Yesu.

**"Katonda edda bwe yayogereranga mu bitundu ebingi ne mu ngeri ennyingi eri bajjajjaffe mu bannabbi; mu nnaku zino ez'oluvannyuma yayogerera naffe mu Mwana."** (Abaebbulaniya 1:1, 2a).

## Yesu Bwe Bulamu bwa Katonda

Wali weewuunyizza *lwaki* tufuuka abaana ba Katonda bwe twaniriza Yesu mu mitima gyaffe? Ensonga eri nti, kubanga **"Mu Ye mwalimu obulamu"** (olunyiriri 4).

Okusooka tulaba nga Yesu Ye yakola ebintu byonna ebiramu (olunyiriri 3 ne 10). **“Ye Ye yavaamu ebintu byonna kubanga by’ayita mu Ye. Era Ye, Y’akulembera ebintu byonna, era ebintu byonna biri mu Ye”** (Abakkolosaayi 1:16b, 17). Yesu, nga Katonda, *y’ensibuko* y’obulamu bwonna. Era *y’ayimirizawo* obulamu bwonna. **“Agabira bonna obulamu, omukka . . . kubanga mu Ye mwe tutambulira era mwe tubeerera abalamu”** (Ebikolwa 17:25b, 28a).

Era nga omuntu bwe yafuuka emmeeme ennamu Katonda bwe yamufuuwamu omukka ogw’obulamu nga kitonde, bw’atyo Yesu yaweebwa obuyinza ku buli mubiri, okubawa obulamu (obw’omwoyo) obutaggwaawo eri bonna nga bwe baba benkana abajja gy’ali (Yokaana 17:2). **“Oyo alina Omwana era alina obulamu; atalina Mwana wa Katonda talina bulamu”** (1 Yokaana 5:12).

Wafuna obulamu obuggya—obulamu obw’omwoyo—okuyita mu kukkiriza Yesu n’obwesige bwo bwonna n’obuteeka mu linnya lye? Bw’oba nga ekyo wakikola kati oyitibwa mwana wa Katonda, eyazaalibwa Katonda, era alina obulamu bwe obutaggwaawo. Nga otambulira mu kitangaala Kye, era nga weyongera okumanya obulamu bwe nga bukolera mu ggwe, ojja kunyumirwa emikisa nga guno bwe guvaawo, omulala gujja (olunyiriri 16). Bw’oba nga tomufunanga, kino si ky’ekiseera kyennyini, okumusaba ajje ayingire era akuwe obulamu obuggya, obulamu bwe bwennyini obutaggwaawo?

Bwe yakonkona ku luggi lwo wamuddamu, oba tewakikola? Yesu kati ayimiridde awo w’oli, akonkona ku lugi lw’omutima gwo. Asuubiza, **“Omuntu yenna bw’awulira eddoboozi lyange n’aggulawo, nnaayingira gy’ali”** (Okubikkuurirwa 3:20).

# ESSOMO 2. YOKAANA OMUBATIZA ATEGEKERA YESU EKKUBO




Yokaana 1:19-34

19Buno bwe bujulizi bwa Yo-
kaana, Abayudaaya ne baka-
bona bwe baamusindikira Aba-
leevi okuva e Yerusaalemi ba-
mubuuze, “Ggwe ani?” 20Teyee-
gaana naye yayatula n’abate-
geeza nti, “Si nze Kristo.” 21Ne
bamubuuza nti, “Olwo kiki?
Ggwe Eriya?” Yaddamu nti,
“Siri Eriya.” “Oli nabbi?” Era
n’addamu nti, “Nedda.” 22Awo
ne bamubuuza nti, “Ggwe ani,
tugende tubuulire bali abaatu-
tuma? Ggwe weeyogerako ki?”
23N’agamba nti: “Nze ‘Ndi ddo-
boozi ly’oyo akowoolera mu
ddungu: “Mutereeze ekkubo lya
MUKAMA,” ’ Nga nabbi Yisaaya
bwe yayogera.” 24Kale abo
abaatumibwa baali Bafalisaa-
yo. 25Ne bamubuuza nga baga-
mba nti, “Oba nga toli Kristo,
toli Eriya, so toli nabbi, lwaki
ate obatiza?” 26Yokaana n’aba-
ddamu ng’agamba nti, “Nze
mbatiza na mazzi, naye waliwo
ayimiridde wakati mu mmwe
gwe mutamanyi. 27Ye ajja olu-
vanyuma, yaliwo okusooka nze,
era nze sisaanira na kusiba
buguwa bwa ngatto ze.” 28Ebi-
ntu bino byaaliwo mu kifo eki-
yitibwa Bessaniya emitala wa
Yorudaani, Yokaana gye yabati-
ririzanga.

29Enkeera Yokaana n’alaba
Yesu ng’ajja gy’ali, n’agamba
nti, “Laba Omwana gw’endiga
wa Katonda ajjawo ebibi by’e-
nsi! 30‘Oyo gwe nnayogerako nti
nze bwe ndivaawo, waliwo ajja’.
31Nange saamumanya; naye na-
nge najja nga mbatiza mu ma-
zzi alyoke alabisibwe eri Isirae-
ri.” 32Yokaana n’ategeeza ng’a-
gamba nti, “nnalaba Omwoyo

**ng'ava mu ggulu mu kifaa-
nanyi ky'ejjuba, n'awummu-
lira ku Ye. 33Nange saamu-
manya: naye eyantuma okuba-
tiza n'amazzi Ye yang'amba
nti, 'Oyo gw'oliraba nga Omwo-
yo amusseko, Oyo Y'abatiza
n'Omwoyo Omutukuvu.' 34Na-
nge ne ndaba, ne ntegeeza nti
Oyo Ye Mwana wa Katonda."**



## Eby'okukola

Mu mabanga gano wammanga, jjuzamu ekigambo ekituufu.

1. Yokaana Omubatiza yagamba nti yali ____________ ly'oyo akowoolera mu ___________________ (23).

2. Yokaana Omubatiza yajuliza Yisaaya, nabbi, nga agamba nti, "____________________, ____________________ lya Mukama" (23).

3. Yokaana yagamba nti yadde nga Yesu yalina okujja _________________, Ye yali alina __________ ____________ (27, 30).

[Kino kitegeeza nti yadde nga Yokaana Omubatiza yajja okulongoosa ekkubo lya Yesu, Yesu Ye yali asinga Yokaana obukulu. Yokaana yeeyogerako nga bwe yali tasaanira na kukolera Yesu mulimu gwa buddu ogw'okumusumulula engatto. Yokaana yali alaga bukulu bwa Yesu.]

4. Yokaana bwe yali alaga Yesu eri abantu yamuyita _________________, gwa ___________________, kubanga Yesu yali agenda kujjawo ___________________________ by'____________________ (29).

5. Yokaana yajja okubatiza abantu mu mazzi olwo Yesu alyoke alabisibwe eri _________________ (31).

6. Yokaana yali akimanyi bulungi nga Yesu Mwana wa Katonda (Katonda yazaalibwa ng'omuntu) kubanga Omwoyo wa Katonda yakka mu kifaananyi kya _________________ n'awummulira ku Yesu (32). Kano nako kaali kabonero akalaga nga Yesu agenda kubatiza na __________________ __________________ (33).

## Okutegeka ekkubo lya Yesu

Waayitawo emyaka 400, eggwanga lya Katonda eddonde, Isiraeri nga tebalina nabbi abategeeza ebiva eri Katonda. *Baalinawo* Endagaano Enkadde yokka nga y'ebategeeza ebiragiro bya Katonda n'ebisuubizo bye. Baali bakimanyi bulungi nga luliba lumu Masiya, Omununuzi, Oyo Katonda gwe yafukako amafuta alijja okufuga Isiraeri. Yisaaya yali yalagula dda nti alizaalibwa muwala atamanyi musajja (Yisaaya 7:14) era yamwogerako ng'annyonnyola nti ayitibwa "Emanueri" (Yisaaya 7:14) ekitegeeza nti "Katonda ali naffe." Mikka yalagula nti alizaalibwa mu Beserekemu afugenga Isiraeri (Mikka 5:2).

Tolowooza nga abantu beewuunya nnyo era ne bafuna essanyu bwe baawulira Yokaana Omubatiza ng'abuulira ng'abagamba okwetegekera okujja kwa Mukama? Abantu *baaliyinzizza* okwetegeka ngeri ki? Matayo atutegeeza nti Yokaana yabuuliranga ng'agamba nti, **"Kale mwenenye, kubanga Obwakabaka obw'eggulu busembedde"** (Matayo 3:2). Abantu bangi olwo ne babatizibwa mu mugga Yoludani nga Yokaana y'ababatiza. "Baayatulanga ebibi byabwe." Olaba, emitima nga si myetegefu kukyuka kuleka bibi byabwe (okwenenya). Ggwe nange, bwe tuba nga twagala okukyuka okuleka ebibi byaffe—oba endowooza zaffe enkyamu, embeera, n'ebikolwa eri Katonda n'omuntu—*awo* tuba beetegefu

okutegeera Yesu nga “Ekkubo eggazi” eritutuusa eri Katonda era olwo tumukkiriza okubeera Kabaka era Mukama waffe. Ekika Yokaana kye yakozesa okubatiza mu mazzi kyali kiraga okunaaza ebibi. Okubatiza kwa Yesu, kwa Mwoyo Omutukuvu, kwe kwokya ebibi n’omuliro (Matayo 3:11,12) n’okutuwa obulamu obuggya obw’obutukuvu (Obulamu bwa Yesu bwennyini mu ffe). Ebibi *byo* wabyatula dda mu maaso ga Katonda?

## Yesu Akaliga ka Katonda

Abantu ba Isiraeri baali bamanyi bulungi amakulu g’akaliga akato, buli Katonda lwe yakolanga ebibakwatako. Mu byasa ebyayita, abaana ba Isiraeri bwe baali nga bakola obuddu mu Misiri, Katonda yakola ku mutima gwa Falawo alyoke akkirize abantu ba Katonda okugenda bave e Misiri mu buddu bafune eddembe mu nsi eyabwe. Katonda yakozesa ebibonoobono kkumi okugonza omutima gwa Falawo n’alyoka akkiriza Abaisiraeri abangi bwe batyo okumuvaako era baali bawerera ddala nga obukadde bubiri. Ekibonoobono ekyasembayo ate nga kye kyali kisinga obukambwe Mukama yali agenda kuyita mu nsi ya Misiri yonna era nga mu kiro ekyo buli kibereberye mu Misiri kirina kufa.




*Naye waaliwo ekkubo ery’obuddukiro.* Buli nnyumba eyagondera ekiragiro kya Katonda nga babeera balamu. Katonda yabalagira okutta omwana gw’endiga ogutaliiko bulema. Omusaayi gw’e-

ndiga nga bagusiiga ku nzigi zaabwe eruuyi n'eruuyi. Nga Katonda bw'anaalaba omusaayi gw'omwana gw'endiga, abo nga "abayitako" ekibonobono ky'okufa nga tekibatuukako. Ye nga nteekateeka ya kyewuunyo! Abaana ba Isiraeri baali nga balina okukuuma embaga ya Okuyitibwako buli mwaka okuva olwo nga ekijjukizo ky'ebiro omusango gwa Katonda lwe "gwabayitako" olw'okuba nga baateeka omusaayi gw'endiga ku miryango gyabwe. (Olugero luno tulusanga mu Okuva 12:1-42.)

Kya muwendo nnyo okubeera nga okweyanjula Yesu kwe yasooka okweraga eri ensi yalabika nga "Omwana Gw'endiga wa Katonda"! Yajja okubeera endiga eweebwayo nga ssaddaaka, etuukiridde, eteriiko bulema yadde ekibi, omusaayi gwe oguyiika gulyoke guteekebwe ku nzigi z'emitima gyaffe olwo omusango gwa Katonda gulyoke "gutuyiteko"! Abaebbulaniya 9:22 atugamba nti, **"...awatali kuyiwa musaayi tewali kusonyiyibwa bibi.** Eby'abaleevi 17:11 agamba nti, **"...musaayi gwe gutangirira obulamu."** Endiga zonna ezasooka okuttibwa okumala emyaka emingi zaali nga olunwe zirusonga ku Yesu eyali agenda okujja okuba "Endiga ya Katonda" okuyiwa omusaayi gwe olwo bonna abamukkiriza ne bamusembeza mu mitima gyabwe okuba Omulokozi waabwe ne balyoka bafuna omusaayi gwe ne gusiigibwa ku mitima gyabwe. **"Mazima ddala mbagamba nti, oyo awulira ekigambo kyange era n'akkiriza Oyo eyantuma alina obulamu obutaggwaawo era talisalirwa musango, naye nga avudde mu kufa n'atuuka mu bulamu"** (Yokaana 5:24).

Yisaaya 53:7 atulaga nti **"Yatwalibwa nga endiga ey'okusalibwa."** Yesu yajja okufa olw'ebibi by'ensi. Lwaki kati *ggwe* tomwebaza olw'okuba Endiga ya Katonda *eyayiwa omusaayi gwe ku lulwo ajjewo ebibi byo?* Katonda bw'alaba

omusaayi, taddayo nate kulaba bibi byo; Alaba eri ssaddaaka yokka entukuvu eya Kristo Oyo eyeetikka ebibi byaffe n'ajjawo omusango gwaffe. Mukama yeebazibwe!



**Walyagadde okuggyibwako omugugu gwo ogw'ebibi?**
**Waliwo amaanyi mu musaayi, amaanyi mu musaayi;**
**Walyagadde okuwangula ekibi?**
**Waliwo amaanyi ag'ekitalo mu musaayi.**

**OKUTANGIRIRA kitegeeza kubeera MU BUMU ne Katonda kubanga omusaayi gwa Yesu gutunaazaako ebibi byaffe.**

## ESSOMO 3. OKUTUUKA KU KUMANYA YESU



**Yokaana 1:35-49**

**35Nate, olunaku olwaddirira,**
**Yokaana yayimirira n'ababiri ku bayigirizwa be, 36n'alaba Yesu**
**ng'atambula, n'abagamba nti, "Laba Omwana gw'endiga gwa Katonda!" 37Abo abayigirizwa**
**ababiri ne bawulira ng'ayogera, ne bagoberera Yesu. 38Yesu n'akyuka n'abalaba nga bamugoberera n'ababuuza nti, "Munoonya ki?" Ne bamuddamu nti "Labbi (ekitegeeza nti Omuyigiriza) obeera wa?" 39N'abagamba nti, "Mujje mulabewo." Ne bajja ne balaba we yasulanga ne babeera naye okumala olunaku olwo lwonna (awo essaawa zaali nga kkumi).**
**40Omu ku babiri abaawulira Yokaana ng'ayogera n'agoberera Yesu ye yali Andereya, muganda wa Simooni. 41Yasooka**
**kunoonya muganda we yennyini n'amugamba nti "Tulabye Kristo" (amakulu gakyo nti oyo eyafukibwako amafuta).**

**42N'amuleeta eri Yesu. Yesu n'amutunuulira, n'agamba nti, "Ggwe Simooni omwana wa Yokaana. Onooyitibwanga Keefa," (amakulu gaalyo bwe litegeezebwa nti Peetero).**

43Olunaku olwaddako Yesu yayagala okugenda e Galiraaya, n'alaba Firipo n'amugamba, "Ngoberera." 44Naye Firipo yali w'e Besusayida, mu kibuga kya Andereya ne Peetero. 45Firipo n'alaba Nassanayiri n'amugamba nti, "Tulabye oyo Musa gwe yawandiikako mu mateeka ne bannabbi—Yesu, omwana wa Yusuufu, ow'e Nazaaleesi." 46Nassanayiri n'amugamba nti, "Mu Nazaaleesi muyinza okuvaamu ekintu ekirungi?" Firipo n'amugamba nti, "Jjangu olabe." 47Yesu n'alaba Nassanayiri ng'ajja gy'ali, n'amwogerako nti, "Laba Omuisiraeri wawu, ataliimu bukuusa!" 48Nassanayiri n'amugamba nti, "Wantegeerera wa?" Yesu n'addamu n'amugamba nti, "Firipo bw'abadde tannakuyita, bw'obadde mu mutiini, ne nkulaba." 49Nassanayiri n'amuddamu nti Labbi, Ggwe Mwana wa Katonda; Ggwe Kabaka wa Isiraeri!"



## Jjangu Olabe

Babiri ku bayigirizwa ba Yokaana Omubatiza baali baayaayaanira okweyongera okutegeera Yesu bwe baawulira Yokaana ng'agamba nti, "Laba akaliga ka Katonda!" Ne basalawo okuzuula Yesu gye yali abeera. Yesu yabaaniriza nti, "Mujje mulabeyo." Oyinza okulowooza ku mboozi ey'ekitalo gye baanyumya ne Yesu olunaku olwo lwonna! Bateekwa okuba nga baayiga bingi ebikwata ku Yesu kubanga waayitawo ekiseera kitono oluvanyuma lw'ebyo omu ku basajja abo eyayitibwanga Andereya, n'ategeeza ku muganda we Peetero nga bwe baali balabye Masiya!

Masiya kitegeeza "eyafukibwako amafuta"—Omuntu Katonda gwe yatuma okuba nabbi, kabona, era kabaka okufuga Isiraeri. Bangi nnyo ku banabbi mu Ndagaano Enkadde baali baayogera dda ku muntu oyo ow'enjawulo eyali agenda okujja. Musa naye yali yawandiika ebikwata ku muntu oyo.

Katonda yali agambye Musa nti, **"Ndibayimusiza nabbi ali nga ggwe okuva mu baganda baabwe, era nditeeka ebigambo mu kamwa ke, era alibategeeza byonna bye ndimulagira"** (Eky'amateeka 18:18). Oluvanyuma Yesu yayogera nti, **"Era nga Kitange bwe yanjigiriza, bwe njogera ebigambo bino"** Yokaana 8:28b). Abasajja bano nga baakyamukiirira!

Ebya Yesu obiyaayaanira? Oyagala okweyongera okuyiga ebimukwatako? Weewuunya Yesu nga bw'ali? Olwaleero Yesu akugamba nti, "Jjangu olabe." Osooka kunoonyereza, n'olyoka ovumbula. Yesu yagamba nti, **"Munoonye, munazuula"** (Matayo 7:7b) Bw'onajja eri Yesu, olina bingi by'ojja okuvumbula! Bw'obeera naye n'omuwa ekiseera n'oyogera naye okuyita mu Kigambo kye, Ajja kukulagira ddala mu mazima Ye nga bw'ali. Naye ojja kumutegeera ku lulwo! **"Era Ndibawa omutima oguntegeera, nti Nze MUKAMA waabwe, kubanga balikomawo gyendi n'omutima gwabwe gwonna"** (Yeremiya 24:7).

## Obujulizi Obukwata ku Yesu

Omuntu bw'ajja eri Yesu, n'alaba Yesu nga bw'ali, olwo aba ayagala okubuulira abalala ebikwata ku Yesu! Ayagala naye ategeeze ku balala naye by'amanyi ku Yesu, olwo ne mikwano gye nabo balyoke "bajje balabe." Bw'oba nga omanyi Yesu, era nga Akuyigiriza, amawulire ago amalungi ogagabanako n'abalala?

**Wano wammanga wandiikawo nga ggwe Yesu bw'ali gy'oli:**

________________________________________

________________________________________

________________________________________

Saba Katonda akuwe akakisa ogabaneko ku bujulizi bwo olwa leero n'omuntu omulala, omuntu oyo naye alyoke "ajje alabe."

# ESSOMO 4. YESU ALEETA ESSANYU KU MBAGA



**Yokaana 2:1-11**

**[1]Awo ku lunaku olw'okusatu ne waba embaga ey'obugole mu Kaana eky'e Galiraaya, ne maama wa Yesu naye yaliyo. [2]Yesu n'abayigirizwa be nabo baali bayite ku mbaga eyo. [3]Awo eby'okunywa bwe byabaggwaako, maama wa Yesu n'amugamba nti, "Tebalina nvinnyo." [4]Yesu n'amugamba nti, "Omukyala, onvunaana ki? Ekiseera kyange tekinatuuka." [5]Maama we n'agamba bali abaali nga bawereza nti, "Kyonna ky'anaabagamba, mukikole." [6]Awo waaliwo amatogero mukaaga agateekebwawo nga empisa y'Abayudaaya bwe yali era nga buli limu ligendamu ensuwa nga bbiri oba ssatu. [7]Yesu n'abagamba nti, "Amatogero mugajjuze amazzi." Ne bagajjuza okutuuka ku migo. [8]N'abagamba nti, "Kaakano musene mutwalire omugabuzi w'embaga." Ne basena ne bamutwalira. [9]Omugabuzi bwe yalega ku mazzi agali gamaze okufuuka envinnyo, (nga tamanyi gy'evudde okujjako abasajja bali abaali baweereza) n'ayita awasizza omugole n'amugamba nti, [10]Buli muntu asooka kuteekawo nvinnyo nnungi, "naye ggwe waterese ennungi okutuusa kaakano." [11]Kano ke kabonero Yesu ke yasooka okukola mu Kaana eky'e Galiraaya n'ayolesa ekitiibwa kye era abayigirizwa be ne bamukkiriza.**

## Eby'okukola

Jjuzamu mu mabanga gano wammanga nga okozesa ebigambo ebiva mu ssomo.

1. Maama wa Yesu yagamba abaweereza nti, "__________ ____________________ ______________." (5)

2. Yesu bwe yalagira abaweereza okujjuza amatogero, ne bagajjuza "__________ ______ ______________" (7).

## Obuwulize Ky'ekisumuluzo Ekiggulira Essanyu

Maama wa Yesu ayinza okuba nga yali talabanga ku Yesu ng'akola eby'amagero. Naye yakimanya nti Yesu yalina *ekintu* kye yali ajja okukolawo okuyamba ku mbaga eyo. Era tumanyi nga omwenge gwe baakozesa ku mbaga eyo tegwaali mwenge ogutamiiza abantu. Omwenge ogwo si kika kya mwenge abantu gwe bayiisa mu nsangi zino. Gwaali mubisi omuwoomerevu gwe bakamula mu mizabbibu. Ee nga bwe guggwaawo kinyiiza nnyo!

Okyayinza okuba nga oli Mukristaayo, naye wali otuuseeko mu kiseera ne wabaawo ekintu "ekikuweddeko?" Obugumiikiriza bukuggwaako nga obudde bukyali? Omutima gwo temuli ssanyu oba okwagala mu kiseera kino? Yesu alaba ekyetaago kyo, kyonna nga bwe kiri. Ayagala okuwa obulamu bwo omukisa ng'akukolera eky'amagero! Tayagala obeere nga oswazibwa mu bulamu bwo obw'Ekikristaayo nga obulwa essanyu n'emirembe n'okwagala okukuyisa mu lunaku lwonna. Yasuubiza nti, **"Era buli amukkiriza, taliswazibwa"** (Abaruumi 9:33b). *Naye waliwo ekyaama kye twetaaga okutegeera!* Obuwulize kye kisumuluzo ekiggulira emikisa. **"Buli kyonna ky'abagamba okukola, mukikole"** (Yokaana 2:5). Bwe tugonda, Yesu ayinza nnyo okutukolera eby'amagero. Obuwulize bulaga nti ddala tumwesiga.



Bw'oba nga olina eyakukola ekikyamu, wamusonyiwa (Matayo 6:14, 15)? Eby'obugagga byo obyeterekera mu ggulu (Matayo 6:20)? Oyinza okuba nga ogamba nti tolina bikumala kuwaayo mu mulimu gwa Katonda, naye Yesu ebyetaago byo abimanyi. Kola kimu kya kumwesiga ng'oyita mu kumugondera. **"Era munkeme na kino; bw'ayogera MUKAMA ow'eggye, oba nga siribaggulirawo bituli bya ggulu**

**ne mbayiira omukisa omunene ne mubulwa ne we muguteeka”** (Malaki 3:10b).

**“Jjuzibwa Omwoyo,”** Katonda akugamba olwaleero mu (Abaefeso 5:18). Tewali Mukristaayo yenna asuubira kutambulira mu bulamu bwa kusanyuka bw’atakkiriza Katonda kumujjuza na Mwoyo we buli lunaku.

Oyinza obutaba Mukristaayo. Obulamu buyinza okuba nga tebukusanyusa. Era, naawe, oyinza okugondera ekiragiro kya Yesu. Jjangu eri Yesu, ofune obulamu bwe—obukujjuza okutuuka ku migo. Yagamba nti, **“Najja zibe n’obulamu, era zibe nabwo nga bungi ddala”** (Yokaana 10:10).

Abaddu baagondera *ddala byonna* bye baabagamba. Mu matogero tebaateekamu mazzi ga bitundu, oba agaali okumpi okujjula. Baagajjuza ne bagatuusa ku “migo.” Okugondera Katonda n’omutima gwo gwonna kuleeta essanyu n’emikisa. **“Era buli kyonna kye mukola, mukikolenga n’omutima gwonna, ng’abakolera Mukama so si bantu, nga mumanyi nti Mukama alibawa empeera ey’obusika, kubanga muweereza Mukama Kristo”** (Abakkolosaayi 3:23, 24).

Waliyo ekintu kyonna Yesu kye yakugamba okukola nga bw’onookikola oba olaga nga omugondera? Lwaki tokikola olwaleero?

Abayigirizwa bwe baalaba eky’amagero, okukkiriza kwabwe ne kweyongera okukula—“baamukkiriza.” Bw’ogondera ekigambo kya Katonda, n’olaba n’emirimu gye, okukkiriza kwo kweyongera okukula. Okukkiriza kufaanana nga ebinywa by’emibiri gyaffe. Ekibigumya ne binyweera, kwe *kubikozesa n’okubigezesa*. Kale tusalewo okutambulira mu kukkiriza buli lunaku. **“Omuntu anabeerangawo lwa kukkiriza”** (Abaruumi 1:17).

**OKUKKIRIZA =** Okuleka byonna, n’omwesiga

# ESSOMO 5. YESU ALONGOOSA YEKAALU



Yokaana 2:13-22
13Awo okuyitako kw'Abayu-
daaya kwali kunaatera okutuu-
ka, Yesu n'ayambuka e Yeru-
salemi. 14N'asanga abantu mu
yeekaalu nga batunda ente,
endiga n'amayiba, n'abawaa-
nyisa effeeza nga batudde:
15n'afuula emigwa olukoba, n'a-
bagoba bonna mu yeekaalu, n'e-
ndiga n'ente; n'ayiwa effeeza
ez'abawanyisa effeeza, n'avuni-
ka embaawo zabwe; 16n'agamba
abaali batunda amayiba nti,
"Muggyewo ebintu bino: mu-
leme kufuula nnyumba ya Kita-
nge mpuku ya banyazi." 17Aba-
yigirizwa be ne bajjukira nga
kyawandiikibwa nti, "Obuggya
bw'ennyumba yo bulindya."
18Awo Abayudaaya ne baddamu
ne bamugamba nti, "Kabonero
ki k'otulaga akakukozesa bino?"
19Yesu n'addamu n'agamba nti,
"Mumenye yeekaalu eno, nange
ndigizimbira mu nnaku ssatu."
20Awo Abayudaaya ne boogera
nti, "Yeekaalu eno yazimbirwa
emyaka amakumi ana mu mu-
kaaga, naawe oligizimbira mu
nnaku essatu?" 21Naye yayogera
ku yeekaalu ng'ategeeza mu-
biri gwe. 22Awo bwe yazuukira
mu bafu abayigirizwa be ne ba-
jjukira nga nti yayogera ekyo;
ne bajjukira nti ekyo yakyo-
gera; ne bakkiriza ebyawandii-
kibwa, n'ekigambo Yesu kye ya-
yogera.

## Yesu Kye Yamanya

Ojjukira amakulu ga "okuyitibwako?" Twakyogerako ku lupapula olw'ekkumi. Yesu yayambuka mu Yerusaalemi okujaguza Okuyitako. Ebyo bye yalaba mu yeekaalu byali byewuunyisa! Kyali tekirabika era nga tekiraga bukulu bwa kifo ekyo gye bakung'anira okusinza Katonda oba abantu gye

bakung'anira okutereza ebyabwe ne Katonda. Kaali nga akatale ak'abantu abangi ennyo! Okubeerawo kwa Katonda nga kuli wala nnyo. Yesu yasunguwala nnyo.

Kyali kituufu abantu nga beetaaga okugula ensolo okuziwaayo nga saddaaka eri Katonda. Naye abasuubuzi nga mu mazima babba bubbi; batundanga emiwendo gya buwanana nnyo. Ate ensolo ne bazitundiranga mu yeekaalu munda! Tekyewuunyisa okulaba nga Yesu mu yeekaalu yabagobamu! Kyawandiikibwa mu Makko 11:17 nti yayogera bw'ati: **"Tekyawandiikibwa nti, 'Ennyumba yange eneyitibwanga nnyumba ya kusabiramu eri amawanga gonna'? Naye mmwe mugifudde mpuku ya banyazi."**

Yesu yagamba abakulembeze b'Abayudaaya nti yali mutuufu okutukuza yeekaalu baleme okugizikiriza. Ye, Yesu, yali ayinziza ddala okugizzaawo mu nnaku ssatu zokka! Baawuniikirira nnyo kubanga baali tebategeera nga Yesu yali ayogera ku mubiri gwe gwenyini. Yesu yali akimanyi bulungi nga Abakulembeze b'Abayudaaya bwe baali bagenda okumukomerera. Era yali amanyi nti oluvanyuma lw'ennaku ssatu, Agenda kuzuukiza omubiri gwe Ye okuva mu bafu.

## Omubiri gwa Yesu Yali Yeekaalu ya Katonda

Emyaka egyasooka, yeekaalu ennungi Sulemaani gye yazimba yali "ejjudde ekitiibwa kya MUKAMA." Naye Abaisiraeri bwe baaweereza bakatonda abakyamu, ekitiibwa kya MUKAMA ne kyabulira yeekaalu, era n'eyonoonebwa. Oluvanyuma abantu abaali nga baagala okudda eri Katonda ne baddamu ne bazimba yeekaalu endala. Katonda ku mulundi ogwo yayogera bw'ati: **"…okuyaayaana kw'amawanga gonna kugenda kujja** [Masiya] **era ennyumba eno ndigijjuza ekitiibwa, bw'ayogera MUKAMA Katonda w'eggye"** (Kaggayi 2:7). Awo Yesu n'ajja, n'ayingira mu yeekaalu n'agitukuza! Yali

awo era ng'agamba nti omubiri gwe ye yeekaalu ya Katonda!


**"Kubanga mu Ye mwe mutuula Obwakatonda mu bujjuvu"** (Abakkolosaayi 2:9).

**"... Katonda yalabikira mu mubiri"** (1 Timoseewo 3:16).

**"Laba omuwala atamanyi musajja alibeera olubuto, era alizaala omwana oyo aliyitibwa erinnya lye Emanweri; eritegeeza nti; 'Katonda ali naffe' "** (Matayo 1:23).

**"Ataamanyibwa mukulembeze yenna ow'emyaka gino; kubanga singa baamumanya, tebandikomeredde Mukama oyo ow'ekitiibwa"** (1 Abakkolinso 2:8). Okyajjukira engeri Yesu gye yatandika okulaga ekitiibwa kye mu ssomo lyaffe ery'okuna (Yokaana 2:11)? Abakulembeze b'Abayudaaya baali nga tebamanyi nti Mukama ow'ekitiibwa yali wakati mu bo, ng'abeera mu mubiri gwa Yesu, era ng'alina obuyinza bwonna obulongoosa yeekaalu Ye!

## Kaakano mu Biro bino Yeekaalu ya Katonda eri Ludda wa?





**"Temumanyi nga mmwe muli yeekaalu ya Katonda nga Omwoyo wa Katonda abeera mu mmwe?"** (1 Abakkolinso 3:16).

Yesu atuula mu mubiri gwa buli muntu oyo eyamukkiriza mu mazima, okuyita mu Mwoyo Omutukuvu, n'ayingira mu mutima

gwe! *Emibiri gyaffe ye yeekaalu Ye!* Ye nga kyewuunyisa! **"Oba temumanyi nga emibiri gyammwe ye yeekaalu y'Omwoyo Omutukuvu ali mu mmwe, gwe mulina eyava eri Katonda? Nammwe temuli ku bwammwe; kubanga mwagulwa na muwendo; n'olw'ekyo mugulumize Katonda mu mibiri gyammwe ne mu myoyo gyammwe, ebya Katonda."** (1 Abakkolinso 6:19, 20).

Nga kikulu nnyo okutambulira mu bulamu obutukuvu! Tetukeekwa kwonoonesa mibiri gyaffe, kubanga bwe tuba nga twafuna Kristo mu bulamu bwaffe, olwo tubeera nga twagattibwa ku Ye era nga tulina kubeera beesigwa gy'ali. Era Katonda mutuufu okutukuza buli katundu ku mibiri gyaffe akabeera nga tekamusanyusa. Bulijjo tuyaayaanirenga okutukuza kwe. Atutukuza ng'ayita mu Kigambo Kye.

**"Omuvubuka analongoosanga atya ekkubo lye? Bw'anawuliranga ekigambo kyo"** (Zabbuli 119:9).

**"Bwe twatula ebibi byaffe, Ye wa mazima era mwenkanya okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu"** (1 Yokaana 1:9).

**"Naye bwe tutambulira mu kitangaala nga Ye bw'ali kitangaala, tuba tussa kimu fekka na fekka, era omusaayi gwa Yesu Kristo Omwana we ne gutunaazaako ebibi byonnna"** (1 Yokaana 1:7).

Katonda tabafuula yeekaalu kyokka abo abakkiriza Yesu, naye era Abakristaayo bonna wamu be bayitibwa "Omubiri gwa Kristo." **"Kubanga ffe abangi tuli omubiri gumu mu Kristo"** (Abaruumi 12:5a). **"Era Ye gwe mutwe gw'omubiri, omubiri y'ekkanisa"** (Abakkolosaayi 1:18a).

**"Yesu Kristo yennyini nga ly'ejjinja ekkulu ery'oku nsonda, ku Ye ekizimbe kyonna kwe kiyungirwa, kifuuka yeekaalu entukuvu mu Mukama, era mu Ye nammwe mugattibwa olw'okuzimba ennyumba ya Katonda mu mwoyo"** (Abaefeso 2:20b-22). Ye nga buli muntu wa muwendo oyo alina Katonda!

Tuteekeddwa okulaba nga Abakristaayo abalala tubayisa bulungi era n'okubaagala. Engeri gye tuyisaamu bannaffe, y'engeri gye tuba tuyisa ne Kristo.

Leka twogere nga Pawulo mu ngeri eno, **"Kaakano ne Kristo alabisibwa mu mubiri gwange, ne bwe buba bulamu era ne bwe kuba kufa"** (Abafiripi 1:20b).

Tukakase nga emibiri gyaffe-yeekaalu za bifo bya kusabiramu, mwe twogerera ne Katonda buli lunaku era nga tuwulira okubeerawo kwe. Tuleme kugifuula "mpuku za banyazi." Omwo [mu mpuku] amasanyu n'eby'obugagga by'ensi biba bisiikiriza ekitiibwa kya Katonda.

## ESSOMO 6. YESU ATEGEEZA OMUKULEMBEZE ENGERI GY'OZAALIBWAMU OMULUNDI OGW'OKUBIRI



**Yokaana 3:1-8, 14-21, 36**

[1]Waaliwo omusajja Omufalisaayo erinnya lye Nikodemu, omufuzi mu Bayudaaya. [2]Omusajja ono yajja ekiro eri Yesu n'amugamba nti, "Rabbi, tukimanyi nga oli musomesa eyava eri Katonda; kubanga tewali n'omu ayinza kukola bubonero buno ggwe bw'okola okujjako nga ali wamu ne Katonda."
[3]Yesu n'amuddamu nti, "Ddala ddala nkugamba nti, okujjako omuntu ng'azaaliddwa omulundi ogw'okubiri, tasobola kulaba bwakabaka bwa Katonda."
[4]Nikodemu n'amuddamu nti, "Omuntu azaalibwa atya omulundi ogw'okubiri nga mukadde? Ayinza okuyingira nate mu lubuto lwa nnyina n'azaalibwa?"
[5]Yesu n'amuddamu nti, "Mazima ddala nkugamba nti, okujjako nga omuntu azaa-

liddwa amazzi n'omwoyo, tayi-
nza kuyingira mu bwakabaka
bwa Katonda. 6Ekizaalibwa omu-
biri guba mubiri, era n'ekizaa-
libwa Omwoyo, guba mwoyo. 7Te-
weewuunya bwe njogera bwe
ntyo, 'Oteekwa okuzaalibwa o-
mulundi ogw'okubiri.' 8Empewo
ekunta ng'egenda gy'egenda,
eddoboozi oliwulira, naye toyinza
kumanya gy'egenda yadde n'e-
gy'eva. Bwe kityo bwe kiri n'eri
oyo yenna azaalibwa Omwoyo.

14"Era nga Musa bwe yawa-
nika omusota mu ddungu, bw'a-
tyo n'Omwana w'Omuntu bw'a-
liwanikibwa, 15era buli amukki-
riza talibula naye alifuna obula-
mu obutaggwaawo.

16"Kubanga Katonda bwe ya-
yagala ensi, bw'atyo kwe ku-
waayo Omwana we omu yekka,
nti buli amukkiriza aleme oku-
bula, naye abeere n'obulamu
obutaggwaawo. 17Kubanga Ka-
tonda teyatuma Mwana we ku
nsi kugisalira musango, naye nti
ensi esobole okulokolebwa oku-
yita mu Ye.

18"Oyo amukkiriza taliiko
musango; naye oyo atamukki-
riza gumaze okumusinga, kuba-
nga takkiriza linnya lya Mwana
wa Katonda Oyo eyazaalibwa
omu yekka. 19Era guno gwe mu-
sango, nti omusana gwajja mu
nsi, naye abantu ne baagala
ekizikiza okusinga ekitangaala,
kubanga ebikolwa byabwe byali
bibi. 20Kubanga buli akola ekibi
akyawa ekitangaala era tajja mu
kitangaala, mbu ebikolwa bye
bireme kulabika. 21Naye oyo
akola eby'amazima ajja eri eki-
tangaala, olwo ebikolwa bye bi-
rabikire ddala bulungi, nga bi-
kolebwa mu Katonda.

36"Oyo akkiriza Omwana alina
obulamu obutaggwaawo; era n'o-
yo atakkiriza Mwana taliraba bu-
lamu, naye ekiruyi kya Katonda
kiri mubuubuukirako."

## Eby'okukola

A. Jjuzamu mu mabanga ekigambo ekituufu okuva mu ssomo.

1. Nikodemu yali ____________________ mu Buyudaaya (1). Yajja ______________ eri Yesu (2).

[Yesu asanyukira buli muntu—abaavu oba abagagga, abayigirize n'abatalina buyigirize.]

2. Nikodemu yalowooza nti Yesu yali __________________ eyava eri Katonda (2).

3. Yesu yagamba nti okusobola *okulaba* obwakabaka bwa Katonda omuntu ateekwa____________________________ ________________________ (3).

4. Omuntu tayinza kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda okujjako nga yazaalibwa ______________________ *n'* __________________________ (5).

[Eri Nikodemu, amazzi gategeeza kunaazibwa. Mu ssomo 2 twalaba Yokaana Omubatiza ng'abatiza abantu n'amazzi abantu bwe baayatulanga ebibi byabwe ne bakyuka ne babikomya (Okwenenya). Yesu yajja okubatiza n'Omwoyo Omutukuvu n'okuwa abantu obulamu obuggya. Okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda, tuteekwa okuba nga twagala okukyuka okuleka ebibi byaffe era ne tusembeza Omwoyo Omutukuvu mu mitima gyaffe.]

5. Ekizaalibwa omubiri kiba _____________________ (6).

["Omubiri" tekitegeeza mubiri bubiri oba ennyama. Amakulu amalala kitegeeza okwegomba kwaffe okw'obuntu mu kweyagaliza. (Abaruumi 8:8, 9).]

6. Ekizaalilbwa Omwoyo kiba _________________________ (6).

[Bazadde baffe ab'ensi bwe bazaala emibiri gyaffe, nafe tubeera n'emibiri gy'ensi. Emyoyo gyaffe bwe gizaalibwa Omwoyo wa Katonda, naffe tulina emyoyo emiramu egitusobozesa okutegeera ebya Katonda (1 Abakkolinso 2:12, 14).]

7. Omwana w'Omuntu (Yesu) yali agenda kuwanikibwa (kukomererwa ku musalaba) era nga __________________bwe yawanika ________________mu ddungu (14).

8. Ensonga eyaleeta Yesu ku nsi, lwa kuba nga Katonda ___________________________________ ensi. Buli muntu yenna

akkiriza mu Yesu aleme ______________________ naye afuna _____________________ obutaggwaawo (16).

9. Katonda teyatuma Mwana we mu nsi ______________ _________ (Newakubadde nga luliba lumu Yesu n'asalira ensi omusango) Omwana we yatumibwa ensi eryoke ___________________ (17).

10. Omuntu akkiriza Yesu ___________ ____________. Omuntu _______________ Yesu olwo omusango nga gumusinze (18).

11. Ekitangaala kyajja mu nsi, naye abantu ne baagala _________________________ okusinga ______________ kubanga ebikolwa byabwe byali ________________. Yesu kino akiyita "____________________________" (19).

[Okusingibwa omusango kitegeeza ekibonerezo eky'emirembe n'emirembe n'okwawulibwa ku Katonda.]

12. Omuntu akola ____________________ y'ajja eri ekitangaala (21).

[Si oyo akola obulungi nti y'ajja eri ekitangaala. **"Tewali n'omu akola bulungi, nedda, tewali n'omu"** (Abaruumi 3:12b)]. Omuntu akola eby'amazima y'oyo ayatula mu mazima ebibi bye eri Katonda era Katonda n'amutukuza. **"Bwe twatula ebibi byaffe, Ye mwenkanya era mwesigwa okutusonyiwa ebibi byaffe byonna n'okutunaazaako ebitali bya butuukirivu byonna"** (1 Yokaana 1:9).]

B. Enyiriri zino ojja kuzisanga mu Ssomo 6, zisazeeko oziyige mu mutwe gwo era oyinza okuziwandiika ku bupande:

**Yokaana 3:16** ne **Yokaana 3:36**

## Amakulu Agali mu Kuzaalibwa Omulundi ogw'Okubiri

Okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri, kwe kuzaalibwa "okuva waggulu" kuba kutandika bupya, kuba na makulu *ag'enjawulo*. Omuntu bw'azaalibwa mu mubiri, kimufuula okuba omu ku abo mu maka mw'azaaliddwa. Okuzaalibwa Omwoyo, kye kifuula omuntu okuba ow'omu nnyumba ya Katonda. Omuntu akolera munda mu ffe ne tulaba enkyukakyuka ez'okungulu. Eky'okulabirako, Omuntu eyabbanga, taddayo kubba nate. Kifaananako n'empewo nga bw'ekunta. Tetuyinza kulaba mpewo, naye ate by'eba ekola tubiraba.

Omuntu bw'abeera nga tazaalibwanga mu mwoyo, abeera "mufu" mu bigambo by'omwoyo (Abaefeso 2:1, 5). Ekisooka okujja olw'okufa kwa Kristo, kwe kutukuzibwa mu bibi era enkola yaffe enkadde nayo efa. Era Omwoyo atufuula balamu mu bulamu obuggya—Okuzuukira kwa Kristo okw'obulamu. Byombi byetaagisa okusobola okutuuka mu bwakabaka bwa Katonda. Okuzaalibwa Omwoyo Omutukuvu okuggya kubeerawo (Omwoyo wa Yesu yennyini) y'akikola ekyo. Ayingira n'atuulira ddala munda mu mitima gyaffe. **"Kaakano, omuntu yenna atalina Mwoyo wa Katonda, oyo si wuwe"** (Abaruumi 8:9b).

Tusikira ekikula kya Kristo (2 Peetero 1:4); endowooza empya, amaanyi mu kwagala kwaffe amapya, emmeeme empya okusoobola okutegeera Ebyawandiikibwa. Naawe ofaanana nga Nikodemu? Okyayinza okuba nga obadde munaddiini mukuukuutivu. Oba omuntu agondera amateeka gonna. Okyayinza okuba nga oli mukulembeze. Naye wazaalibwa dda omulundi ogw'okubiri okuyita mu Mwoyo wa Katonda okuzaalibwa okwo okuva waggulu, ekikufuula okuba ekitonde ekiggya? **"N'olw'ekyo, omuntu yenna bw'abeera mu Kristo afuuka kitonde kiggya; eby'edda nga biweddewo; laba byonna bifuuse biggya"** (2 Abakkolinso 5:17). Bw'obee-

ra nga "tozaalibwanga mulundi gwakubiri," Kale lwaki tojja eri Yesu mu kiseera kino nga Nikodemu bwe yakola? Yesu musabe ajje mu bulamu bwo, olyoke ofune obulamu obupya era ofuuke wa mu nnyumba ya Katonda. **"Oyo alina Omwana, alina obulamu; atalina Mwana wa Katonda talina bulamu"** (1 Yokaana 5:12).

## Musa mu Ddungu

Edda ennyo abaana ba Isiraeri bwe baali mu Dungu nga Musa y'abakulembera, beemulugunya era ne boogera bubi ku Musa era ne ku Katonda. Beemulugunya nga tebasiima ngeri Katonda gye yasooka kubagabiriramu. Katonda n'anyiiga n'abasindikira emisota okubaluma. Abantu baafa bangi nnyo abalala kwe kujja eri Musa ne bamwatulira ebibi byabwe. Beegayirira nnyo ne bagamba Musa abasabire eri Katonda abajjirewo emisota. Katonda yayanukula okusaba kwabwe mu ngeri eteri ya bulijjo. Yalagira Musa akole omusota ogw'ekikomo, aguwanike waggulu ku mpagi. Buli muntu eyagendanga n'atunuulira omusota omuwanike, ne bwe yabeeranga ng'alumiddwa omusota, yawonanga. (Olugero luno tulusanga mu Okubala 21:4-9.)



Ekibi kifaanana nga okuluma kw'omusota ogw'obusagwa. Era, naffe tulina kufa okujjako nga tutunuulidde Yesu, eyafuuka ekibi ku lwafe (Yadde nga Ye mwene teyayonoona). Bangi ku abo abaali mu ddungu baazikirira. Naye abo bokka abaatunuulira omusota ogw'ekikomo be baawona. Yesu ya-

labula Nikodemu bwe yamugamba nti bw'ageza n'agaana okutunuulira Yesu amuwe obulamu obuggya, naye agenda kuzikirira.

Abantu bwe baatunuuliranga omusota "omufu" baawonanga, era na kaakano bwe kiri, bateekwa okutunuulira oyo eyeetikka ebibi by'ensi, n'akomererwa ku musalaba, (Yokaana 12:32, 33). Tunula obeere mulamu! Kyali nga tekibeetaagisa kumanya "ngeri" gye kikolebwamu. Nga kimu kyokka kye balina okukola ne bawona, kutunuulira musota ogw'ekikomo. Baali balina kukola kimu kyokka, kukkiriza ne bagonda. Era nga kikola!


**Tunula obeere mulamu, muganda wange, beera mulamu!**
**Tunuulira Yesu kaakano obeere mulamu;**
**'Kyawandiikibwa mu Kigambo kye, Aleruya!**
**Kintu kimu kyokka, "tunula obeere mulamu."**

## Okujja eri Ekitangaala

Bwe tujja eri Kristo, ebibi byaffe bibikkulibwa kubanga Yesu ky'ekitangaala ekituufu (Yokaana 1:9). Ekizikiza kibikka ku mazima, naye ekitangaala kiraga ebintu ddala nga bwe biri. Omuntu yenna bw'agaana okujja eri ekitangaala abeera *asazeewo* okulemera mu bibi bye nga tayagala Katonda kumukyusa. Omuntu omwonoonyi ye yatandika dda olugendo lwe olugenda mu geyeena. Okusobola okuva mu kkubo eryo n'awona geyeena aba yeetaaga Kristo. Abo bonna abatalina Yesu balindiridde busungu bwa Katonda (Yokaana 3:36), naye buli akkiriza Kristo aba atandika ku bulamu bw'alibeeramu mu ggulu—obulamu bwa Katonda obutaggwaawo. **"Buno bwe bubaka bwe twawulira era bwe tubategeeza, nti Katonda kitangaala era mu Ye temuli kizikiza. Bwe twogera nti tussa kimu naye ate ne tutambulira mu kizikiza, tulimba ne tulema okukola amazima; naye bwe tutambulira mu kitangaala era nga Ye bw'ali ekitangaala, tussa kimu fekka na**

**fekka, era omusaayi gwa Yesu Kristo Omwana we ne gutunaazako ebibi”** (1 Yokaana 1:5-7).

Omuntu bw’aba nga ayagala okuba omutukuvu, aba ayagala ebibi bye bibikkulwe era asonyiyibwe. Kale okujja eri Kristo kikwata ku bulamu n’okufa. Amagendago gasinziira ku ekyo ky’okola awamu ne Kristo. Okutuuka obulungi gy’ogenda, kisinziira ku ebyo by’okolera mu kitangaala. Ojja eri ekitangaala? Oba ekitangaala okyekweeka bwekwesi?



**Nnafuna obulamu okuyita mu Yesu!**

______________________________

**erinnya**

______________________________

**ennaku z’omwezi**

***OKUKKIRIZA + EKIGAMBO KYA KATONDA (YESU) = OBULAMU OBUTAGGWAAWO***

# ESSOMO 7. YESU AGABA AMAZZI AG'OBULAMU



Yokaana 4:5-42

5Awo n'atuuka mu kibuga
ky'e Samaliya ekiyitibwa Sukali
okumpi n'ekibanja Yakobo kye
yawa omwana we Yusufu: 6era
mwalimu oluzzi lwa Yakobo. Awo
Yesu yali akooye olugendo, n'a-
tuulira awo okuwummulako
okumpi n'oluzzi era essaawa
zaali ziwera nga mukaaga. 7O-
mukazi Omusamaliya n'ajja
okusena amazzi. Yesu n'amuga-
mba nti, "Mpa nnywe." 8Kuba-
nga abayigirizwa be baali nga
bagenze mu kibuga kugula m-
mere. 9Awo omukazi Omusama-
liya n'amubuuza nti, "Ggwe O-
muyudaaya lwaki osaba Omu-
samaliya amazzi ag'okunywa?"
(Kubanga Abayudaaya tebaa-
kolagananga na Basamaliya)
10Yesu n'addamu n'amugamba
nti, "Singa obadde omanyi eki-
rabo kya Katonda n'oyo aku-
gamba nti 'Mpa nnywe,' wa-
ndibadde naawe omusaba naye
n'akuwa amazzi amalamu."
11Naye n'amuddamu n'amuga-
mba nti, "Ssebo tolina kisena,
amazzi ago amalamu oyinza
kugajja wa ate nga oluzzi lu-
wanvu? 12Ggwe osinga jjajja
ffe Yakobo eyatuwa oluzzi luno
era nga ye mwe yanywanga n'a-
baana be n'ensolo ze?" 13Yesu
n'amuddamu nti, "Buli muntu
yenna anywa ku mazzi gano,
enyonta erimuluma nate 14naye
buli yenna anywa ku mazzi ge
ndi muwa, enyonta terimuluma
kubanga galifuuka ensulo z'a-
mazzi ag'obulamu agakuluku-
ta okutuuka mu bulamu obuta-
ggwaawo."

15Omukazi n'amugamba nti,
"Ssebo mpa ku mazzi ago nga-
nywe nneme okulumwa nate
enyonta n'okukomawo okuki-
ma amazzi." 16Yesu n'amugamba
nti, "Genda oyite balo okomewo
wano." 17Omukazi n'addamu
n'amugamba nti, "Sirina baze."
Yesu n'amuddamu nti, "Oyoge-
dde bulungi okugamba nti 'Siri-
na baze,' 18kubanga walina ba-
balo bataano ate kaakano gw'o-
lina si wuwo; kale mw'ekyo oli
mutuufu." 19Omukazi n'agamba
nti, "Ssebo, ndaba nga oli nabbi.

[20]Bajjajjaffe baasinzizanga ku lusozi luno; naye mmwe mugamba nti Yerusalemi kye kifo ekigwanidde okusinzizamu." [21]Yesu n'amugamba nti, "Mukazi ggwe, kkiriza ebigambo byange, ekiseera kijja nga temuyinza kusinziza Kitange ku Lusozi luno oba mu Yerusalemi. [22]Musinza gwe mutamanyi; tumanyi gwe tusinza kubanga obulokozi bwa Bayudaaya. [23]Naye ekiseera kituuse, era kye kino, abasinza lwe basinza Kitaffe mu mazima ne mu mwoyo; kubanga Kitaffe anoonya abali nga abo okumusinzanga. [24]Katonda Mwoyo, era abo abamusinza kibagwanira okumusinza mu mwoyo ne mu mazima." [25]Omukazi n'amugamba nti, "Mmanyi nga Masiya agenda kujja" (Oyo ye Kristo). "Bw'alijja, alitutegeeza byonna." [26]Yesu n'amuddamu nti, "Nze wuuyo ayogera naawe."

[27]Awo abayigirizwa be baali bakomyewo, ne beewuunya okumulaba ng'ayogera n'omukazi naye ne wataba ku bbo abuuza nti, "Onoonya ki?" oba "Lwaki oyogera naye?" [28]Awo omukazi n'aleka awo ensuwa ye n'agenda mu kibuga n'agamba abantu nti, [29]"Mujje mulabe omusajja ambuulidde ebintu byonna bye nnakola. Ono ayinza okuba Kristo?" [30]Awo ne bava mu kibuga ne bajja gy'ali.

[31]Mu kaseera ako abayigirizwa be baali bamwegayirira nga bamugamba nti, "Labbi lya ku mmere." [32]Naye n'abagamba nti, "Nnina eky'okulya kye ndya mmwe kye mutamanyi." [33]Awo abayigirizwa ne boogera bokka na bokka nti, "Waliwo omuntu amuleetedde ku mmere?" [34]Yesu n'abaddamu nti, "emmere yange, kwe kukola nga Oli eyantuma bw'ayagala, era n'okutuukiriza omulimu gwe. [35]Temugamba nti, 'wasigaddeyo emyezi ena amakungula okutuuka'? Laba, mbagamba nti, muyimuse amaaso gammwe mulabe ennimiro, kubanga zitukudde zituuse okukungulwa! [36]Era oyo akungula afuna empeera, n'akung'anya ebibala by'obulamu obutaggwaawo, bwe kityo oyo asiga n'akungula ne basanyukira wamu. [37]Kubanga ebigambo bino bya mazim: 'omu asiga ate omulala



n'akungula.' 38Nze mbatuma okukungula bye mutaasiga; waliwo abaakola emirimu, era mmwe muyingira mu kufuba kwabwe."

39Era bangi ku Basamaliya b'ekibuga baamukkiriza olw'ebigambo by'omukazi eyajulira nti, "yambulidde byonna bye nnakola." 40Awo Abasamaliya bwe bajja gy'ali, ne bamwegayirira okubeera nabo; n'amalayo ennaku bbiri. 41Era n'abalala bangi abakkiriza olw'ebigambo bye byenyini. 42Awo ne bagamba omukazi nti, "Kaakano tukkirizza, si lw'ebyo bye wayogera, kubanga naffe tumwewuliridde n'amatu gaffe era tumanyidde ddala nga Ono Ye Kristo Omulokozi w'ensi."

## Eby'okukola

A. Ddamu ebibuuzo ebiva mu ssomo lino:

1. Yesu yali mu mbeera ki eyali eraga obuntu bwe? ______________ ________________ (6)

2. Yesu kiki kye yagamba omukazi Omusamaliya? __________ _____________________ (7)

3. Lwaki omukazi yeewuunya okulaba Yesu ng'ayogera naye? ________________________________________________ ______________________________________________ (9)

[Abasamaliya baali bazzukulu b'Abayudaaya naye baawasanga abagwiira. Bo tebaasinzanga Katonda wa Isiraeri, naye baasinzanga bakatonda abatali batuufu. Abayudaaya abatuufu bwe baazimba naye yeekaalu mu Yerusaalemi ne bataganya Basamaliya kubayambako. Naye Ye Yesu buli muntu amwagala; yali akola ku buli kyetaago kya buli muntu; yadde nga teyali nkola ya Muyudaaya kwogera na mukazi mu lwatu.]

4. Omukazi oyo singa yali amanyi okusaba, kiki Yesu kye yandibadde amuwa? ______________ _____________ (10)

5. Njawulo ki eriwo wakati w'okunywa amazzi ag'emugga n'ago Yesu g'agaba? _________________________________ ________________________________________________ ____________________________________________(13, 14)

6. Yesu kiki kye yali amanyi ku mukazi oyo? ____________
______________________________________________
______________________________ (18)

[Yesu amanyi ebibi ebikweke ebya *buli* omu ku ffe.]

7. Yesu bwe yayogera ku bibi by'omukazi oyo, omukazi yafuna kyakuyiga ki? __________________ (20) Yayogera ku kifo gye baagendanga okusinza. [Abasamaliya baasinzizanga ku Lusozi Gerizimu. Baali nga bakkiririza mu bitabo ebisooka mu Ndagaano Enkadde. Oyagala kukubaganya birowoozo ku ddiini mu kifo ky'okutereera ne Katonda?]

8. Abasinza mu mazima, Kitaffe bamusinza batya? ______________________________________ (23)

[Okusobola okusinza Katonda mu mazima, tuteekwa okuzaalibwa Omwoyo].

9. Omukazi bwe yamala okutegeera Yesu nga bw'ali, kiki kye yakola? ________________________________
_____________________________________ (28, 29)

10. Kiki ekyafuulanga Yesu okuba omukkufu ng'alidde emmere? __________________________________ (34)

11. Abasamaliya bakkiriza nga Yesu yali ani?

_______________________________________ (42)

B. Olunyiriri luno luteeke mu mutwe gwo olukwate bukusu: **Yokaana 4:24**

## Engeri Okukkiriza gye Kukula

Tekinyuma okulaba nga omukazi Omusamaliya bwe yeeyongera okumanya n'okukkiriza ku Yesu; Yesu gye yakomyanga okwogera naye? **Laba olunyiriri 9.** Yasooka n'alaba nga Yesu Muyudaaya ayogera naye ng'alina ekisa. **Laba 11.** Yeeyongera okumuwa ekitiibwa n'amuyita "Ssebo." **Laba 19.** Yesu yali amanyi bingi ebimukwatako, olwo n'alo-

wooza nti ayinza okuba nabbi. **Laba 29.** Awo akkiriza nga Yesu ayinza okuba Kristo, Masiya eyasuubizibwa.

Gye tukomya okukkiriza Yesu n'ayogera naffe ng'ayita mu Baibuli, n'okukkiriza kwaffe gye kukoma okweyongera okukula! **"N'olw'ekyo okukkiriza kujja lwa kuwulira, n'okuwulira kuyita mu Kigambo kya Katonda"** (Abaruumi 10:17).

## Amazzi Amalamu kye ki?

Omukazi Omusamaliya yali alowooza nti kya muwendo nnyo okunona amazzi ku luzzi lwa Yakobo. Oluzzi lwali nga mu buziba luwanvu ebigere ebiwera 90. Naye Yesu yali tayogera ku mazzi gano aga bulijjo. Yesu yali ayogera nga bw'agabira abantu okumatira ne bakomya okulumwa enyonta ey'omwoyo ogubeera nga guliwo kwesanyusa mu kibi. *Amazzi amalamu* g'ayogerako ky'ekigambo eky'obulamu obutaggwaawo—Obulamu bwa Yesu bwennyini. Ensulo eyo, ly'essanyu n'emirembe *ebikulukuta* bye tuyinza okufuna bwe tujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu!

Omukazi ayagala amazzi, naye Yesu ng'ayagala kusooka kulaba magezi ge. Ng'ateekwa kusooka kwatula bibi bye era n'okulaba nga *ayagala* okukyuka n'abireka nga tannaba kufuna mazzi malamu agava eri Yesu.

## Bye Tuyiga mu Lugero Luno Ebikwata ku Kukolera Katonda

1. *Buli* muntu yeetaaga okuwulira enjiri era akkirize Yesu amulokole. Tewali muntu n'omu gwe tulina kuyisa nga eyagaanibwa. Yesu teyakikola.

2. "Ennimiro" ez'omwoyo eziri ku nsi zengedde era n'amakungula gatuuse. Kitwetaagisa okulengera tulabe abantu bameka abatwetolodde abalumwa enjala n'ennyonta ey'amazzi era abeetegese okugafuna.

3. Omuntu omu ayinza okugenda n'asiga (Okutegeeza ebya Yesu: ng'ababuulira ebyaliwo, era n'okubayigiriza Ekigambo kya Katonda). Omuntu omulala ate y'ayinza okukungula (Omuntu okumwanjula eri Kristo). Tuteekwa okuba nga tulina okwagala okukola ekimu ku ebyo. Asiga era n'akungula bayinza bombi okugabana essanyu.

4. Okukola nga Kristo bw'ayagala, era bwe *tumaliriza* omulimu gwaffe buli lunaku kireeta omukkuto ogusinga ogw'emmere gye tulya.

5. Yadde nga kintu kikulu nnyo *okutegeeza* abalala *ebya* Yesu, kitwetaagisa *okubaleeta gy'ali nabo bamutegeere ku lwabwe.*

## ESSOMO 8. YESU AWONYA MUTABANI W'OMUKUNGU



**Yokaana 4:46-53**

**[46]Bw'atyo Yesu n'akomawo mu Kaana eky'e Galiraaya eri gye yafuusa amazzi ne gavaamu envinnyo. Era waaliyo omusajja omukungu ow'e Kaperunawumu eyalina mutabani we nga mulwadde. [47]Bwe yawulira nga Yesu avuddeyo e Buyudaaya ng'atuuse e Galiraaya, n'ajja gy'ali, n'amwegayirira aserengete awonye omwana we kubanga yali ng'agenda okufa. [48]Awo Yesu n'amugamba nti, "Bwe mutaliraba bubonero na byamagero, temulikkiriza n'akatono." [49]Omukungu n'amugamba nti, "Ssebo, serengeta akaana kange nga tekannaba kufa." [50]Yesu n'amugamba nti, "Genda, omwana wo mulamu. Omuntu oyo n'akkiriza ekigambo Yesu kye yamugamba, n'a-**

**genda. [51]Bwe yali ng'akyaserengeta okudda eka, abaddu be ne bamusisinkana ne bamugamba nti omwana we yali mulamu. [52]Awo n'ababuuza essaawa zaabadde mmeka ne balaba ng'assuuse. Awo ne bamugamba nti jjo essaawa bwe zaali ziwera nga musanvu omusujja ne gumwamukako. [53]Awo omusajja n'ategeera nga mu ssaawa ezo Yesu we yamugambira nti omwana wo mulamu: ye n'abantu bonna ab'ewuwe ne bakkiriza.**

## Amaanyi g'Ebigambo bya Katonda

Katonda bw'ayogera ekintu kyonna, kibeerawo! Katonda oyo eyatonda ebintu, ensi, eggulu, ne byonna ebibirimu ng'akozesa ekigambo, kaakano ayogera n'omuntu nti, "Genda ewuwo; omwana wo mulamu" (Yokaana 4:50). Era bwe kiityo bwe kyali.

Yesu yagamba nti buli kintu kyonna ekyasuubizibwa mu Baibuli, kigenda kutuukirira (Matayo 5:18). Ekigambo kya Katonda okikkiriza? *Okola* nga bw'okikkiriza—nga omusajja ayogerwako mu lugero?

Ebigambo byaffe nabyo birina amaanyi, *Kristo bw'abeera mu mitima gyaffe.* Mu Makko 11:22, 23: Yesu abayigirizwa be yabagamba bw'ati: **"Kubanga mazima mbagamba nti, buli aligamba olusozi luno nti sigulibwa ogwe mu nnyanja; era nga tabuusabuusa mu mutima gwe, naye ng'akkiriza nga ebigambo by'ayogera bigenda kukolebwa, alifuna byonna by'agamba."** *Ebigambo* bye twogera bwe binywezebwa okukkiririza mu Katonda, bibeera *bya maanyi* nnyo. Ggwe oyogera bigambo bya kika ki? Ebigambo by'oyogera bizzaamu amaanyi, bigumya, bya bwesigwa na kwagala?

## Essomo Lino kye Lituyigiriza ku Kusaba

Na buli kati Yesu akyayanukula essaala zaffe? Abae-

bbulaniya 13:8 atutegeeza nti Yesu Kristo aba bumu so takyuka. **“Jo ne leero n’emirembe gyonna.”** Tukimanyi nga tuyinza okujja gy’ali ne tumusaba. Agamba nti, **“Buli muntu yenna ajja gyendi sirimugobera a bweru n’akatono”** (Yokaana 6:37b). Era atugamba nti, **“Musabe muliweebwa; munoonye mulizuula; mweyanjule, muliggulirwawo”** (Matayo 7:7).


Ekirala, tuteekwa okujja gy’ali nga tukkiriza nti ajja kuddamu okusaba kwaffe. **“Naye awatali kukkiriza tekisoboka kumusanyusa, kubanga buli ajja eri Katonda ateekwa okukkiriza nti w’ali, era Ye mugabi w’empeera eri abo abanyiikira okumunoonya”** (Abaebbulaniya 11:6).

Tuteekwa okumatira ekyo Yesu ky’abeera atuzzeemu. Omukungu yasaba Yesu agende mu maka ge, naye Yesu teyagendayo. Kye yakola, yamugamba nti, **“Weegendere, omwana wo mulamu”** (Yokaana 4:50). Ayinza okukuddamu mu ngeri endala nga ya njawulo ku ekyo ky’obadde olowooza, naye nga bulijjo ekisingako obulungi ky’akukolera, era nga bulijjo kitera okuba nga Ekigambo kye bwe kiri.

Si kya bulijjo nti buli lw’okkiriza nga ofuna *okusumululwa* (Yiga okuva mu Abaebbulaniya 11:35-39), naye nga bulijjo, okukkiriza kwe kuleeta *okulung’amizibwa* n’emirembe. **“Temweraliikiriranga kintu kyonna, naye mu kusaba n’okwegayirira awamu n’okwebaza, byonna bye mwetaaga bimanyisibwe eri Katonda; era emirembe gya Katonda, egisinga okutegeera kwonna, ginaabakuumanga emitima gyammwe n’amagezi okuyita mu Kristo Yesu”** (Abafiripi 4:6, 7).

Bw’okkiriza Katonda, ne Katonda n’akola n’amaanyi ge, okukkiriza kwo kunywezebwa. Okukkiriza *kw’amaka go* kunyweezebwa, nakwo, mu ngeri y’emu *ng’ab’ennyumba* y’omukungu bwe bakkiriza Katonda.

# ESSOMO 9. YESU AWONYA OMUSAJJA EYALI AKOOZIMBYE



Yokaana 5:1-9, 14-18

1Oluvanyuma lw'ebyo ne waba embaga y'Abayudaaya, ne Yesu n'ayambuka e Yerusalemi.
2Era mu Yerusalemi awo nga ku mulyango gw'endiga nga waliwo ekidiba, nga mu Luebbulaniya kiyitibwa Besusayida, nga kirina ebigango bitaano.
3Omwo nga mugalamiramu abantu bangi abaalinanga endwadde, abazibe, abalema, abakoozimbye, nga balinda amazzi okubimba.
4Kubanga malayika yakkanga mu kidiba mu biseera ebigere n'asiikuula amazzi era buli eyasookanga okugwa mu kidiba yawonyezebwanga endwadde yonna eyamuliko.
5Awo waaliyo omusajja eyali akoozimbye okumala emyaka asatu mu munaana.
6Yesu bwe yamulaba ng'agalamidde awo, era ng'amanyi nga aludde nnyo mu mbeera bw'etyo, n'amugamba nti, "Oyagala okuwona?"
7Omusajja omulwadde n'amuddamu nti, "Ssebo, sirina muntu ayinza kunteeka mu kidiba nga amazzi gabimbye; bwe mba nga nzija nga omulala ansooka."
8Yesu n'amugamba nti, "Golokoka, kwata ekitanda kyo otambule."
9Amangu ago omusajja n'awona, n'asitula ekitanda kye, n'atambula. Era olunaku olwo lwali lwa Sabbiiti.

14Oluvanyuma Yesu n'amusanga mu yeekaalu, n'amugamba nti, "Laba, omaze okuwona. Toddangayo okwonoona, ekintu ekisinga ku ekyo kireme okukutuukako."
15Omusajja n'avaawo n'agenda n'ategeeza Abayudaaya nti Yesu ye yamuwonya.
16Abayudaaya ne bayigganya Yesu olw'ensonga eyo, era ne basala amagezi okumutta kubanga ebintu ebyo yabikola ku Sabbiiti.

17Naye Yesu n'abaddamu nti, "Kitange yakolanga na buli kati akyakola era nange nkola."
18N'olw'ekyo Abayudaaya ne beeyongera okwagala okumu-

**tta, kubanga Teyamenya Sabbiiti kyokka, naye ate yagamba nti Katonda Ye Taata we nga yeefuula eyenkana ne Katonda.**

## Eby'okukola

Mu mboozi zino wammanga, jjuzamu ebigambo ebituufu.

1. Waaliwo omusajja eyabeeranga ku kidiba kya Besusayida. Yali mulwadde nnyo ng'aweddeyo okumala emyaka ____________ (5).
2. Yesu yamubuuza ekibuuzo ekikulu ennyo nti, "Oyagala ____________________________?" (6)
3. Yesu kye yamugamba okukola kyali kifaanana nga ekitasoboka. Yamugamba nti, "______________________, kwata ekitanda kyo, ___________________________" (8).
4. Oluvanyuma Yesu bwe yamusanga mu yeekaalu yamugamba nti, "Laba, owonye. ______________________ _______________, kubanga ekisinga ku ekyo kiyinza okukutuukako" (14).
5. Abayudaaya baayagala okutta Yesu lwa nsonga nga bbiri enkulu; (a) kubanga teyakola kimu kyokka kya ____________ _________________ (18) [Yawonya omusajja ku lunaku Abayudaaya lwe bataakolerangako mulimu gwonna], (b) n'ekirala yagamba nti Katonda Taata we, yali yeefuula _________________ ____ _______________ (18).

## Oyagala Okuwonyezebwa?

Oyinza okuba nga olina ekyetaago eky'okuwonyezebwa, osobole okufuna amaanyi mu mubiri *gwo*, mu mmeeme *yo* ne mu ndowooza yo. Oyinza okuba ng'olina omuze omubi ogukulemesa okuweereza Katonda nga bw'oyagala. Okyayinza okuba nga ekiruyi n'obukaawu biri munda mu ggwe.

Yesu ekyetaago kyo akiraba, era akubuuza nti, **"Oyagala okuwonyezebwa?"** Oyinza okuba ng'olina bye weewolereza

mbu bye bikulemesa okutereeza. Okyayinza okuba nga ggwe wekka ggwe Mukristaayo ewammwe oba ku ssomero lyammwe. Oba oyinza okuba nga olowooza nti embeera z'obulamu bwo endala ze zikulwanyisa. Naye mu byonna eri Yesu tekuli nsonga. Ayinza okukulongoosa *mbagirawo!* Naye ayinza okukugamba okukola ekintu ekirabika nga ekitasoboka, nga bwe yagamba omusajja oli eyali tasobola kuyimuka atambule, ate ng'asitudde ekitanda kye! Ekintu kyonna nga bwe kiyinza okuba, ggwe ky'olina okukola *kutandika* kugondera Kigambo kya Katonda, Yesu ajja kukuwa amaanyi ge wetaaga era akutereeze wenna. Era akutambulize mu bulamu obw'obuwanguzi.

## ESSOMO 10. OKUZUUKIRA KWA MIRUNDI EBIRI

**Yokaana 5:24-29**

**24"Mazima ddala mbagamba nti, buli awulira ekigambo Kyange era n'akkiriza n'oli eyantuma alina obulamu obutaggwaawo, era nga talisalirwa musango ye yayita mu kufa n'atuuka mu bulamu.**
**25Mazima ddala mbagamba nti, ekiseera kye kino, era essaawa etuuse abafu bonna lwe baliwulira eddoboozi ly'Omwana wa Katonda; era abo abaliwulira baliba balamu.**
**26Era nga Kitaffe bw'alina obulamu mu Ye, era bw'atyo n'Omwana yamuwa okuba n'obulamu mu Ye,**
**27era yamuwa obuyinza naye okusala omusango, kubanga Mwana wa Muntu.**
**28Temwewuunya olw'ebyo; kubanga ekiseera kijja abo bonna abali mu ntaana lwe baliwulira eddoboozi lye**
**29ne bavaayo—abo abaakola obulungi, balizuukirira obulamu, era n'abo abaakola obubi, ne bazuukira okusalirwa omusango."**

## Ekintu kye Tulina Okulowoozaako

Tekyewuunyisa nga bwe tuwulira Yesu ng'akonkona ku nzigi z'emitima gyaffe, era ne tumwesiga ne tumukkiriza okuyingira mu bulamu bwaffe, *olwo tuyinza okuba n'obu-*

*kakafu nti tulina obulamu obutaggwaawo!* Tuyinza *okumanya* nti tetulisalirwa omusango. Tutegeera nga *tuvudde* mu kufa ne tutuuka mu bulamu. Weewuunya ekyo nga bwe kiyinza okubeera? Ensonga eri nti, Yesu alina *obulamu mu Ye* (olunyiriri 26). *Abo abatalina Kristo tebayinza kusanyusa Katonda* (Abaruumi 8:8). N'olw'ekyo bazuukira okuva mu bafu nga bazuukirira musango, kwe kwawukanira ddala ku Katonda emirembe egitakoma.

## Eby'okukola

Olunyiriri luno lukwate mu mutwe: Yokaana 5:24 nga bwe bukakafu obunaakujjukizanga amakulu amatuufu agali mu bulokozi bwe wafuna. Nga okyawulira ekigambo kya Katonda era nga omwesiga (bw'omugondera era kiba kiraga nti omwesiga), toganyanga Setaani kukuleetera kubuusabuusa mu mutima gwo. Katonda ayagala *amanye* nti oli wuwe. Omuntu yenna bwe yeekiika wakati wo ne Katonda, Katonda ajja kukikulaga bulungi okyatule era okireke. Katonda *azzaawo*; so nga Setaani ye *aloopa buloopi*.

## ESSOMO 11. YESU Y'EMMERE EY'OBULAMU

**Yokaana 6:5-14, 35, 47-51, 53-56, 63**

**5Awo Yesu n'ayimusa amaaso ge n'alaba ekibiina ekinene nga kijja gy'ali, n'agamba Firipo nti, "Tunaagula wa emmere bano gye banaalya?" 6Yayogera bw'atyo ng'amukema kubanga Ye yali amanyi ky'agenda okukola. 7Firipo n'amuddamu nti, "Emmere egulibwa dinari ebibiri bonna tebamala buli omu kulyako katonotono." 8Omu ku bayigirizwa be Andereya, muganda wa Simooni Peetero n'agamba nti, 9Wano waliwo omulenzi alina emigaati etaano egya sayiri n'ebyennyanja bibiri; naye bino binaabagasa ki abenkanidde wano obungi? 10Yesu n'abagamba nti, "Mutuuze abantu. Era mu kifo**

ekyo waaliwo omuddo mungi. Awo abasajja ne batuula nga bawera nga enkumi ttaano.
11Awo Yesu n'atoola emigaati, bwe yamala okwebaza, n'awa abayigirizwa abayigirizwa ne bagabira abantu. Era n'ebyennyanja bw'atyo buli omu n'alya nga bwe yetaaga.
12Bwe baamala okukkuta, n'agamba abayigirizwa be nti "mukung'anye ebisigaddewo. Waleme okubaawo ekyonoonebwa."
13Awo ne bakung'aanya ne bajjuza ebibbo kkumi na bibiri bye baakung'aanya eby'obukunkumuka bw'emigaati etaano abaalya bye baalemwa.
14Awo abantu bwe baalaba obubonero buno ne bagamba nti, "Oyo ye nabbi omutuufu ajja mu nsi."

35Awo Yesu n'abagamba nti, "Nze mmere ey'obulamu: ajja gyendi, enjala terimuluma, anzikiriza ennyonta terimuluma n'akatono."

47Ddala ddala mbagamba nti, "Oyo akkiriza Nze, alina obulamu obutaggwaawo.
48Nze mmere ey'obulamu.
49Bajjajja mmwe baalya emmaanu mu ddungu, ne bafa.
50Eno y'emmere eyava mu ggulu, omuntu agiryeko aleme kufa.
51Nze mmere ennamu eyava mu ggulu; omuntu bw'alya ku mmere eno aliba mulamu emirembe n'emirembe: era emmere gye ndigaba gwe mubiri gwange, olw'obulamu bw'ensi.

53Awo Yesu n'abagamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti, "Bwe mutalya mubiri gwa Mwana wa muntu ne munywa ne ku musaayi gwe, temulina bulamu mu mmwe.
54Buli yenna alya ku mubiri gwange n'anywa ne ku musaayi gwange alina obulamu obutaggwaawo, era ndimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero.
55Kubanga omubiri gwange ky'eky'okulya kyennyini era n'omusaayi gwange ky'eky'okunywa kyennyini.
56Alya ku mubiri gwange n'anywa ne ku musaayi gwange abeera mu nze, nange ne mbeera mu ye."

63"Omwoyo Y'agaba obulamu; omubiri tegulina kye gugasa. Ebigambo bye mbagamba bya mwoyo, era bwe bulamu."



## Eby'okukola

**Yokaana 6:35** ne **Yokaana 6:63** bikwate mu mutwe.

## Bye Tuyiga mu Ssomo Lino

1. Yesu afaayo ku byetaago byaffe. Alina enteekateeka okulaba ng'atugabirira mu byetaago byaffe. Naye ayagala okugezesa okukkiriza kwaffe. Ayagala tumutunuulire era nga *twesigama* ku Ye mu buli kyetaago kyaffe kyonna.

2. Yesu *n'ekitono* kye yalina nakyo yakyebaliza. Katonda atugamba nti, **"Mu buli kintu mwebazenga; kubanga okwo kwe kwagala kwa Katonda mu Kristo Yesu eri mmwe"** (1 Abasessaloniika 5:18).

3. Yesu ayinza okukola ku buli kizibu kyonna mu *bungi.* **"Era mu Ye ayinza okukola byonna ebisinga ku bye tusaba ne bye tulowooza, okusinziira ku maanyi agakolera mu ffe"** (Abaefeso 3:20).

4. Katonda tayagala kwonoona. Ayagala tukozese *buli kintu* ky'atuwa, "waleme kubaawo kisuulibwa."

Ayagala *ebiseera* byaffe tubikozese na magezi: **"Okulokola obudde, kubanga ennaku mbi. N'olw'ekyo, temuba ng'abatalina magezi, naye mutegeere okwagala kwa Mukama bwe kuli"** (Abaefeso 5:16, 17).

Ayagala tukozese *obusobozi* bwaffe *ne ttalanta* zaffe n'amagezi: **"Mukama we n'amugamba nti, 'weebale, ggwe omuddu omulungi omwesigwa; wali mwesigwa mu bintu ebitono, ndikufuula omufuzi w'ebintu ebingi. Yingira mu ssanyu lya mukama wo'"** (Matayo 25:21).

Yesu *ensimbi* zaffe nazo ayagala tuzikozese na magezi*:* **"Temweterekeranga bya bugagga ku nsi, eyo gye biriibwa ennyenje n'obutalagge era n'ababbi gye bamenya ne babibba; naye mweterekerenga eby'obugagga mu ggulu, eyo teri nnyenje yadde obutalagge, so n'ababbi tebamenya ne**

**babba yo. Kubanga eby'obugagga byo gye bibeera, n'omutima gwo gye gubeera"** (Matayo 6:19-21).

5. Abayigirizwa bwe baafuna emmere okuva eri Yesu, baagabira ekibinja ky'abantu abaali balumwa enjala. Buli lunaku bwe tufuna emmere ey'omwoyo kuva eri Yesu, era naffe tubeera n'eky'okugaanako abantu abatwetolodde abetaaga "emmere ey'obulamu."

## Ebika by'Emmere Ebibiri

Ekibinja ky'abantu ekinene baasanyuka bwe baafuna emmere ey'okulya nga enjala ebaluma. Baali baagala Yesu afuuke kabaka waabwe, baleme okuddayo okweraliikirira eby'okukolerera emmere! Naye Yesu yabajjukiza ebyatuuka ku bajjajja baabwe ab'edda abaabasooka. Abaana ba Isiraeri baali nga bava e Misiri nga bagenda mu nsi Katonda gye yabasuubiza. Ekibiina ky'abantu ekyo ekinene ne balumwa enjala nga bali mu ddungu. Bw'atyo, Katonda "yatonyesa" emmere eya buli lunaku okuva mu ggulu. Ekyo nga kyali kya magero nnyo (Okuva 16:4-35)! Abantu nga tebamanyidde ddala kika kya mmere eyo empya, ne bagiyita *mmaanu*, ekitegeeza nti, *Kiki kino?*

Oluvanyuma Katonda yayigiriza abantu ensonga eyamukozesa ekyo. Musa bw'ati bwe yagamba abantu, **"Era munajjukiranga nti MUKAMA Katonda wammwe yabakulembera emyaka gino amakumi ana mu ddungu, okubatowaza n'okubagezesa, okumanya ekiri mu mitima gyammwe, oba nga munaakuumanga amateeka ge oba nedda. Bw'atyo n'abatowaza, n'abaleka okulumwa enjala, n'abaliisa emmaanu gye mwali temumanyi, so ne bajjajja mmwe tebaagimanya, alyoke amanyise nti omuntu tabeera mulamu lwa mmere yokka; naye omuntu abeera mulamu lwa buli kigambo ekiva**



**mu kamwa ka MUKAMA”** (Eky’amateeka 8:2, 3).

Yadde nga Katonda yabawanga emmaanu eva mu ggulu okumala emyaka mingi mu ngeri ya kyewuunyo, emmaanu yali mmere ya mubiri. Abantu abaagirya era baakula ne batuusa ekiseera ne bafa. Bwe kityo, Yesu bwe yaliisa ekibinja ku lunaku olwo, emmere gye baalya yali ya mibiri gyabwe. Yadde nga baagirya ne bakkuta, era nga bagenda kukula bakaddiwe era bafe.

*Naye Yesu yalina amawulire ag’ekitalo!* Awo Yesu yali agaba ekika “ky’emmere” ekipya, kyo abantu nga bwe bakiryako, kibayamba obutafa. Weewaawo emibiri gyabwe nga gigenda kufa, naye nga bo bennyini tebagenda kufa, era nga Kristo agenda kuzuukiza emibiri gyabwe ku lunaku olw’enkomerero bw’alikomawo nate. Yesu yagamba abantu nti Ye mwene kika kya mmere omuntu ky’ayinza okulyako. Ye yali emmere *ennamu* eri emmeeme zaabwe! Naye yava mu ggulu era nga n’emmaanu bwe yava mu ggulu. Yajja obulamu bwe abuweeyo eri ensi. Buli “alyako”—oba okukkiriza mu mmeme ye—obulamu bwa Yesu tagenda kufa.

Emmere Ey’obulamu “tugirya” tutya, Oyo Yesu? Tuyinza tutya “okunywa” omusaayi gwe? Tuyinza okukkiriza ssaddaa-

ka ya Kristo bwe yawaayo omubiri gwe ku musalaba olw'obulokozi bwaffe. Tuyinza okukkiriza Yesu nga Akaliga ka Katonda nannyini musaayi ogubikka ku bibi byaffe. Tuyinza okukkiriza Omwoyo we agaba obulamu-n'ayingira mu mitima gyaffe. Era tuyinza okukkiriza ebigambo bye-ebigaba obulamu nga tubiyiga era n'okubigondera. Kitwetaagisa *buli lunaku* okuba nga tuyingiza obulamu bwe, era nga bwe twetaaga buli lunaku okulya emmere y'emibiri gyaffe.

**Mu kutegeera okw'omwoyo oyinza "okulya" omubiri gwa Yesu era oyinza "okunywa" omusaayi gwe buli lunaku:**

1. Buli lunaku tambuliranga mu kitangaala ky'ekigambo kya Katonda. Bw'oyonoona, kikkirize nti oyonoonye okyatuulire Katonda, era omusaayi gwa Yesu gujja kukutukuza weeyongere okuba nga ossa kimu Naye (1 Yokaana 1:7, 9).

2. Buli lunaku saba Yesu akujjuze n'Omwoyo we Omutukuvu. Mu buli kintu kyonna ky'okola, weesigame ku maanyi ga Mwoyo Mutukuvu agali mu ggwe. Funa ebiragiro ebiva gy'ali buli lunaku okuva mu Baibuli. Ekigambo kya Katonda bulamu gye tuli. Buli lunaku waayo ku biseera obimale naye bw'oba nga osobola okwogera naye mu ddoboozi eryatuka. Ate wakati mu lunaku, beera nga omulowoozaako. Yogera naye ku buli nsonga mu mutima gwo. Ojja kwesanga nga buli kiseera weeyongera kufanana nga Yesu.

Bw'obeera nga okola ebintu ng'ebyo, Katonda alina ekisuubizo eky'ekitalo gy'oli: **"Awo bonna abaali nga batya MUKAMA buli omu n'ayogera ne munne, awo MUKAMA n'awuliriza; olwo ne bawandiika ekitabo ky'okujjukiza mu maaso Ge ku lw'abo abatya MUKAMA era abafumiitiriza ku linnya lye. 'Banaabeeranga bange,' bw'ayogera MUKAMA ow'eggye, 'ku lunaku lwe ndibafuula ekkula lyange. Era ndibaa-**

**wula nga omusajja bw'ayawula mutabani we amuweereza' "** (Malaki 3:16, 17).

## Ekigambo kya Katonda Mmere Eri Emmeeme yo

Edda ennyo Yobu yagamba nti, **"Ssirekanga biragiro byava mu kamwa ke; ekigambo kye nakitwala nga eky'obugagga okusinga emmere yange gye neetaaga"** (Yobu 23:12).

Yeremiya yagamba bw'ati, **"Ebigambo byo byalabika ne mbirya, n'ebigambo byo lyali ssanyu ne bisanyusa omutima gwange, kubanga mpitibwa erinnya lyo, ai Mukama Katonda ow'eggye"** (Yeremiya 15:16).

Omuwandiisi wa Zabbuli yagamba, **"Ebigambo byo nga biwooma, biwoomera emimwa gyange okusinga omubisi gw'enjuki!"** (Zabbuli 119:103).

Peetero yakubiriza, **"Nga abaana abawere mwegombenga amata gennyini ag'ekigambo, mulyoke mukule, mulegeko ku Mukama mulabe nga mulungi"** (1 Peetero 2:2, 3).

Kale buli lunaku "tulye" Ekigambo kya Katonda.

## ESSOMO 12. YESU ATAMBULIRA KU MAZZI



**Yokaana 6:16-21**

**16Awo bwe bwatuuka akawungezi, abayigirizwa be ne bakkirira ku nnyanja, 17ne basaabala mu lyato, ne bagenda e Kaperenawumu. Awo bwali nga buzibye, era Yesu teyali nabo. 18Awo ennyanja n'esiikuuka kubanga kwaaliko omuyaga gwa maanyi nga gukunta. 19Awo bwe baali nga baakavugako mayiro nga ssatu oba nnya, ne balaba Yesu ng'atambulira ku nnyanja ng'asembera eno eri**

eryato ne batya nnyo. [20]Naye
Ye n'abagamba nti, "Nze nzuuno; temutaya." [21]Awo ne bamukkiriza okuyingira mu lyato era amangu ago eryato ne ligoba ku ttale gye baali bagenda.

## Bye Tulina Okulowoozako

Obeera mu muyaga? Obulamu bulabika nga mu kiseera kino awali ekizikiza? Yesu alabika nga ali ewala ennyo? Ggwe n'abali okumpi naawe mufuba mwekka mu muyaga, nga mugezaako mu maanyi gammwe amanafu okusobola okutuuka emitala? Bw'oba nga oli bw'otyo, manya nga *Yesu afaayo. Amanyi era alaba*. Atambula ajja gy'oli mu mbeera ekusobedde. Totya. Kkiriza Yesu n'essanyu ayingire mu bizibu byo oba embeera. Bimuwe abifuge. Ajja kuteesa amazzi agabadde gasiikuuse, era akukulembere bulungi *okutuuka* emitala w'eri. **"Ne bwe ntambulira mu kiwonvu eky'ekisiikirize ky'okufa, Siritya kabi konna; kubanga ggwe oli nange"** (Zabbuli 23:4a).

## ESSOMO 13. YESU AYOGERA EBIKWATA KU DDEMBE

Yokaana 8:31-37, 42, 47

[31]Awo Yesu n'agamba Abayudaaya abo abaamukkiriza nti, "Bwe mubeera mu Kigambo kyange, mubeera bayigirizwa bange ddala. [32]Era mulimanya amazima, n'amazima galibafuula ab'eddembe."

[33]Ne bamuddamu nti, "Tuli bazzukulu ba Yibulayimu, era tewali yali atusibye. Oyinza otya okugamba nti, 'munaabeera ba ddembe?'" [34]Yesu n'abaddamu nti, "Mazima mbagamba nti, buli akola ekibi muddu wa kibi. [35]Era omuddu tabeera kiseera kyonna mu nnyumba, naye omwana abeeramu ekiseera kyonna. [36]N'olw'ekyo Omwana bw'akufuula ow'eddembe, obeera wa ddembe ddala. [37]Mmanyi nga muli ba-


zzukulu ba Yibulayimu, naye ate mwagala kunzita, kubanga ekigambo kyange tekirina kifo mu mmwe."

42Yesu n'abagamba nti, "Singa Katonda Taata wammwe, mwandibadde munjagala, kubanga nva mu Katonda era nava wa Katonda; ate sajja ku lwange, naye Ye yantuma."

47"Owa Katonda, awulira ebigambo bya Katonda; n'olw'ekyo temuwulira, kubanga temuli ba Katonda."

Yokaana 7:17

17"Omuntu yenna bw'ayagala okukola nga Katonda bw'ayagala, alina okumanya ebikwata ku njigiriza, bw'eba yava wa Katonda oba nga njogera mu buyinza bwange."



## Eby'okukola

Jjuza mu mabanga:

1. "Bwe ______________________________ mu Kigambo kyange," Yesu bw'agamba, "muli ______________________ bange" (8:31).

2. _____________________ galibafuula ba ddembe (8:32).

3. Buli akola ekibi __________________________ wa kibi (8:34).

4. __________________________ bw'akusumululula okuva mu kibi, obeera wa ddembe ddala (8:36).

5. Yesu yabagamba nti, "Singa Katonda ye Kitammwe, mwandibadde nga ___________________" (8:42).

6. Omuntu wa _____________________ awulira ebigambo bya Katonda (8:47).

7. Omuntu yenna bw'ayagala okukola _______________kwa Katonda, alina_______________ oba enjigiriza ya Yesu ya Katonda oba nedda (7:17).

# ESSOMO 14. YESU GWE MUSANA GW'ENSI



Yokaana 8:12

12Awo Yesu n'abagamba nti, "Nze musana gw'ensi. Buli angoberera talitambulira mu kizikiza, naye alina ekitangaala ky'obulamu."

Yokaana 9:1-9, 13-25, 33-38

1Awo Yesu bwe yali ng'ayitawo, n'alaba omuntu eyali omuzibe w'amaaso okuva lwe yazaalibwa.
2Abayigirizwa be ne bamubuuza nga bagamba nti, "Labbi, ani yayonoona, musajja ono oba bazadde be, n'alyoka azaalibwa nga muzibe?"
3Yesu n'abaddamu nti, "Si musajja ono newakubadde bazadde be, naye emirimu gya Katonda girabikire ku ye.
4Nteekwa okukola emirimu gy'oli eyantuma nga bukyali misana; ekiro kijja nga omuntu takyayinza kukola.
5Nga nkyali mu nsi, Ndi musana gwa nsi."
6Bwe yayogera ebigambo ebyo, N'awandula amalusu ku ttaka n'alitabula n'amalusu; n'atoola ettaka n'alisiiga ku maaso g'omusajja.
7N'amugamba nti, "Genda onaabe mu kidiba kya Silowamu" (ekivvuunulwa nti, Eyatumibwa). Bw'atyo n'agenda n'anaaba era n'akomawo ng'alaba.

8Awo baliranwa be n'abantu abamulabanga nga muzibe ne bagamba nti, "Ono si ye yatuulanga n'asabiriza?"
9Abamu ne bagamba nti, "Ye wuuyo." Abalala ne bagamba nti, "Afanana naye." Ye n'agamba nti, "Ye nze."

13Oyo eyali omuzibe ne bamuleeta eri Abafalisaayo.
14Olunaku Yesu lwe yatabula ettaka n'amalusu lwali lwa Sabbiiti omusajja lwe yazibula amaaso.
15Awo Abafalisayo ne bamubuuza nate oyo eyazibula engeri amaaso ge gye gaazibuka. N'abagamba nti, "Yasiiga ettaka ku maaso gange, ne nnaaba, ne ndaba."
16Olw'ensonga eyo Abafalisaayo abamu ne bagamba nti, "Omuntu ono teyava wa Katonda, kubanga takuuma Sabbiiti." Abalala ne bagamba nti, "Omuntu omwonoonyi ayinza atya okukola ebintu ng'ebyo?"

Ne wabeerawo okwawukana mu bbo. 17Ne bagamba eyali omuzibe nti, "Ggwe omwogerako ki olw'okuzibula amaaso go?" N'agamba nti, "Oyo nabbi."
18Naye Abayudaaya tebakkiriza bibye nga yali muzibe n'alaba, okutuusa lwe baayita bazadde be. 19Ne bababuuza nti, "Ono ye mutabani wammwe gwe mugamba nti yazaalibwa nga muzibe? Ate kijja kitya okuba nga kaakano alaba?" 20Bazadde be ne baddamu nti, "Tumanyi nga ono ye mutabani waffe, era nga yazaalibwa nga muzibe; 21naye tetumanyi bwe yatandise kulaba era n'eyamuzibudde amaaso tetumumaanyi. Kaakano mukulu yeeyogerera; mumubuuze." 22Bazaddde be baayogera bwe batyo kubanga baali batya Abayudaaya, kubanga baali bakkiriziganya dda nti omuntu yenna bw'ayogeranga nti Ye Kristo, alina okugobebwa mu kkung'aniro. 23N'olw'ekyo bazadde be kwe kugamba nti, "Mukulu yeeyogerera; mumubuuze." 24Ne bayita nate oli eyali omuzibe, ne bamugamba nti, "Ekitiibwa kiwe Katonda tumanyi nga omusajja ono alina ebibi." 25N'addamu ng'abagamba nti, "Yadde nga Alina ebibi oba nga tabirina nze simanyi. Ekintu kimu kye mmanyi: nnali muzibe, naye kati ndaba. 33Omuntu ono singa teyava eri Katonda, tewali kye yandikoze." 34Ne bamuddamu nti, "Wazaalibwa mu kibi kyennyini, oyagala kutusomesa?" Ne bamugobera ebweru. 35Yesu n'akiwulira nga bwe baamugobedde ebweru; bwe yatuuka we yali n'amubuuza nti, "Okkiririza mu Mwana wa Katonda?" 36N'amubuuza nti, "Ye ani Mukama wange nange mukkirize?" 37Yesu n'amuddamu nti, "Omulaba era Ye wuuyo ayogera naawe."
38Awo n'agamba nti, "Mukama wange, nzikiriza!" N'amusinza.

## Ani Yayogera Bino?

1. Ani yayogera nti, "Ekiro kijja omuntu lw'atalisobola kukola kintu kyonna"? ________________ (4).

2. Ani yayogera nti, "Ono si ye yatuulanga okusabiriza?" ________________________________ (8).

3. Ani yayogera nti, “Omusajja ono teyava wa Katonda”? ________________________(16).

[Abafalisaayo kaali kabondo ka banaddiini Abayudaaya abaali nga bettanira nnyo okukwata amateeka ga Musa n’eby’obuwangwa.]

4. Ani yayogera nti, “Naye mukulu yeeyogerera; mumubuuze,” kubanga baali batya Abayudaaya?_______________ (21, 23).

[Yali nsonga nkulu nga omuntu agobebwa mu kkung’aaniro. Nga waliwo abantu abatali mu mbeera nnungi era nga bayisibwa nga bagenge. Tewaalinga muntu yenna akkirizibwa kulya nabo oba okukolagana nabo mu ngeri yonna.]

5. Ani yagamba nti, “omuntu ono singa teyava wa Katonda, teyandisobodde kukola kintu kyonna”?____________________ ____________________________________(33).

6. Ani yagamba nti, “Okkiriza Omwana wa Katonda?” ______________(35).

7. Ani yagamba nti, “Mukama wange, nzikirizza ”? ____________________ ____________________ (38).

## Yesu Aleeta Ekitangaala

Yesu bwe yazibula amaaso g’omusajja, yamuleetera ekitangaala mu bulamu bwe. Naye Yesu yali ayagala okumulaga nti ekyasinga okumuleeta ku nsi, kwe kuzibula amaaso ag’omwoyo aga *bonna* abatuula mu kizikiza.

Emyaka gyayitawo mingi nga Katonda asuubiza okuyita mu banabbi be nti, Waliwo agenda okujja okuleeta mu nsi ekitangaala. Katonda kino kye kifaananyi kye yalaga Yesu nga bw’ali: **“Nze MUKAMA, nnakuyita okujja eri obutuukirivu, era ndikukwata ku mukono; ndikukuuma era ndikuwaayo nga endagaano eri abantu, nga ekitangaala eri ab’amawanga, okuzibula amaaso g’abazibe, okusumulula abasi-**

**biddwa, abo abatuula mu kizikiza okubajja mu nnyumba ey'ekkomera"** (Yisaaya 42:6, 7). Yisaaya naye yalaba olunaku lwa Yesu: **"Abantu abaatuulanga mu kizikiza balabye ekitangaala eky'amaanyi; abo abaatuulanga mu nsi ey'ekisiikirize eky'okufa, omusana gubaakiidde"** (Yisaaya 9:2).

Yesu bwe yalangirira nti Ye gwe musana gw'ensi; Abayudaaya ne bategeera nti yali yeeyita Katonda, kubanga Katonda gwe musana. **"Mukama kye kitangaala era obulokozi bwange"** Zabbuli 27:1a bw'egamba. **"Bwe ntuula mu kizikiza, MUKAMA y'anaabeera ekitangaala gyendi"** (Mikka 7:8b). Ne Dawudi yeebaza Katonda ng'ayogera nti, **"Kubanga oli ttabaaza Al MUKAMA; Mukama ananjakira mu kizikiza kyange"** (2 Samwiri 22:29). Yesu bwe tumumanya, olwo ne Katonda naye tumutegeera. Yesu bw'ati bwe yayogera: **"Bwe muntegeera Nze, ne Kitange munaamutegeera"** (Yokaana 14:7a). **"Kubanga Katonda ye yayogera nti omusana gulyaka mu kizikiza, Oyo eyayaka mu mitima gyaffe n'aleeta omusana okutegeera ekitiibwa kya Katonda mu maaso ga Yesu Kristo"** (2 Abakkolinso 4:6). Munnange, ggwe wafuna dda ekitangaala?

## Okutambulira mu Kitangaala

Abo abagoberera Yesu babeera nga tebakyatambulira nate mu kizikiza. **"Kubanga mwali mu kizikiza, naye kaakano muli mu kitangaala"** (Abaefeso 5:8).

**"Ekkubo ly'omubi lifaanana ng'ekizikiza; tebamanyi kibeesittaza"** (Engero 4:19). **"Naye ekkubo ly'abatuukirivu lifaanana ng'omusana ogwaka, ng'enjuba eyaka ennyo mu lunaku olutuukiridde"** (Engero 4:18).

Ekigambo kya Katonda kye kitangaala. **"Ekigambo kyo ye ttabaaza eri ebigere byange n'omusana eri ekkubo lyange"** (Zabbuli 119:105). **"Ekigambo kyo bwe bakiggulirawo, kireeta ekitangaala; Kireeta okutegeera eri abatalina magezi"**

(Zabbuli 119:130). Buli lunaku bwe tujja eri Ekigambo kya Katonda, kitugwanidde *okukiwuliriza* era ne *tukigondera*. Ekyo kye tuba tugamba bwe twogera ku "kutambulira mu kitangaala." *Okukola ebyo Katonda by'agamba* kwe kutambulira mu kitangaala. Mujjukira ekiragiro kya Yesu nga bwe yatugamba nti kitugwanidde okwagalana? Y'ensonga lwaki ekigambo kya Katonda kitugamba nti, **"Naye akyawa muganda we ali mu kizikiza, so tamanya gy'agenda kubanga ekizikiza kimuziba amaaso"** (1 Yokaana 2:11).

Ekkubo erisinga okuba eryangu ery'okuziba amaaso kwe kutambulira mu kizikiza ekiseera kyonna. Endogoyi bwe zikozesebwa mu birombe eyo wansi mu ttaka gye bayiikuula ebintu, ziteekwa okufulumizibwako ebweru mu musana waakiri omulundi gumu mu wiiki. Singa bazikuumira eyo wansi ekiseera kyonna, kyangu nnyo zonna okuziba amaaso. Naffe bwe tutyo; *tuteekwa* okutambuliranga mu kitangaala, oba s'ekyo amaaso gaffe ag'omwoyo gayinza okulimbibwa Setaani era ayinza n'okuziba emmeeme zaffe n'emitima gyaffe.

## Tuli Kitangaala mu Nsi

**"Mukolenga byonna awatali kwemulugunya na mpaka; mulemenga okubaako kye munenyezebwa newakubadde ettima, abaana ba Katonda abatalina mabala wakati mu mirembe gino egyakyama, emikakanyavu, nga mu gyo mulabika ng'ettabaaza eri ensi"** (Abafiripi 2:14,15). Katonda yatulonda tukolenga bino **"Okumulanga n'okumutendereza Oyo eyatuyita okuva mu kizikiza okutuuka mu kitangaala eky'ekitalo"** (1 Peetero 2:9b). Obulamu *bwo* kitangaala eri abo abakwetoolodde? Bwe kiba nga toli kitangaala, omutume Pawulo atukubiriza bw'ati: **"Kale tuleke ebikolwa byonna eby'ekizikiza, twambale eby'okulwanyisa eby'emisana mu kitangaala"** (Abaruumi 13:12b).

Kitwetaagisa okwetegekera okudda kwa Mukama waffe. Kye tulina okukola kwe kuva mu tulo, tutambulirenga mu kitangaala, olwo tujja kuba nga twetegese. **“Kubanga mmwe mwenna muli baana ba kitangaala era muli baana ba musana; tetuli ba kiro newakubadde ab’ekizikiza. Kale nno tulemenga okwebaka ng’abalala, naye tutunulenga tulemenga kutamiira”** (1 Abasessaloniika 5:5, 6).

Yesu yagamba bwe yali ng’ategeeza eby’ensi empya n’eggulu eriggya nti Yerusaalemi ekipya kigenda kuba nga **“tekyetaaga njuba yadde omwezi, okukyakira: kubanga ekitiibwa kya Katonda kye kikimulisa n’ettabaaza Ye Mwana gw’endiga”** (Okubikkulirwa 21:23b). Si kya kyewuunyo nnyo okuwulira nga Yesu Y’agenda okuba ekitangaala kyaffe emirembe gyonna!

## Okukola nga Ekitangaala Kikyaliwo

Twetaaga okukola nga bukyatangaala mu nsi eno ey’ekizikiza, okutuusa Yesu lw’alidda. Luliba lumu ensi eno n’eggwaawo (Matayo 5:18). Abo abatajja eri omusana bagenda kugenda mu kizikiza eky’emirembe n’emirembe (Matayo 22:13). Tukole **“Okuzibula amaaso gaabwe n’okubakyusa ne bava mu kizikiza ne bajja eri omusana, n’okuva mu maanyi ga Setaani okudda eri Katonda, balyoke basonyiyibwe ebibi”** (Ebikolwa 26:18a).

Lumu Abayudaaya baabuuza Yesu ebigambo bino, **“Kiki kye tulina okukola ne tukola emirimu gya Katonda”** (Yokaana 6:28)? **“Guno gwe mulimu gwa Katonda, nti mukkirize Oyo gwe yatuma”** (Yokaana 6:29). Yesu yayigiriza bulungi nga bitegeerekeka nti, **“Bwe mugaana okukkiriza nti Ye Nze, mujja kufiira mu bibi byammwe”** (Yokaana 8:24b).

Ekisooka, ffe fennyini tuteekwa okukakasa nga twajja eri Ekitangaala okufuna obulamu obutaggwaawo. Olwo ate ne tukola *ne* Yesu okusobola *okuleeta abalala* eri ekitangaala. **“Temutakabaniranga mmere eggwaawo,”** Bwe yagamba,

**“naye olw’emmere ebeerawo etaggwaawo okutuuka ku bulamu obutaggwaawo, Omwana w’Omuntu gy’alibawa”** (Yokaana 6:27a).

Ojjukira omusajja omuzibe eyabadde mu lugero lwaffe? Abalala yabategeeza *n’obuvumu* ebyo Yesu bye *yamukolera*. Yadde nga abo abaali abazibe mu mwoyo baali bamugobera ebweru, Yesu Ye teyakifaako, yajja n’afaayo era ne yeeyongera okumubikkulira ng’amutegeeza nga bw’ali. Era naawe ajja kukikukolera!

## ESSOMO 15. YESU YE MUSUMBA OMULUNGI



**Yokaana 10:1-16, 27-33**

**1“Ddala ddala mbagamba nti,**
**oyo ayingira mu kisibo ky’endi-**
**ga naye n’atayita mu mulyango,**
**wabula n’alinnya okuyita wa-**
**ggulu, oyo ye mubbi era omu-**
**nyazi. 2Naye oyo ayingirira mu**
**mulyango ye musumba w’endi-**
**ga. 3Ye omukuumi w’oluggi amu-**
**ggulirawo, era endiga ziwulira**
**eddoboozi lye ate naye aziyita**
**buli emu linnya lyayo era n’a-**
**zikulembera okuzitwala ebweru.**
**4Era bw’afulumya endiga ezize;**
**azikulembera; era endiga ne zi-**
**mugoberera, kubanga zimanyi**
**eddoboozi lye. 5So nga ziyinza**
**okugoberera omutambuze, na-**
**ye era zimuddukako kubanga**
**tezimanyi ddoboozi lya muta-**
**mbuze.” 6Yesu yakozesa eky’o-**
**kulabirako kino, naye ebintu**
**bye yabagamba tebaabitegeera.**
**7Yesu n’abagamba nate, “Ddala**
**ddala mbagamba nti, Nze mu-**
**lyango gw’endiga. 8Bonna aba-**
**nsooka okujja baali babbi era**
**abanyazi, naye endiga tezaaba-**
**wulira. 9Nze mulyango. Omu-**
**ntu yenna bw’ayingira ng’ayita**
**mu nze, alirokoka, era aliyi-**
**ngira n’afuluma era n’alaba**
**eddundiro. 10Omubbi tajja wa-**
**zira okubba, okutta, n’okuziki-**
**riza. Najja zifune obulamu, era**
**zibe nabwo obungi ddala. 11Nze**
**musumba omulungi. Omusu-**
**mba omulungi awaayo obula-**

mu bwe olw'endiga. 12Naye oyo
atali musumba akolera empeera,
oyo atali nannyini ndiga, bw'a-
laba omusege nga gujja aleka-
wo endiga n'adduka; omusege ne
gukwata endiga ne zisaasaana.
13Ow'empeera adduka kuban-
ga si ye nanyinizo era ye tafaaayo
lwa ndiga. 14Nze musumba
omulungi era endiga zange nzi-
manyi, era ezanga zimmanyi.
15Era nga Kitange bw'a-
mmanyi, nange mmanyi Ki-
tange; era mpaayo obulamu
bwange olw'endiga. 16Era n'e-
ndiga endala ze nnina ezitali mu
kisibo kino; nazo ndizireeta era
ziriwulira eddoboozi lyange;
era kiriba ekisibo kimu nga ki-
sumbibwa omusumba omu.
27"Endiga zange ziwulira e-
ddoboozi lyange, era nange nzi-
manyi, era zingoberera. 28Era
nziwa obulamu obutaggwaawo,
so teziribula n'akatono: era te-
wali alizisikula mu mukono
gwange. 29Kitange eyazimpa
mukulu okusinga byonna; era
tewali n'omu ayinza okuzisiku-
la mu mukono gwa Kitange.
30Nze ne Kitange tuli muntu
omu." 31Awo Abayudaaya nate
ne bakwata amayinja okumu-
kuba. 32Yesu n'abaddamu nti,
"Mbalaze emirimu mingi okuva
eri Kitange. Ku egyo gyonna,
guliwa ogunkubisa amayinja?"
33Abayudaaya ne baddamu nga
bagamba nti, "Tetukukuba lwa
mirimu mirungi, naye olw'obu-
vvoozi, era kubanga oli muntu,
naye weefuula Katonda."

## Ebimu ku by'Okuyiga ebiva mu Ssomo Lino

1. *Yesu gwe mulyango gwokka oguyingira mu bulokozi.* Ekintu kimu kyokka ekitufuula endiga ze, era kwe kuwulira eddoboozi lye ne tumugoberera. Akuyita linnya lyo, akukulembera, Akutwala mu ddundiro. Awaayo obulamu bwe ku lulwo. **"Ffenna tuli nga endiga ezaawaba; twakyuka, buli omu n'akwata ekkubo lye; era Mukama yamuteekako obutali butuukirivu bwaffe bwonna"** (Yisaaya 53:6). Wakyuka n'ova mu kkubo lyo n'okwata ekkubo lye?

2. *Yesu Ye musumba* ***omutuufu*** *yekka.* **"Kubanga ye Katonda waffe, era ffe bantu b'eddundiro lye"** (Zabbuli 95:7a). **"Mumanye nga MUKAMA ye Katonda; oyo ye yatutonda, naffe tuli babe era endiga ezo mu ddundiro lye"** (Zabbuli 100:3).

3. *Bwe tuba nga tuli ndiga ze, Aba atumanyi, naffe tumumanyi.* **"Naye ggwe, Al MUKAMA, ommanyi; wandaba, era wagezesa omutima gwange ebikukwatako"** (Yeremiya 12:3a). *Yesu omumanyi nga Omusumba wo?* Bw'oba nga omumanyi ojja kumugoberera awatali kugoberera mulala yenna. *Omusumba akumanyi?* "Omusumba Omukulu bw'alirabika", bangi bagenda kujja gy'ali nga bagamba nti, **"Mukama, Mukama, tetwalagulanga mu linnya lyo, ne tugoba emizimu mu linnya lyo era ne tukola n'eby'amagero mu linnya lyo?"** (Matayo 7:22). Yesu agamba nti, **"Era ndibaatulira nti, 'Sibamanyi mmwe; muve wendi, mmwe abaakola eby'obujeemu!'"** (Matayo 7:23). Tetuyinza kubeera ndiga za Musumba ate mu kiseera kye kimu ne tukwata amakubo agaffe. Awatali butuukirivu, tewali n'omu aliraba Mukama (Abaebbulaniya 12:14).

4. *Bwe tuba nga tuli ba Yesu, tubeera mu mikono minyweevu emirembe gyonna.* Tewali n'omu ayinza kutukwakkula mu mukono gwe. Ekisuubizo kino kyaweebwa abo bokka *abagoberera* "Omusumba oyo omukulu" Mukama waffe Yesu Kristo.

5. *Oyo agoberera Yesu ajja kudduka abatambuze.* Setaani ali nga omubbi, ayagala okubba, okutta n'okuzikiriza.

6. *Yesu yeeyogerako nga Katonda.* Yesu bwe yeeyogerako nga omusumba omulungi, era n'agamba nti Ye ne Kitaawe bali omu, Abayudaaya ne bakitegeera nti Yali agamba nti yenkana ne Katonda, Yesu bandibadde bamulaba nga Omusumba waabwe. Yisaaya yalagula bw'ati: **"Laba, Mukama Katonda alikka...aliriisa ekisibo kye nga omusumba; Alikung'anya ento n'omukono gwe, alizisitulira mu kifuba kye, era alikulembera bulungi eziyonsa"** (Yisaaya 40:10, 11).

# Zabbuli y'Omusumba

## Zabbuli 23

1Mukama Ye musumba wange;
seetaagenga. 2Angalamiza mu ddu-
ndiro ery'omuddo omuto; antwala
awali amazzi amateefu. 3Akomyawo
emmeeme yange; Annung'amya
mu makubo ag'obutuukirivu olw'e-
rinnya lye. 4Newakubadde, nga nta-
mbulira mu kiwonvu eky'ekisiikirize
ky'okufa, siritya kabi konna, kuba-
nga ggwe oli nange. Oluga lwo n'o-
muggo gwo bye binsanyusa. 5O-
nteekerateekera emmeeza mu maa-
so g'abalabe bange, Onsiize amafu-
ta ku mutwe; ekikompe kyange ki-
jjudde. 6Obulungi n'ekisa binaage-
ndanga nange, ennaku zonna
ez'obulamu bwange; nange naatuu-
langa mu nnyumba ya Mukama
emirembe gyonna.



## ESSOMO 16. YESU KWE KUZUUKIRA ERA YE BULAMU

### Yokaana 11:1-7, 17-46

1Awo waaliwo omuntu eyali
omulwadde, Lazaalo ow'e Be-
ssaniya, mu mbuga Maliyamu
ne Maliza gye baabeeranga.
2Oyo ye Maliyamu eyasiiga Mu-
kama waffe amafuta ku mutwe
n'agattaanya n'enviiri ze ye
yali alwazizza muganda we.
3Awo bannyina ne batumira
Yesu nga bagamba nti, "Muka-
ma, laba gw'oyagala alwadde."
4Naye Yesu bwe yawulira n'a-

gamba nti, “Obulwadde buno si
bwa kufa wabula olw’ekitiibwa
kya Katonda, Omwana wa Ka-
tonda aweebwe ekitiibwa.”

5Era Yesu yayagalanga Ma-
liza ne Maliyamu ne mwa-
nnyinabwe Lazaalo. 6Bwe ya-
wulira nti yali mulwadde, gye
yali n’amalayo ennaku endala
bbiri. 7Oluvanyuma n’agamba
abayigirizwa be nti “Tuddeyo e
Buyudaaya.”

17Awo Yesu bwe yajja, n’a-
sanga nga yaakamala ennaku
nnya mu ntaana. 18Era Bessa-
niya kyali kumpi ne Yerusaa-
lemi, nga wawerawo mayiro
nga bbiri. 19Abakazi bangi baa-
li nga bakung’aanye okukungu-
bagirako Maliza ne Maliyamu
olw’okufa kwa mwannyinabwe.
20Awo Maliza bwe yawulira nti
Yesu yali ajja, n’agenda okumu-
sisinkana, naye Maliyamu yali
awo mu nnyumba ng’atudde.
21Awo Maliza n’agamba Yesu
nti, “Mukama wange, singa wa-
liwo, mwannyinaze teyandifu-
dde. 22Era kaakano mmanyi
nga byonna by’ogenda okusaba
Katonda ajja kubikuwa. 23Yesu
n’amugamba nti, “Mwannyoko
agenda kuba mulamu nate.”
24Maliza n’amugamba nti,
“mmanyi nga agenda kuzuu-
kira ku kuzuukira okw’olunaku
lw’enkomerero.” 25Yesu n’amu-
gamba nti, “Nze kuzuukira n’o-
bulamu. Oyo akkiriza Nze, ne
bw’alifa aliba mulamu. 26Era
buli mulamu akkiriza Nze tali-
fa. Ekyo okikkiriza?” 27N’amu-
ddamu nti, “Weewaawo Muka-
ma wange, nzikiriza nga ggwe
Kristo, Omwana wa Katonda,
ajja mu nsi.”

28Bwe yamala okwogera ebi-
gambo ebyo, n’agenda mpola
n’ayita muganda we Maliyamu,
n’amugamba nti, “Omusomesa
azze era akuyita.” 29Amangu
ddala bwe yawulira ebyo, n’a-
situka okujja gy’ali. 30Awo Yesu
yali nga tanatuuka ku kyalo
kyabwe era nga akyali mu kifo
Maliza gye yamusanga. 31Awo
Abayudaaya abaali ne Maliya-
mu nga bazze okumukubagiza,
bwe baamulaba ng’asituse ne
bamugoberera nga balowooza
nti agenda ku ntaana kukaabira
eyo. 32Awo Maliyamu bwe ya-
tuuka Yesu gy’ali n’amulaba,
n’agwa ku bigere bye n’agamba
nti, “Mukama wange, singa wa-
li wano mwanyinaze teyandi-
fudde.”

33Awo Yesu bwe yamulaba
ng’akaaba n’Abayudaaya abaa-
li naye nabo nga bakaaba, n’a-

sinda mu mwoyo gwe ne yeeraliikirira, 34n'ababuuza nti, "Mwamuteeka wa?" Ne bamugamba nti, "Mukama waffe, jangu olabe."

35Yesu n'akaaba. 36Awo Abayudaaya ne bagamba nti, "Laba nga bw'abadde amwagala." 37Naye abamu ku bo ne bagamba nti, "Omuntu ono eyazibula amaaso g'abazibe b'amaaso, teyandisobodde kugaana musajja ono kufa?" 38Awo Yesu bwe yasinda nate mu nda ye, n'atuuka ku ntaana. Yali mpuku, nga bataddeko ejjinja kungulu. 39Yesu n'abalagira nti, "Mujjewo ejjinja." Maliza mwannyina w'oli eyafa, n'amugamba nti, "Mukama wange, kaakano awunya: kubanga yaakamala ennaku nnya." 40Awo Yesu n'amugamba nti, "Sikugambye nti bw'onokkiriza onoolaba ekitiibwa kya Katonda?" 41Awo ne bajjawo ejjinja. Yesu n'ayimusa amaaso ge waggulu n'agamba nti, "Kitange, nkwebaza kubanga wampulira. 42Nange mmanyi nga bulijjo ompulira; naye njogedde ku lw'ekibiina ekinneetoolodde bakkirize nga ggwe wantuma." 43Bwe yamala okwogera ebyo, n'ayogerera waggulu n'eddoboozi ddene nti, "Lazaalo, fuluma ojje." 44Eyali afudde n'afuluma ng'azingiddwa mu mbugo amagulu n'emikono nga ne ku maaso ge basibyeko ekiremba. Yesu n'agamba nti, "Mumusumulule, mumute agende." 45Awo Abayudaaya bangi abaali nga bazze ne Maliyamu ne bamukkiriza. 46Naye abamu ku bo ne bagenda eri Abafalisaayo ne bababuulira ebyo Yesu bye yakola.



## Ekintu kye Tulina Okulowoozaako

Okumanya nti Yesu ayagala nnyo mikwano gye si kirungi? Naawe oli mukwano gwe, singa okola nga bw'agamba

(Yokaana 15:14). Mu lugero luno, mikwano gya Yesu baali mu mbeera nzibu nnyo ya nnaku. Muganda waabwe Lazaalo yali afudde. Mu kusooka Yesu yalabika nga eyali tafuddeeyo. Naawe owulira nga Katonda tafaayo ku mbeera gy'oyitamu? Naye nno Katonda teyeebaka. Bulijjo abeera n'enteekateeka ku lulwo. Ffe tuteekwa kuba nga tumwesiga bulijjo alyoke akole ebyo ebimuweesa ekitiibwa.

Katonda alina enteekateeka eyiyo. Ayagala akufuule nga Omwana we Yesu. **"Era tumanyi nga ebintu byonna bikolera wamu olw'obulungi eri abo abaagala Katonda, eri abo abaayitibwa olw'ekigendererwa kye. Kubanga yabamanya dda era yabaawula okufaananyizibwa n'Omwana we, abeerenga mubereberye w'ab'oluganda abangi"** (Abarumi 8:28, 29). Eno y'ensonga lwaki tuyita mu biseera ebizibu. **"Obulungi bw'okukkiriza kwammwe, nga kwa muwendo nnyo okusinga zaabu eggwaawo, ne bw'eba nga yagezesebwa mu muliro, kulyoke kulabike nga kuleeta ekitiibwa n'ettendo mu kulabisibwa kwa Yesu Kristo"** (1 Peetero 1:7).

Yesu yali ayagala kuyigiriza Maliya ne Maliza, era wamu naffe, nti bwe tukkiriza, kiba kitegeeza nti tetugenda kufa. Abo abakkiririza mu Yesu bwe bafa, babeera nga **"tebaliiwo mu mubiri"** nga **"bali wamu ne Mukama"** (2 Abakkolinso 5:8).

Yesu era yakakasa nga bw'ayinza okukomyawo *emibiri* emifu eri obulamu nga abayita buyisi mannya gabwe. Lazaalo yawulira eddoboozi lya Yesu ng'amuyita, n'abeera mulamu. Yesu bw'alikomawo nate mu nsi muno, **"abafu baliwulira eddoboozi ly'Omwana wa Katonda; era abaliriwulira baliba balamu"** (Yokaana 5:25b).

Ne kaakano, Yesu akonkona ku nzigi z'emitima gyaffe. **"Omuntu yenna bw'awulira eddoboozi lyange n'aggulawo, nnayingira gy'ali . . . "** (Okubikkulirwa 3:20b).

Abo abawulira eddoboozi lye ne baggulawo olugi, bafuuka kitonde kiggya. **"Era yabafuula balamu, bwe mwali nga mufiiridde mu byonoono n'ebibi"** (Abaefeso 2:1). **"Era nammwe mwerowooze nga abafu eri ekibi naye abalamu eri Katonda mu Kristo Yesu Mukama waffe. N'olw'ekyo, temuganya kibi kufugira mu mibiri gyammwe, mbu mugigondere mu kwegomba kwagyo. Era temuwangayo bitundu byammwe eri obutali butuukirivu eri ekibi, naye mweweeyo eri Katonda nga ebitonde ebiramu abaava mu kufa, n'ebitundu byammwe nga eby'okukozesa eby'obutuukirivu eri Katonda"** (Abaruumi 6:11-13).

## Eky'amagero Kino Kyali Kyetaagisa Obuwulize

Waliwo embeera gy'oyitamu nga tolina ssuubi nga weetaaga kya magero? Yesu akyayinza okuganya ebintu ebizibu ne bijja mu bulamu bwo, "Olw'okuweesa Katonda ekitiibwa." Naye teweerabiranga nti akwagala nga bwe yayagalanga Maliza ne Maliyamu. Ayinza okuba nga alina eky'amagero ky'akutegekera ate nga ggwe tokisuubira. Naye weetegereze nga bwe kyali kyetaagisa okuba abawulize walyoke wabeewo eky'amagero ky'obulamu obuggya. Yesu yabagamba nti, "Mujjewo ejjinja." Yadde nga kiyinza okuba nga kyabalabikira nga eky'obusiru, baagonda. Ate Lazaalo bwe yavaayo, Yesu n'agamba nti, "Mumusumulule, mumuleke agende."

Nga tunaalaba ekitiibwa ky'amaanyi ga Katonda, era naffe, tuteekwa kuba bawulize ne mu buntu bwe tuyinza okulaba nga obutono Omwoyo Omutukuvu bw'atulagira okukola. Bwe kiba nga kitwetaagisa kwetondera muntu ate nga tulaba nti obukyamu bwaffe buli bubiri ku kikumi 2%, tuteekwa kukikola. Liyinza okuba ejjinja nga lyetaaga kuyiringisibwa Yesu alyoke *akole* eky'amagero mu bulamu bw'omuntu omulala. Era Yesu bw'akola eky'amagero, naffe mu kwagala

tuyambe okusumulula abalala okuva ku bintu ebibagaana okufuna eddembe mu bujjuvu. Tekyewuunyisa okulaba nga Yesu yakkiriza mikwano gye okuyambako ng'akola eky'amagero?



## ESSOMO 17. OLUKIIKO LUKOLA ENTEEKATEEKA OKUTTA YESU

**Yokaana 11:47-53**

**47Awo bakabona abakulu n'Abafalisayo ne bayita olukiiko ne beebuuza nti, "Tunaakola tutya? Kubanga omusajja ono akola obubonero bungi. 48Singa tumulekera eddembe bwe tutyo, buli mumtu yenna ajja kumukkiriza, era Abarooma bagenda kujja batwale eggwanga lyaffe n'ebifo byaffe." 49Omu ku bo ayitibwa Kayafa eyali kabona asinga obukulu mu mwaka ogwo n'agamba nti, "mmwe temuliiko kye mumanyi n'akatono, 50So temulowooza nga omuntu omu asaanidde okufiirira abantu, n'eggwanga lyonna lireme okubula." 51Ekyo teyakyogera mu magezi ge yekka; naye kubanga yali kabona asinga obukulu mu mwaka ogwo, yalagula nga Yesu bwe yali agenda okufiirira eggwanga era; 52so si ggwanga eryo lyokka naye nga yali agenda kukung'anya abaana ba Katonda abaasaasaana. 53Awo okuva ku lunaku olwo ne bateesa okumutta.**

### Okugaana Kabaka

Ab'olukiiko lw'Abayudaaya baalaba eby'amagero Yesu bye yakolanga. Baamuwulira bwe yali ng'ayigiriza ng'agamba nti, Ye ne Kitaawe bali muntu omu era nti yaliwo nga ne Ibulaimu tannabeerawo (Yokaana 8:58). Naye nga tebayinza kukkiriza

nti Yesu ye Kabaka wa Isiraeri eyasuubizibwa.

Olugero luno lulaga nti abakulembeze b'Abayudaaya baali nga tebayagala kuva mu bifo byabwe. Baali bafaanana nga abaddu ababi Yesu be yayogerako mu lugero olumu. Abaddu baagamba nti, **"Tetujja kukkiriza musajja ono kutufuga"** (Lukka 19:14b). Bwe kityo, abakulembze b'Abayudaaya ne basalawo okutta omuntu omu—Yesu—basobole okukuuma obulungi eggwanga. Naye, mazima, tewali kyonna kye bandiyinzizza kukola singa nga Yesu teyayagala *kuwaayo* bulamu bwe.

Ekigendererwa kya Katonda eri Yesu okuviira ddala ku kutondebwa kw'ensi kyali kya kulokola bantu, si ggwanga lya Isiraeri lyokka, naye n'ensi yonna! **"Naye Mukama yasiima okumubetenta; amunakuwazizza: olw'okufuula obulamu bwe okuba ekiweebwayo olw'ekibi, aliraba ensigo . . . n 'ebyo Mukama by'ayagala biryeyongerayongera mu mukono gwe"** (Yisaaya 53:10).

## ESSOMO 18. OLUGERO LY'EKIRABO EKY'OMUWENDO



**Yokaana 12:1-8**

**1Awo bwe waali nga ekya-**
**bulayo ennaku mukaaga oku-**
**tuuka ku kuyitako, Yesu n'ajja**
**e Bessaniya, Lazaalo oli gwe**
**yazuukiza mu bafu gye yabee-**
**ranga. 2Ne bamufumbira eki-**
**jjulo; era Maliza n'agabula,**
**naye Lazaalo yali omu ku abo**
**abatuula naye ku mmeeza.**
**3Awo Maliyamu n'akwata a-**
**mafuta ag'omuwendo omungi**
**ag'omugavu n'agasiiga ku bi-**
**gere bya Yesu; n'attaanya ebi-**
**gere bye n'enviiri ze: ennyu-**
**mba yonna n'ejjula akaloosa**
**k'amafuta ago. 4Naye Yuda**
**Isukaliyoti omu ku bayigirizwa**

be, eyali agenda okumulyamu olukwe n'agamba nti, 5"Kiki ekimulobedde okutunda amafuta ago dinaari ebisatu n'agabira abaavu?" 6Kale yayogera bw'atyo si lwa kuba nga alumirirwa abaavu; naye kubanga yali mubbi, ye yali omuwanika w'ensawo yaabwe n'atwalanga ku byaalingamu. 7Awo Yesu n'agamba nti, "Mumuleke agatereke olw'olunaku lw'okuziikibwa kwange. 8Kubanga abaavu munaabeeranga nabo bulijjo, naye Nze temujja kubeeranga nange bulijjo."

## Yesu Asaanidde Ekitiibwa Kyonna

Yesu bwe yazuukira okuva mu bafu, olukiiko lw'Abayudaaya ne basalawo nga bagamba nti Yesu ateekwa kuttibwa. Naye ate mikwano gya Yesu baali bajjudde essanyu nga batendereza Yesu ne bamufumbira ekijjulo balyoke bawe Katonda ekitiibwa. Ye Maliyamu yali amaze okutegeerera ddala Yesu nga bw'ali. Okwagala kwe yalina ne kumuviiramu okuwaayo amafuta ag'omuwendo omungi ge yalina—gaali gayinza okusasula omusaala gw'omukozi okumala omwaka mulamba. Maliyamu yali amaze okutegeera ebigambo bya Yesu bye yayogere nti ekiseera kyali kiri kumpi okutuuka akomererwe (Matayo 26:2).

**"Osaanidde ggwe, Mukama waffe, okuweebwa ekitiibwa n'ettendo n'obuyinza; kubanga ggwe watonda ebintu byonna, era by'abeerawo lwa kusiima kwo era byatondebwa"** (Okubikkulirwa 4:11).

Yokaana atulengeza ebiri mu ggulu, abo bonna banunulibwa okuva mu buli kika kya bantu, ennimi, n'amawanga lwe baligattibwa ku nkumi n'enkumi za bamalayika batendereze Yesu, **"Asaanidde Omwana gw'endiga eyattibwa, okuweebwa obuyinza n'obugagga n'amagezi, n'amaanyi n'ekitiibwa n'ettendo n'emikisa"** (Okubikkulirwa 5:12b). Yesu asaanidde okusinza n'okutendereza kwonna bye tuyinza okumuwa!

## Ebirabo Bye Tuyinza Okuwa Yesu

Kiki kye tuyinza okuwa Yesu okulaga okusinza kwaffe okw'okusiima? Pawulo agamba, **"Mbeegayirira, ab'oluganda, olw'okusaasira kwa Katonda muwengayo emibri gyammwe nga ssaddaaka ennamu, entukuvu ekkirizibwa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amakulu. So temufaananyizibwanga ng'ab'emirembe gino; naye mufuusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya; mulyoke mukemenga bwe biri ebyo Katonda by'ayagala ebirungi era ebituufu ebituukiridde"** (Abaruumi 12:1, 2). Tuwengayo emibiri gyaffe eri Yesu nga tutambula mu bulamu obumusanyusa. Tumuwe emmeeme zaffe, tulowoozenga ku linnya lye, Ekigambo kye, n'emirimu gye mu kifo ky'okulowooza ku bintu by'ensi.

Kya mazima waliwo abayinza okulowooza nti oyoonoona bwonoonyi biseera byo ne ttalanta zo mu kuweereza Katonda. Yuda teyalowooza nti ekirabo kya Maliyamu yali ayonoona bwonoonyi? Naye kati we twogerera Yuda ali ludda wa? **"Kya mukisa ekijjukizo ky'omutuukirivu; naye erinnya ly'omubi lirivunda"** (Engero 10:7). **"Omutuukirivu anajjukirwanga emirembe gyonna"** (Zabbuli 112:6b).

Bwe tulaga okwagala eri ab'oluganda Abakristaayo, tuba tuwa Kristo oyo atuula mu bo ekitiibwa. Abantu bo nga omwagalwa wo, abaana bo, oba bazadde bo obayisa nga bwe wandiyisizza Yesu? Era Yesu gwe tuwa ekitiibwa bwe twagala abalabe baffe, kubanga yatugamba okukikolanga (Matayo 5:44).

Kristo yatwagala nnyo: Yeewaayo ku *lwaffe* **"Ekiweebwayo era ssaddaaka eri Katonda nga evvumbe eriwunya akaloosa"** (Abaefeso 5:2b). **"N'olw'ekyo, ku lulwe twewengayo nga ssaddaaka ezitendereza Katonda, kino, kye kibala ky'emimwa gyaffe, okwebazanga erinnya lye"** (Abaebbulaniya 13:15).

# ESSOMO 19. OLUGERO LWA KABAKA OMWETOWAZE



Yokaana 12:12-16

12Enkeera ekibinja ky'abantu ekinene baali bajja ku mbaga, bwe baawulira nti Yesu yali ajja Yerusaalemi,
13ne bakwata amatabi g'ensaansa ne bagenda okumusisinkana, ne baleekaana nga bagamba nti: "Ozaana! 'Aweereddwa omukisa oyo ajja mu linnya lya MUKAMA!' Kabaka wa Isiraeri!"
14Awo Yesu ne yeebagala ku mwana gw'endogoyi nga bwe kyawandiikibwa nti,
15"Totya, ggwe muwala wa Sayuuni: laba Kabaka wo ajja nga yeebagadde ku mwana gw'endogoyi."
16Mu kusooka abayigirizwa be tebaategeera nga ebintu bino Yesu byali byamuwandiikibwako; naye Yesu bwe yagulumizibwa, awo ne balyoka bajjukira nti ebintu bino Yesu byamuwandiikwako era ne babimukola.

## Yesu Agenda Kudda nga Ye Kabaka Agulumizibwa

Nabbi w'Endagaano Enkadde yayogera bw'ati: **"Sanyuka nnyo ggwe muwala wa Sayuuni! Leekaana, ggwe muwala wa Yerusaalemi! Laba, kabaka wo ajja gy'oli: mutuukirivu era alina Obulokozi; muwombeefu era yeebagadde endogoyi n'omwana gw'endogoyi"** (Zekkariya 9:9). Weewaawo okujja kwa Yesu nga omuntu, Omulokozi, omuweereza, kwali kwayogerwako dda mu ngeri etegeerekeka obulungi mu banabbi. Obunabbi obusukka mu 300 bwatuukirira mu bulamu bwa Yesu, mu kufa kwe ne mu kuzuukira kwe. Naye obunabbi *obusukka* ku obwo emirundi esatu buteekwa *okusooka* okutuukirira nga Yesu akomawo nga Kabaka Agulumizibwa afuge ensi. (Okubikkulirwa 20:4).


**“Kubanga Mukama yennyini alikka okuva mu ggulu n’okuleekaana, n’eddoboozi lya malayika omukulu, n’eddoboozi ly’ekkondeere lya Katonda. Abafu abafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira. Olwo ffe abaliba abalamu ne tutwalibwa mu bire okumusisinkana mu bbanga, era tulibeeranga ne Mukama ennaku zonna”** (1 Abasessaloniika 4:16, 17).

**“Mukama waffe Yesu abikkulwa okuva mu ggulu ne bamalayika be ab’amaanyi, mu kwaka kw’omuliro okuwalana abo abatamanyi Katonda, era n’ekiruyi ku abo abatagondera njiri ya Mukama waffe Yesu Kristo”** (2 Abasessaloniika 1:7b, 8).

## Weetegekedde Okujja kwe?

Bulijjo Katonda akuuma ebisuubizo bye. Akyagumiikirizza okujja kwe abantu beeyongere okulokoka. So **“tayagala muntu n’omu okubula naye ayagala bonna batuuke mu kwenenya”** (2 Peetero 3:9b). Naye nno, ajja mangu! Ggwe oli mwetegefu, otambulira mu bulamu obw’obutukuvu era nga oleeta n’abalala eri Yesu? **“Naye olunaku lwa Mukama lujja nga omubbi ajja ekiro, eggulu ligenda kuggwaawo mu doboozi ddene era ebintu byonna bigenda kusaanuuka olw’ebbugumu eringi. Olwo byonna ebiri mu nsi n’ebiri mu ggulu ne bisaanawo. Kigwanidde okuba nga mulina empisa era nga mutya Katonda”** (2 Peetero 3:10, 11).

# ESSOMO 20. OLUGERO LW’EMPEKE Y’ENG’ANO



**Yokaana 12:24-26**

**24“Mazima ddala mbagamba nti, okujjako nga ensigo emaze kugwa mu ttaka, n’efa, ebeerawo yokka, naye bw’efa; ebala ensigo nnyingi. 25Buli ayagala obulamu bwe alibubuza, era**

buli akyawa obulamu bwe olw'ensi eno alifunamu amagoba ag'obulamu obutaggwaawo. 26Omuntu yenna bw'abeera omuweereza wange, Kitange alimuwa ekitiibwa."

## Okufa Kitegeeza Ki?

Okufa kwe kusooka, amaanyi g'okuzuukira ne galyoka gajja. Kino bwe kityo bwe kyali eri Kristo, era bwe kityo bwe kiyinza okuba ne gyetuli. Omutume Pawulo yatulaga nga okufa ku lwa Kristo bwe kiyinza okutegeeza. **"Naye bye nnabalanga nga amagoba, mbiraba nga kwali kufiirwa ku lwa Kristo. Ndyoke mmutegeere n'amaanyi agaamuzuukiza"** (Abafiripi 3:7, 10a).

Emirundi mingi okugondera Kristo kiba kitegeeza ebimu ku ebyo bye weegomba obifiise. Naye omuntu bw'afa, olwo amaanyi ga Kristo nga gakolera mu ffe. Tuyinza okulaba bye twakolanga edda nga bikomererwa wamu ne Kristo; obulamu bwaffe obuggya bubeerawo lwa kukkiriza bwe tuyimirira mu buwulize. **"Nnakomererwa wamu ne Kristo; si nze mulamu nate wabula Kristo ali mu nze; era obulamu bwe nnina kati mu mubiri buliwo lwa kukkiriza Mwana wa Katonda, eyanjagala ne yeewaayo ku lwange"** (Abaggalatiya 2:20). **"Kubanga bwe munaatambuliranga mu mubiri, mugenda kufa; naye singa mufiisa ebikolwa by'emibiri gyammwe olw'Omwoyo, muliba balamu"** (Abaruumi 8:13). Leka Omwoyo wa Katonda akukulembere akulage by'olina okufiisa mu bulamu bwo. Nga emize emibi, embeera enkyamu, n'ebiri ng'ebyo. *Bw'osalawo* ekyo okukibala nga ekifudde, n'oyimirira mu buwulize, ojja kukizuula ng'amaanyi ga Katonda gakuwalula nga gakutwala mu bulamu obuggya, nga oweebwa amaanyi okuteekawo omuze omupya, era n'okulaba obuwanguzi mu bulamu bwo. **"Kubanga Katonda y'akolera mu ggwe olw'ebyo by'ayagala okukola era by'asiima"** (Abafiripi 2:13).

# ESSOMO 21. YESU AYIGIRIZA NGA YE KY'EKY'O-KULABIRAKO ATE N'ALAGIRA



**Yokaana 13:3-17, 34, 35**

**[3]Yesu bwe yamanya nga Kita-
ffe yamukwasa byonna mu mi-
kono gye, era nga yava wa Ka-
tonda ate ng'addayo ewa Ka-
tonda, [4]kwe kusituka ku mmere,
n'addira egganduula lye n'alye-
yambula, n'akwata ekiremba
n'akyezingirira mu kiwato. [5]Bwe
yamala okukola bw'atyo, n'ayi-
wa amazzi mu bensani n'atandi-
ka okunaaza abayigirizwa be
ebigere era ng'abisiimuula n'e-
kiremba kye yali yeesibye. [6]Awo
n'atuuka ku Simooni Peetero.
Naye n'amugamba nti, "Muka-
ma wange, onaaze ebigere bya-
nge?" [7]Yesu n'amuddamu nti,
"Kye nkola toyinza kukitegeera
kaakano, naye olikitegeera olu-
vanyuma." [8]Peetero n'amugamba
nti, "Tojja kunaaza bigere bya-
nge!" Yesu n'amugamba nti,
"Bwe sinaaza bigere byo, nga
tolina mugabo nange." [9]Simooni
Peetero n'amuddamu nti, "Mu-
kama wange, si bigere byokka,
naye n'emikono gyange, n'o-
mutwe. [10]Yesu n'addamu nti,
"Eyanaabye abeera atukula nga
yeetaaga kunaaza bigere byo-
kka. Era nammwe mutukula;
naye si mwenna." [11]Yayogera
bw'atyo kubanga yali amanyi
agenda okumulyamu olukwe
kwe kugamba nti, "Muli balo-
ngoofu; naye si mwenna." [12]Awo
bwe yamala okubanaaza ebi-
gere, n'ayambala nate egga-
nduula lye n'atuula n'agamba
nti, "Kye mbakoledde muki-
manyi? [13]Mumpita musomesa
era Mukama wammwe, era
mwogera bulungi, kubanga ekyo
kye ndi. [14]Kale Nze omusomesa
era Mukama wammwe bwe
nnaaza ebigere byammwe; na-
mmwe kibagwanira okunaaza-
nga ebigere bya banammwe.
[15]Kubanga mbawadde eky'oku-
labirao, nammwe mukolenga
nga Nze bwe nkoze. [16]Mazima
ddala mbagamba nti, omuddu
tasinga Mukama we; so n'oyo
eyatumibwa tasinga oli eyamu-
tuma. [17]Bwe muba nga ebintu**

**bino mubitegeera, mugenda kufuna essanyu nga mubikoze.”**

**34“Era mbawa ekiragiro ekiggya, nti mwagalanenga nga nange bwe nabaagala, era nammwe mwagalanenga. 35Era olw’ebyo bonna banaategeera nga muli bayigirizwa bange.”**

## Eby’okukola

Bintu ki ebibiri Yesu bye yayigiriza nga Ye ky’eky’okulabirako?

1. Yagamba nti, “Kale Nze omusomesa era Mukama wammwe bwe_______________ _______________ byammwe; nammwe kibagwanira ____________ _______________ bya banammwe” (olunyiriri 14).

2. Era yagamba nti, “Nga nange bwe _________________, era nammwe _______________ ” (34).

## Ekyama eky’Okusanyuka

Yesu yagamba nti singa tumulabirako ne tuyamba abalala, tugenda kufuna essanyu. Ekifaananyi ekyo nga kya kitalo! Okulaba Omutonzi ng’akutamye n’akola omulimu gw’omuddu: okunaaza ebigere by’abayigirizwa be enfuufu y’olunaku olulamba! **“Mubeerenga n’endowooza nga Kristo gye yalina ekitiibwa ky’obwa Katonda, naye teyagaana kwenkanankana naawe, n’abeera nga omuwereza. Yeefuula omuntu nga ffe. Era bwe yakka ku mutindo gw’obuntu, ne yeetoowaza, n’abeera muwulize n’atuukira ddala ne mu kufa, ate okufa okw’omusalaba. Katonda kye yava amugulumiza ennyo . . . ”** (Abafiripi 2:5-9a).

Kale tulabe amakubo mwe tuyita okubeera nga tuweereza eri abalala, tukole ku byetaago byabwe. Bwe tukola bwe tutyo, olwo nga tufuna essanyu. Okuweereza abalala n’okubaagala kiraga nga tuli bagoberezi ba Kristo ab’amazima, kubanga ekyo kye yatukolera.

# ESSOMO 22. EBISUUBIZO BITAANO EBY’EKITALO

### 1. Yokaana 14:1-3, 6

1“Omutima gwammwe te-
geraliikiriranga, mukkirize Ka-
tonda era nange munzikirize.
2Mu nnyumba ya Kitange mul-
imu ebifo bingi; singa tekiba-
dde bwe kityo, nandibabuuli-
dde. Ng’enda kubategekera bi-
fo. 3Era bwe ng’enda ne mbate-
gekera ebifo, Ndikomawo nate
okubanona ne mubeera wamu
nange eyo gye mbeera.” 6Yesu
n’amugamba nti, “Nze kkubo
n’amazima n’obulamu. Tewali
ajja eri Kitange, okujjako ng’a-
yita mu Nze.”

### 2. Yokaana 14:12

12“Ddala ddala mbagamba
nti, buli muntu yenna akkiriza
Nze, emirimu gye nkola naye
aligikola; era alikola n’egisinga
ku gino gye nkola Nze, kubanga
Ng’enda eri Kitange.”

### 3. Yokaana 14:13, 14

13“Era buli kye munaasaba-
nga mu linnya lyange, Nnaaki-
bakoleranga, Kitaffe agulumi-
zibwe mu Mwana. 14Bwe mu-
naasabanga mu linnya lyange,
Nnaakibakoleranga.”

### 4. Yokaana 14:15-17

15“Bwe muba nga munjagala,
munaakwatanga amateeka ga-
nge. 16Nange ndisaba eri Kita-
nge, Naye alibawa Omubeezi
omulala, abeerenga nammwe
emirembe gyonna, 17era n’O-
mwoyo ow’amazima, oyo ensi
temukkiriza, kubanga era te-
mulaba yadde okumutegeera;
naye mmwe mumumanyi, ku-
banga abeera nammwe era a-
naabanga mu mmwe.”

### 5. Yokaana 14:27

27“Mbalekera emirembe, emi-
rembe egyange gye mbagabira;
tegiri nga egy’ensi gy’egaba.
Emitima gyammwe giremenga
okweraliikirira, so giremenga o-
kutya.”



1. Yesu yasuubiza **okutegekera** bonna bamugoberera **ebifo** (Yokaana 14:1-3, 6).

2. Yesu yasuubiza okugaba **amaanyi amangi** kubanga alibeera ng'agenze eri Kitaffe. Omwoyo We abeera mu bakkiriza n'abakozesa ebintu eby'amaanyi okusinga ku ebyo Yesu bye yakolanga ebisinga ku by'abantu bonna abaali babadde ku nsi (Yokaana 14:12).

3. Yesu mu kusaba yasuubiza **omukisa omunene** eri ababe (Yokaana 14:13, 14).

4. Yesu yasuubiza **okubeerawo okw'amaanyi** ne buli muyigirizwa. Omwoyo Omutukuvu bwe yajja, awo Yesu yali ajja kubeera *mu* buli muyigirizwa, so si kubeera bubeezi *nabo* (Yokaana 14:15-17).

5. Yesu yasuubiza **emirembe mingi** nga gisinga ku egyo ensi gy'egaba (Yokaana 14:27). Tetukyalina kitutiisa kubanga, **"Oyo ali mu ggwe, asinga ali mu nsi muno"** (1 Yokaana 4:4b).

## Eby'okukola

A. Soma nate enyiriri zino n'obwegendereza kirabike nga Yesu ayogera *naawe*. Ofune olupapula olulala owandiikeko ebintu Yesu oba Omwoyo Omutukuvu by'asuubiza okukukolera.

B. Londa enyiriri ssatu okuva mu Yokaana 14 *ggwe* z'olaba nga za muwendo gy'oli, ozikwate bukusu mu mutwe gwo. Owandiike wano gye zisangibwa oba juliza mu Baibuli:

# ESSOMO 23. OLUGERO LW’OMUZABBIBU



Yokaana 15:1-11
1“Nze muzabbibu ogw’ama-
zima, era ne Kitange y’agula-
birira. 2Buli ttabi eritabala bi-
bala alitemako; era na buli tta-
bi eribala, alisalira ne lyeyonge-
ra okubala ebibala ebingi. 3Mu-
li batukuvu olw’ekigambo kye
mbagambye. 4Mubeere mu Nze,
nange mbeere mu mmwe. Era
nga ettabi bwe litayinza kubala
lyokka nga teriri ku muza-
bbibu, nammwe tewali kye mu-
yinza kukola awatali Nze. 5Nze
muzabbibu, mmwe muli ma-
tabi. Buli yenna abeera mu Nze,
nange mbeera mu ye era abala
ebibala bingi. 6Omuntu yenna
bw’atabeera mu Nze, ateme-
bwako nga ettabi era awotoka;
era bagakung’anya ne bagaku-
mako omuliro. 7Bwe mubeera
mu Nze, n’ebigambo byange ne
bibeera mu mmwe, munaasa-
banga bye mwetaaga, era mu-
naabifunanga. 8Olw’ebyo Kita-
nge agulumizibwa; nga mubala
ebibala bingi era nga muli bayi-
girizwa bange. 9Kitange nga
bwe yanjagala, Nange bwentyo
mbaagadde mmwe. 10Bwe mu-
naakwatanga ebiragiro byange,
munaabeeranga mu kwagala
kwange era nga nange bwe
nkuumye ebiragiro bya Kita-
nge ne mbeera mu kwagala
kwe. 11Ebigambo bino mbiba-
buulidde, essanyu lyange libee-
renga mu mmwe, era essanyu
lyammwe lituukirire.”

## Okubeera mu Kristo

Bwe tusonyiyibwa ebibi era ne tunaazibwa ne tufuna obulamu obuggya okuva eri Yesu nga tuyita mu kumwesiga wali ku ntandikwa ya byonna, tuteekwa *okubeeranga* mu Mwoyo mu bulamu bwaffe bwonna obw’Ekikristaayo. Tulemenga kulwooza nti tuyinza okubeerawo mu maanyi gaffe oba oku-

ba n'obusobozi obwaffe. Pawulo yagamba bw'ati: **"Muli basirusiru? Abaatandikira mu Mwoyo ate kati obutukuvu mubufuna lwa mubiri?"** (Abaggalatiya 3:3).

Oluusi Yesu aba alina okutuwawagula oba "okutusalira". Kino kiyinza okutegeeza nti tuyinza okubonaabona oba okugezesebwa. Naye Ye ayagala tweyongere *okubala ebibala*. **"Kale okukangavvula tekusooka kulabika nga ekisanyusa, era kiruma. Naye oluvanyuma, kivaamu emirembe n'ekibala eky'obutuukirivu eri abo ababangulwa okuyita mu kyo"** (Abaebbulaniya 12:11).

## Ekibala Eky'Omwoyo kye ki?

Pawulo atutegeeza nti, **"ekibala eky'omwoyo kwagala, ssanyu, mirembe, kugumiikiriza, kisa, bulungi, kukkiriza, buntubulamu, kwefuga"** (Abaggalatiya 5:22, 23). Bw'oba nga osaba okuva eri Yesu nti akutukuze, era buli lunaku sabanga Omwoyo we Omutukuvu akujjuze, olwo obulamu bwo bujja kutandika okuzaala era bweyongerere ddala okubala ekibala kino ekirungi. Ebibala ebirala eby'obutuukirivu mulimu okufuna omutima ogwebaza ne guyimba, okubeera n'omutima omwetowaze, okuleeta abalala eri Yesu, okuwaayo mu mulimu gwa Katonda, obutayonoona biseera, okwogera Ekigambo kya Katonda n'obuvumu, era n'okufuna okuddibwamu nga osabye.

## Okulabula Okukulu

Bwe *tutabeera* mu Kristo, Yesu atulabula bw'ati, tusuulibwa ng'ettabi, ne tuwotoka, ne bagakung'anya ne bagookya. Abo bokka ababala ebibala nga bali mu Kristo be bayigirizwa be (enyiriri 6 ne 8). Omutume Yuda atujjukiza bino, **"nti Mukama, bwe yanunula abantu okubajja mu nsi ya Misiri, abatakkiriza oluvanyuma yabazikiriza"** (Yuda 5b).

Yadde nga tetuyinza kubala bibala ku bwaffe, kiba kirungi ne tutunula mu Kigambo kya Katonda, era nga bwe twekebera mu ndabirwamu, **“Okwekebera tulabe oba nga tuli bakkiriza. Mukakase . . . nga Yesu Kristo ali mu mmwe”** (2 Abakkolinso 13:5a).

Bwe tubeera n’ekigambo kya Yesu munda mu ffe, era ne tugondera by’atugamba, tunaabeeranga mu kwagala kwe (Yokaana 15:10). Bwe tumanya nga Omwoyo wa Kristo ali mu ffe, tetulina kutya, kubanga Omwoyo Omutukuvu *y’atukuuma* era Ye *bwe bukakafu* nti tuli babe. Jjukira nti eky’okugezesa ekisinga obukulu kwe *kwagala*. **“Katonda kwagala, n’oyo abeera mu kwagala abeera mu Katonda, ne Katonda abeera mu ye”** (1 Yokaana 4:16b). Nga Katonda atwagala! Kale naawe tambuliranga mu kwagala okwo.

## ESSOMO 24. MUSALEWO OKUBA AB’EMIKWANO

**Yokaana 15:12-17**

**12“Kino ky’ekiragiro kyange,**
**nti mwagalanenga nga nange**
**bwe nnabaagala mmwe. 13Te-**
**wali alina kwagala kunene nga**
**kuno, okusiinga omuntu oku-**
**waayo obulamu bwe olwa mi-**
**kwano gye. 14Bwe mukola byo-**
**nna bye mbalagira nga muli**
**mikwano gyange. 15Sikyabayi-**
**ta baddu nate, kubanga omu-**
**ddu tamanya bya Mukama we**
**by’akola; naye mbayita mikwa-**
**no gyange, kubanga byonna**
**bye nnawulira okuva eri Kita-**
**nge Nnabibategeeza. 16Si mmwe**
**mwannonda, naye Nze nnaba-**
**londa ne mbateekawo muba-**
**lenga ebibala, era ebibala bya-**
**mmwe bibeerengawo, na buli**
**kye munaasabanga eri Kitange**
**mu linnya lyange, Anakibakole-**
**ranga. 17Mbalagira ebintu bino,**
**mulyoke mwagalanenga.”**

# ESSOMO 25. YESU ATUYIGIRIZA NTI ERIYO OKUYIGGANYIZIBWA

Yokaana 15:18-25

18Ensi bw'ebakyawanga,
mumanye nga yasooka ku-
kyaawa Nze nga tennaba ku-
kyawa mmwe. 19Singa muba-
dde ba nsi, ensi yandyagadde
ebyayo. Naye olw'okuba nga
temuli ba nsi, ensi kye yava
ebakyawa. 20Mujjukire ebiga-
mbo bye nnabategeeza nti,
"Omuddu tasinga mukama
we!" Bwe bayigganya Nze, era
nammwe bagenda kubayi-
gganya. Bwe bakwata ekiga-
mbo kyange, era n'ekigambo
kyammwe bagenda kukikwa-
ta. 21Naye ebintu ebyo byonna
bagenda kubibakola lwa li-
nnya lyange, kubanga oli eya-
ntuma tebamumanyi. 22Singa
sajja ne mbabuulira, tebandi-
badde na kibi, naye kati teba-
lina kya kwewolereza olw'e-
kibi kyabwe. 23Bonna abakya-
wa Nze era bakyawa ne Kitange.
24Singa saakolanga bitakolebwa-
nga muntu mulala yenna nga ba-
laba, tebandibadde na kibi, naye
kati baabiraba era fembi baatu-
kyawa Nze awamu ne Kitange.
25Naye bino byaaliwo ekigambo
kituukirire ekyawandiikibwa mu
mateeka nti, "Balinkyawa awa-
tali nsonga."

Yokaana 16:1-3, 33

1"Ebintu bino mbibagambye,
muleme okwesittala. 2Balibagobe-
ra ebweru w'ekkung'aniro; wee-
waawo ekiseera kijja buli alibatta
aliba alowooza nti aweereza Ka-
tonda. 3Era ebyo byonna bagenda
kubibakola kubanga Nze tebaa-
ntegeera so ne Kitange naye te-
baamumanya. 33Bino mbibabuu-
lidde, mubeere n'emirembe mu
Nze. Mu nsi muno mujjudde
ennaku, naye mugume kubanga
Nze mpangudde ensi."

## Eby'okukola

1. Ensi ekyawa abo abagoberera Yesu kubanga si ba ________________ (15:19).
2. Yesu yagamba nti, "Buli ankyawa akyawa ne ____________________" (15:23).

3. Yadde nga Yesu yakola ebintu bingi ebyewuunyisa ng'ali ku nsi, ensi etakkiriza ____________________ n' ______________________ Yesu ne Kitaawe bombi (15:24).

4. Mazima ddala ensi yakyawa Yesu awatali ___________ (15:25).

5. Ekiseera kigenda kutuuka abo __________ Abakristaayo baliba balowooza nti baweereza _______________ (16:2).

6. Ebintu bino eby'entiisa bagenda kubikola kubanga ______________________ Kitaffe oba Yesu (16:3).

7. Yadde nga batuyigganya mu nsi, tuyinza nnyo okuguma emyoyo, kubanga Yesu __________________ ensi (16:33).

## ESSOMO 26. YESU ATUSABIRA

**Yokaana 17:1-8, 15-26**

**1Yesu bwe yayogera ebiga-
mbo bino n'ayimusa amaaso ge
eri eggulu, n'agamba nti; "Ki-
tange, ekiseera kituuse. Gulu-
miza Omwana wo, era nga O-
mwana wo bw'akugulumizza,
2nga bwe wamuwa obuyinza ku
byonna ebirina omubiri alyoke
agabire bonna be wamuwa o-
bulamu obutaggwaawo. 3Era
buno bwe bulamu obutaggwaa-
wo, abantu bakutegeere Ggwe
Katonda ow'amazima ne Yesu
Kristo gwe watuma. 4Nkugulu-
mizza ku nsi. Omulimu gwe
wampa okukola ngumalirizza.
5Ne kaakano, Ai Kitange, ngu-
lumiza awamu naawe mu kitii-
bwa kiri kye nnalina awamu
naawe ensi nga tenatondebwa.
6Njolesezza erinnya lyo eri aba-
ntu be wampa mu nsi. Baali ba-
bo, naye n'obampa. 7Kaakano
bategedde nga ebintu byonna
bye wampa biva gy'oli. 8Kuba-
nga nnabawa ebigambo bye wa-
mpa ne babikkiriza, era kaaka-
no bakakasa nga nnava wuwo;
era bakkiriza nti Ggwe wantu-
ma. 15Sisaba ggwe kubaggya
mu nsi, naye obakuumenga mu
bubi. 16Si ba nsi, nga nze bwe
siri wa nsi. 17Obatukuze mu
mazima. Ekigambo kyo ge ma-
zima. 18Nga bwe wantuma mu
nsi, nange bwe nnabatuma mu
nsi. 19Era nze nneetukuza ku
bwabwe, nabo bennyini batu-
kuzibwe mu mazima. 20So si-
sabira bano bokka, naye n'abo
abanzikiriza olw'ekigambo kya-**

bwe; [21]bonna babeerenga bumu; nga ggwe Kitange, bw'oli mu nze, nange mu ggwe, era nabo babeerenga mu ffe; ensi ekkirize nga ggwe wantuma. [22]nange ekitiibwa kye wampa nkibawadde; babeerenga bumu, nga ffe bwe tuli obumu: [23]nze mu bo, naawe mu nze, batuukirire okuba obumu; ensi etegeerenga nga ggwe wantuma, n'obaagala bo, nga bwe wanjagala nze. [24]Kitange, be wampa, njagala, we ndi nze, nabo we baba babeeranga nange; balabe ekitiibwa kyange kye wampa: kubanga wanjagala nze ng'ensi tennatondebwa. [25]Kitange Omutuukirivu, ensi teyakutegeera, naye nze nnakutegeera; na bano baategeera nga ggwe wantuma. [26]era nnabategeeza erinnya lyo era nditegeeza; okwagala kwe wanjagala kubeerenga mu bo, nange mu bo."



## Yesu Akusabira

Nabbi, Yisaaya, yalagula nti Masiya, **"yeegayirira olw'abonoonyi"** (Yisaaya 53:12). Yali ayagala okubawa obulamu obutaggwawo abo bonna abaamusembeza (Yokaana 17:2).

Yesu era yasaba ng'asabira abayigirizwa be. Yasooka kugamba Peetero nti, **"Simooni, Simooni! Mazima ddala Setaani akusabye alyoke akuwewe nga engano. Naye mbadde nkusabira, okukkiriza kwo kuleme kugwa"** (Lukka 22:31, 32a). Nate era Yesu bwe yali nga tannaba kufa, yasabira abayigirizwa be beekuume Setaani, Omulabe. Era yasabira n'abo bonna mu mirembe egiri mu maaso, abagenda okukkiriza Yesu olw'obujulizi bw'abayigirizwa abo abeesigwa. Awo yali asabira *ggwe!*

Akusabira ggwe obutayosa. **"Era ky'ava ayinza okulokolera ddala abajja eri Katonda ku bubwe, kubanga Ye mulamu abawolereza ennaku zonna"** (Abaebbulaniya 7:25). Nga Omu-

lokozi gwe tulina wa kitalo nnyo! Ate, oh, nga atusabira naffe tubeerenga wamu naye ate na buli omu n'okwagala eri munne! Nsaba essaala ze ziddibwemu mu bulamu bwo ne mu maka go olwaleero.

Oluvanyuma, Yesu bwe yali ng'asaba mu Gesusemane, yabuuza abayigirizwa be nti, **"Kiki, temusobodde kutunulako wamu nange yadde essaawa emu yokka?"** (Matayo 26:40b). Olinayo obudde bw'obeerako ne Yesu buli lunaku, nga weegayirira nga osabira ababula n'omubiri gwe, Ekkanisa? Nga kya muwendo okusisinkana *naye* ku "nnamulondo ey'ekisa" buli lunaku! **"Kale tugende n'obuvumu, awali entebe ey'ekisa, tulyoke tusaasirwe tuweebwe ekisa ekinatuyamba mu biro eby'okwetaaga"** (Abaebbulaniya 4:16).


## ESSOMO 27. YESU YALINA OBUYINZA KU BULAMU BWE N'OKUFA

**Yokaana 10:17, 18**

**17"N'olw'ekyo, Kitange anjagala, kubanga mpaayo obulamu bwange ate ndibweddiza nate. 18Tewali n'omu abunzijako, naye Nze mwene mbuwaayo, era nnina obuyinza okubweddiza nate. Ekiragiro kino nnakifuna kuva eri Kitange."**

**Yokaana 19:4-11**

**4Piraato n'afuluma nate, n'abagamba nti, "Laba, mmuleeta gye muli, mulyoke mumanye nga nze sirabye musango ku Ye. 5Awo Yesu n'afuluma ng'ayambadde engule ey'amamaggwa n'olugoye olwa ffulungu. Piraato n'abagamba nti, "Laba Omusajja!" 6Awo bakabona abakulu n'abakungu bwe baamulaba, ne baleekaana**



nti, “Mukomerere, mukomerere!” Piraato n’abagamba nti, “Mmwe mumutwale mumukomerere.” 7Abayudaaya ne bamuddamu nti, “Ffe tulina etteeka, era okusinziira ku tteeka lyaffe agwanidde kufa, kubanga yeefuula Omwana wa Katonda.” 8Awo Piraato bwe yawulira bye baayogera, ne yeyongera okutya, 9n’addayo nate mu kigango n’abuuza Yesu nti, “Wava wa?” Naye Yesu teyamuddamu. 10Awo Piraato n’amugamba nti, “Toyogera nange? Tomanyi nti nnina obuyinza okukukomerera oba okukuleka n’ogenda?” 11Yesu n’amuddamu nti, “tewandibadde na buyinza ku Nze, okujjako nga bukuweereddwa kuva waggulu. N’olw’ekyo oyo eyantadde mu mikono gyo y’alina ekibi ekisingako.”

## Yesu Yandibadde Afa?

Yesu nga bwe yali omwana wa Katonda, kyandibadde nga kisoboka abantu okumutta? Tewali muntu n’omu amulinako buyinza. Ye yekka ye yalina okusalawo afe ate yeddize obulamu bwe.

Yesu yagamba Piraato nti, “**. . . obwakabaka bwange si bwa mu nsi muno, singa nga obwakabaka bwange bwali bwa ku nsi kuno, abaweereza bange bandilwanye, ne siweebwayo mu mikono gy’Abayudaaya . . .** ” (Yokaana 18:36). Yesu *yakkiriza* okusibibwa, yagamba nti, “**Mulowooza nti siyinza kaakano kusaba Kitange, n’ampeereza bamalayika abasinga ligyoni kkumi na bbiri? Kale Ebyawandiikibwa binaatuukirira bitya nti bwe kityo bwe kigwanidde okubeera?**” (Matayo 26:53, 54). Bamalayika abaaweereza eri Yesu bwe yali ng’asaba mu nnimiro, bandisobodde okuzikiriza abaserikale abaamusiba. Naye Yesu yali amanyi ekigendererwa kya Katonda ekyalabisibwa mu Byawandiikibwa.

Yesu mwene yayogera nti, **“Omwana w’omuntu alibonyabonyezebwa bingi, era aligaanibwa bakabona abakulu n’abawandiisi, era alittibwa, n’azuukira ku lunaku olw’okusatu”** (Lukka 9:22). Olaba, Yesu yafa kubanga yali *nteekateeka ya Katonda* nga ensi yonna tenatondebwa (Okubikkulirwa 13:8).


Katonda Ye yakola enteekateeka ennungi nti Yesu awangule okufa! **“Kale abo Yesu b’ayita abaana nga bwe balina omubiri n’omusaayi, naye mwene kye yava afuuka nga bo, yakola bw’atyo alyoke azikirize oyo eyalina amaanyi g’okufa, oyo ye mulabe, alyoke asumulule abo bonna abaali nga mu bulamu bwabwe bwonna basibiddwa entiisa y’okufa”** (Abaebbulaniya 2:14, 15). Otya okufa? Yesu yafa okukununula! Wewaawo, Yesu *Yasalawo* okuwaayo obulamu bwe ku lulwo!

## ESSOMO 28. YESU AKOMEREWA ERA N’AZIIKIBWA

**Yokaana 19:17, 18, 30-37**

**17 Era yeetikka omusalaba**
**gwe, n’ayolekera ekifo ekiyiti-**
**bwa Ekifo ky’Ekiwanga, mu**
**Luebbulaniya kye bayita Golo-**
**gosa, 18 Eyo gye yakomererwa**
**Ye n’abalala babiri, omu ku**
**mukono gwe ogwa ddyo, n’o-**
**mulala ku mukono ogwa kko-**
**no, Yesu ng’ali wakati. 30 Awo**
**Yesu bwe baamuwa omwenge**
**omukaatuufu, n’agamba nti,**
**“Kiwedde!” N’akoteka omutwe,**
**n’awaayo omwoyo gwe. 31 O-**
**lw’okuba nga lwali Lunaku lwa**
**Kutegeka, emirambo gyali nga**
**tegirina kusigala ku musalaba**
**ku Sabbiiti (Sabbiiti lwabee-**
**ranga lunaku lukulu), Aba-**
**yudaaya ne basaba Piraato abo**
**be baali bakomeredde baba-**
**menye amagulu babajjewo.**
**32 Awo omuserikale n’asookera**
**ku omu n’amumenya amagulu.**
**33 Naye bwe baatuuka ku Yesu**
**ne balaba nga yali amaze oku-**
**fa, ne batamumenya magulu.**
**34 Naye omu ku baserikale n’a-**
**mufumita effumu mu mbiriizi**
**amangu ago ne muvaamu ama-**
**zzi n’omusaayi. 35 N’oyo eyala-**
**ba ajulira era n’okujulira kwe**

kwa mazima era amanyi nga ne by'ayogera bya mazima, mulyoke mukkirize. 36Bino byakolebwa ekyawandiikibwa kiryoke kitukirire nti, "Tewali ggumba lye na limu lye balimenya." 37N'ekyawandiikibwa ekirala kigamba nti, "Balimulaba Oyo eyafumitibwa."



Yokaana 19:40-42

40Awo ne batwala omulambo gwa Yesu, ne baguzinga mu lugoye olwa akitani n'ebiwero nga enkola y'Abayudaaya bwe yali ey'okuziika. 41Eyo mu kifo we yakomererwa waaliyo ennimiro, nga mu nnimiro eyo mulimu entaana empya mwe batagalamizanga muntu yenna. 42Omwo mwe baagalamiza Yesu, kubanga yali kumpi ate nga lwali Lunaku lwa Kutegeka.

## Okufa kwa Yesu Tebwali Butanwa

Ekintu ekikulu ekiyamba okusobola okutegeera Baibuli, kwe kumanya nti Ebyawandiikibwa byonna byetoloolera ku Kristo. **"Yasookera ku Musa ne bannabbi bonna, n'alyoka abategeeza Ebyawandiikibwa byonna ebimukwatako"** (Lukka 24:27). Yesu ekyo yali akimanyi bulungi, **"ebintu byonna ebinkwatako Ebyawandiikibwa mu mateeka ga Musa ne Banabbi ne Zabbuli birina okutuukirizibwa"** (Lukka 24:44b). **"N'alyoka abikkula amagezi gaabwe, bategeere Ebyawandiikibwa; n'abagamba nti, 'bwe kityo bwe kyawandiikibwa nti Kristo alibonyabonyezebwa n'azuukira ku lunaku olw'okusatu, olwo abantu bonna babuulirwe okwenenya n'okujjibwako ebibi mu linnya lye, okutandikira mu Yerusalemi'"** (Lukka 24:45-47).

Enteekateeka ya Katonda nga ya kitalo! Bw'oba nga olina Baibuli soma nga bw'oyiga Ebyawandiikibwa ebyo wammanga olabe nga Katonda bwe yategeeza ensi enteekateeka Ye

mu Byawandiikibwa ebiri mu Ndagaano Enkadde, era n'engeri Yesu gye yatuukiriza enteekateeka yonna. (Obunabbi butono nnyo nga 300 bwokka bwe bwogera ku kujja kwa Yesu omulundi ogw'okubiri).


Setaani yawamba obutonde bwa Katonda, naye Katonda ng'alina enteekateeka y'okuginunula era nga yagikola dda, era enteekateeka eyo *yakola!* Abantu bonna abaagala okununulibwa *kaakano* bayinza okuva mu busibe bwa Setaani!

| ENTEEKATEEKA YA KATONDA | OBUNABI | OKUBUTUUKIRIZA |
|---|---|---|
| Yasuubiza "ensigo y'omukazi" | **Olubereberye 3:15** | **Abaggalatiya 4:4** |
| Yasuubiza "ensigo ya Ibulayimu" | **Olubereberye 22:18** | **Ebikolwa 3:25** |
| Okuzaalibwa e Beserekemu | **Mikka 5:2** | **Matayo 2:1** |
| Okuzaalibwa embeerera | **Yisaaya 7:14** | **Matayo 1:18** |
| Okuweereza e Galiraaya | **Yisaaya 9:1, 2** | **Matayo 4:12-16** |
| Okubeera Nabbi | **Eky'amateeka 18:15** | **Yokaana 6:14** |
| Okubeera Kabona | **Zabbuli 110:4** | **Abaebbulaniya 6:20** |
| Okubeera Kabaka | **Yisaaya 9:7** | **Yokaana 18:36, 37** |
| Okugaanibwa Abayudaaya | **Yisaaya 53:3** | **Yokaana 1:11; 5:43** |
| Okuyingira n'Obuwanguzi | **Zekkaliya 9:9** | **Yokaana 12:13-15** |
| Mukwano gwe amulyamu olukwe | **Zabbuli 41:9** | **Makko 14:10** |
| Bamutunda ebitundu bya feeza 30 | **Zekkaliya 11:12** | **Matayo 26:15** |
| Abajulizi ab'obulimba bamuloopa | **Zabbuli 27:12** | **Matayo 26:60, 61** |
| Bamuloopa n'atabanyega | **Yisaaya 53:7** | **Matayo 26:62, 63** |
| Bamujolonga n'okumuwandira amalusu | **Yisaaya 50:6** | **Makko 14:65** |
| Akomererwa n'aboonoonyi | **Yisaaya 53:12** | **Matayo 27:38** |
| Bamufumita ebibatu n'ebigere | **Zabbuli 22:16** | **Yokaana 20:27** |
| Okuduulirwa n'okukonjerwa | **Zabbuli 22:6-8** | **Matayo 27:39, 40** |
| Aweebwa omwenge | **Zabbuli 69:21** | **Yokaana 19:29** |
| Asabira abalabe be | **Yisaaya 53:12** | **Lukka 23:34** |
| Okufumitibwa mu mbiriizi | **Zekkaliya 12:10** | **Yokaana 19:34** |
| Obutamumenya ggumba | **Zabbuli 34:20** | **Yokaana 19:33** |
| Okuziikibwa omugagga | **Yisaaya 53:9** | **Matayo 27:57-60** |
| Okuzuukira kwe | **Zabbuli 16:10** | **Matayo 28:9** |
| Okuddayo mu ggulu | **Zabbuli 68:18** | **Lukka 24:50, 51** |

(Okufuna olugero lw'okufa kwa Yesu lwonna mu bujjuvu, soma Matayo 26 ne 27, Makko 14 ne 15, Lukka 22 ne 23, Yokaana 18 ne 19, Yisaaya 53, ne Zabbuli 22.)

# ESSOMO 29. YESU AZUUKIRA MU BAFU

**Yokaana 20:1-9**



**1 Ku lunaku olusooka mu wii-
ki, Maliyamu Mangadalena ya-
jja ku makya ennyo awaali
entaana, n'alaba nga ejjinja
lyali liyiringisiddwa okuva ku
ntaana. 2 Awo n'adduka n'ajja
eri Simooni Peetero, n'omuyi-
girizwa omulala Yesu gwe yaya-
galanga n'abagamba nti, "Mu-
kama waffe bamuggyeemu mu
ntaana era simanyi gye bamu-
tutte. 3 Awo Peetero n'oli omuyi-
girizwa omulala ne bafuluma
okugenda awaali entaana. 4 Baa-
genda nga badduka omuyigiri-
zwa omulala n'ayisa Peetero
n'amusooka okutuuka ku ntaa-
na. 5 Bwe yakutama n'alingiza
mu ntaana yalaba ngoye zokka
naye teyayingirayo munda. 6 Awo
Simooni Peetero n'ajja ng'amu-
goberera naye ye bwe yatuuka
n'ayingira munda mu ntaana
n'alaba engoye eza kitaani nga
ziri awo, 7 n'akagoye akaali ka-
sibye akaba ate ko nga bakazi-
nzeko nga kali kokka. 8 Awo n'oli
omuyigirizwa eyasooka okujja
naye n'ayingira naye n'alaba
era n'akkiriza. 9 Era baali teba-
namanya Kyawandiikibwa eki-
gamba nti alizuukira okuva mu
bafu.**

## Okuzuukira Lwaki Kintu Kikulu nnyo

Edda ennyo Yobu yabuuza ekibuuzo nti, **"Singa omuntu amala n'afa, ayinza okulaba obulamu nate?"** (Yobu 14:14a). Kino kye kyali eky'okuddibwamu gy'ali ekisanyusa: **"Kubanga mmanyi nga omununuzi wange mulamu, era ku nkomerero aliyimirira ku nsi; era eddiba ly'omubiri gwange bwe lirimala okuzikirizibwa bwe lityo, Naye mu mubiri gwange ndiraba Katonda"** (Yobu 19:25, 26). Wewaawo, olw'ensonga

nti Ye mulamu, naffe tugenda kuba balamu (Yokaana 14:19).

**"Yadde nga yakomererwa mu bunafu, naye abeerawo mu maanyi ga Katonda. Kubanga naffe tuli banafu mu Ye, naye tuliba naye olw'amaanyi ga Katonda eri mmwe"** (2 Abakkolinso 13:4).

Obubaka bwonna obuli mu njiri, Pawulo yabufunza mu nyiriri bbiri zokka: **"Kubanga kye nasooka okubawa nange ekyo kye nnaweebwa, nga Kristo yafa olw'ebibi byaffe nga Ebyawandiikibwa bwe byogera; era nga yaziikibwa era n'azuukira ku lunaku olw'okusatu nga Ebyawandiikibwa bwe bigamba"** (1 Abakkolinso 15:3, 4). Singa tekwali kuzuukira kwa Kristo, tetwandibadde na bye tubuulira. Tetwandibadde na ssuubi. Twandibbadde nga tukyali mu bibi byaffe era nga tukyatya okufa. Naye Katonda yeebazibwe, Yesu *mulamu* era ayinza *okubeera mu ggwe!* **"Naye oba nga Omwoyo w'oyo eyazuukiza Yesu mu bafu atuula mu mmwe, Oyo eyazuukiza Yesu mu bafu era emibiri gyammwe egifa y'aligiwa obulamu ku bw'Omwoyo we atuula mu mmwe"** (Abaruumi 8:11).

## Kaakano Tuteekwa kuba balamu ku Bubwe

**"Kubanga okwagala kwa Kristo kutuwaliriza, kubanga tukiraba nti: Oba nga omu yabafiirira bonna; kiri nti bonna baafa; era bonna yabafiirira, olwo abo abalamu nga tebabeera balamu ku lwabwe, naye ku lw'oyo eyabafiirira era n'azuukira"** (2 Abakkolinso 15:14, 15). Twali tufiiridde mu bibi byaffe Kristo n'ajja n'atufiirira; kati tuli balamu eri Katonda. Tuli bitonde biggya *mu Ye!* Kaakano temuliiwo ku lwammwe. **"Kubanga mwagulibwa na muwendo; n'olw'ekyo mugulumizenga Katonda mu mibiri gyammwe ne mu myoyo gyammwe; ebya Katonda"** (1 Abakkolinso 6:20).

# ESSOMO 30. YESU ALABIKIRA MALIYAMU

**Yokaana 20:11-17**



**11Naye Maliyamu n'ayimirira wabweru w'entaana ng'akaaba, n'akutama n'alingiza mu ntaana. 12N'alaba bamalayika babiri abambadde engoye enjeru nga batudde omu emitwetwe n'omulala emirannamiro awaali wagalamiziddwa omulambo gwa Yesu. 13Awo ne bamugamba nti, "Mukazi wattu, okaabira ki?" N'abaddamu nti, "Kubanga Mukama wange bamututte so simanyi gye bamutadde." 14Bwe yamala okwogera ebyo, n'akyuka n'alaba Yesu ng'ayimiridde awo, naye teyamutegeera nga Ye Yesu. 15Yesu n'amugamba nti, "Mukazi wattu, okaabira ki? Onoonya ani?" Awo bwe yamulowooza okuba omukumi w'ennimiro n'amugamba nti, "Ssebo, oba nga ggwe omuggyeewo, ndaga gy'omutadde ng'ende mmuggyeyo." 16Yesu n'amuyita nti "Maliyamu!" Awo n'akyuka n'addamu nti "Labboni" (ekitegeeza nti Omusomesa). 17Yesu n'amugamba nti, "Tonsemberera, kubanga sinnaba kugenda eri Kitange; naye genda ogambe baganda bange nti ng'enda eri Kitange era Kitammwe eri Katonda wange era Katonda wammwe."**

## Engeri Yesu gye Yawa Abakazi Ekitiibwa

Mu biseera ebyakazigizigi era n'okulumwa ate ne mu biseera eby'okusanyuka, Yesu yalaga nga awa abakazi ekitiibwa. Bwe yali mu bulumi nga akomereddwa, yayogera bulungi ne maama we era n'amulekera omuyigirizwa gwe yayagalanga amulabirire (Yokaana 19:26, 27). Kaakano ate mu buwanguzi ng'amaze okuzuukira, yasalawo *kusooka* kulabikira mukazi—Maliyamu omulala.

Abakazi abatya Katonda, abeesiga Katonda era nga bambadde ekyambalo ky'obuwombeefu n'omwoyo ow'eddembe babeera ba **"muwendo mu maaso ga Katonda"** (1 Peetero 3:4b). Katonda bwe yatonda omuntu mu kifaananyi kye, yatonda omusajja n'omukazi nga *ekiramba ekituukiridde* okulaga ekifaananyi Kye (Olubereberye 1:27). Mu bintu eby'omwoyo, Katonda abasajja n'abakazi abawa emikisa egyenkana bwe bajja ewa Kristo bonna bafuna obusika. **"Ebyatuweesa ebisuubizibwa eby'omuwendo omungi, ebinene ennyo olw'ebyo mulyoke mugabanire wamu obuzaaliranwa"** (2 Peetero 1:4a). **"Tewali nti musajja oba mukazi kubanga mwenna muli kimu mu Kristo Yesu"** (Abaggalatiya 3:28b). Katonda abakazi abaweera ddala ekitiibwa kye yava alagira abasajja okwagalanga bakazi baabwe nga Kristo bwe yayagala ekkanisa n'awaayo obulamu bwe ku lw'ekkanisa (Abaefeso 5:25). **"Kale abasajja kibagwanidde okwagalanga bakyala baabwe nga emibiri gyabwe gyennyini; oyo ayagala mukyala we aba yeeyagala yekka"** (Abaefeso 5:28). Katonda ayagala obumu obutuukiridde n'okwagalana wakati w'omwami n'omukyala. Katonda *akyawa* okunoba. **"Kubanga Mukama Katonda wa Isiraeri agamba nti akyawa abafumbo okwawukana,"** (Malaki 2:16a). **"Mutuukirize essanyu lyange nga mulowooza bumu, nga mulina okwagala kumu, omwoyo gumu, n'emmeeme emu. Temukolanga kintu kyonna mu bulimba n'okuyomba yadde okwenoonyeza ekitiibwa ekitaliimu, naye mu buwombeefu buli muntu agulumize munne okusinga bwe yeegulumiza yekka"** (Abafiripi 2:2, 3).

## ESSOMO 31. YESU ALABIKIRA ABAYIGIRIZWA BE

**Yokaana 20:19-22**

19Awo ku lunaku olwo lwennyini, nga lwe lunaku olusooka mu wiiki, enzigi bwe zaali

nga nzigale omwo abayigirizwa mwe baali bakung'anidde nga batya Abayudaaya; Yesu yajja n'ayimirira wakati waabwe; n'agamba nti, "Emirembe gibeere nammwe." 20Awo bwe yamala okwogera ebyo, n'abalaga emikono gye n'embiriizi ze. Abayigirizwa ne basanyuka bwe baalaba Mukama. 21Awo Yesu nate n'agamba nti, "Emirembe gibeere nammwe! Era nga Kitange bwe yantuma; nange bwentyo mbatuma." 22Era



bwe yayogera ebyo; n'abassiza omukka n'agamba nti, "Mutoole Omwoyo Omutukuvu."

## Eby'okukola

Yesu kiki kye yayogera? Jjuzamu mu mabanga awo wammanga.

1. "____________________ gibeere nammwe" (olunyiriri 19).
2. "Nga Kitange bwe yantuma, Nange ______________" (21).
3. "____________________ Omwoyo Omutukuvu" (22).


## ESSOMO 32. OMUYIGIRIZWA EYALI ABUUSABUUSA NAYE AKKIRIZA

**Yokaana 20:24-28**

24Naye Tomasi eyayitibwanga Didimo, omu ku kkumi n'ababiri teyali wamu nabo Yesu lwe yajja. 25Abayigirizwa abalala ne bamugamba nti, "Tulabye Mukama waffe." Naye ye n'addamu nti, "Bwe sirimala kulaba nkovu za misumali mu bibatu bye, n'okuteeka ne ntee-

**ka olunwe lwange mu mbiriizi ze, sirikkiriza n'akatono."**

**26Bwe waayitawo ennaku munaana era abayigirizwa be baali munda, ne Tomasi ng'ali wamu nabo, Yesu n'ajja enzigi nga zigaddwawo, n'ayimirira wakati waabwe n'agamba nti, "Emirembe gibe mu mmwe!"**
**27Awo n'akyukira Tomasi n'amugamba nti, "Leeta olunwe lwo, ate tunuulira ebibatu byange; era olunwe lwo oluteeke mu mbiriizi zange. Leka kuba atakkiriza naye beera mukkiriza."**
**28Tomasi n'amuddamu nti,**



**"Mukama wange era Katonda wange!"**

**29Yesu n'amugamba nti Kubanga ondabye, ky'ovudde okkiriza; balina omukisa abakkiriza nga tebalina kye balabye.**

## Omukisa Ogw'enjawulo


Yesu agamba nti olina omukisa ogw'ekitalo bw'omukkiriza yadde nga tomulabako na maaso go. Kaakano Yesu tumutegeera olw'Omwoyo we atuula mu ffe. Era tumutegeera okuyita mu Kigambo kye kye yayogera naffe ekiri mu Baibuli.

Lunaku lumu *tulimulaba*. **"Tumanyi nga bw'alirabisibwa, tulifaanana nga ye, kubanga tulimulaba nga bw'ali"** (1 Yokaana 3:2b). **"Balina omukisa abalina emitima egituukiriddе, kubanga abo baliraba Katonda"** (Matayo 5:8). **"Laba, ajjira ku bire, era buli liiso lirimulaba, era n'abo abaamufumita. Era ebika by'ensi byonna birikaaba ku lulwe"** (Okubikkulirwa 1:7a). Bw'oliraba Yesu, olisanyuka oba ogenda kunakuwala? Yesu bw'abeera Mukama wo era Katonda wo, nga bwe yali eri Tomasi, ogenda kujjula essanyu!

# ESSOMO 33. YESU ALINA OBUYINZA OBUGABIRIRA

Yokaana 21:2-6; 9-12; 15-17

2Simooni Peetero, Tomasi e-
yayitibwanga Didimo, Nassana-
yiri ow'e Kaana eky'e Galiraa-
ya, batabani ba Zebiddayo, n'a-
bayigirizwa abalala babiri baa-
li wamu. 3Simooni Peetero n'a-
bagamba nti, "Nze ng'enda ku-
vuba." Ne bamuddamu nti, "Na-
ffe tunaagenda naawe." Ne ba-
fuluma era amangu ago ne ba-
linnya eryato, era ekiro ekyo
tebaakwasa kantu n'akamu.
4Naye bwe bwakya enkya, Yesu
n'ayimirira ku lubalama; ya-
dde nga abayigirizwa tebaamu-
tegeera nga yali Yesu. 5Awo Ye-
su n'abagamba nti, "Baana, mu-
linayo eky'okulya kyonna?" Ne
bamuddamu nti, "Nedda." 6Awo
Yesu n'abagamba nti, "Musuu-
le obutimba ku luuyi lw'eryato
olwa ddyo, mujja kufunayo."
Bwe batyo ne basuula obuti-



mba era olw'ebyennyanja ebi-
ngi ne batasobola na kubiwalula.
9Awo olwali okugoba ettale,
ne balaba omuliro nga gwaaka
ogumaze okugwa amanda nga
kuliko ebyennyanja n'omugaa-
ti. 10Yesu n'abagamba nti, "mu-
leete ebyennyanja ebimu ku
ebyo bye muva okuvuba." 11Si-
mooni Peetero n'agenda n'awa-
lula ekitimba nga kijjudde e-
byennyanja ebinene kikumi mu
ataano mu bisatu; naye yadde
nga byali bingi bwe bityo, aka-
timba tekaayulika. 12Yesu n'a-
bagamba nti, "Mujje mulye....
15Awo bwe baamala okulya
eky'enkya, Yesu n'agamba Si-
mooni Peetero nti, "Simooni mu-
tabani wa Yona, onjagala oku-
singa bano?" N'amugamba nti,
"Weewaawo Mukama wange;
omanyi nga nkwagala." N'a-
mugamba nti, "Liisanga endiga
zange." 16N'amugamba nate o-
mulundi ogw'okubiri nti, "Si-
mooni, mutabani wa Yona,
onjagala?" N'amuddamu nti,
"Weewaawo Mukama wange
omanyi nga nkwagala." N'amu-
gamba nti, "Lundanga endiga
zange." 17N'amugamba nate o-

**mulundi ogw'okusatu nti, "Simooni mutabani wa Yona, onjagala?" Peetero n'anakuwala kubanga yamubuuza omulundi ogw'okusatu nti, "onjagala?" Kwe kumuddamu nti, "Mukama wange, Omanyi ebintu byonna; omanyi nga nkwagala." Yesu n'amugamba nti, "Liisanga endiga zange."**

## Mujje Mulye

Nga kifaananyi kirungi nnyo ekya Yesu nga akuyita okulya eky'enkya! Yesu yalung'amya abayigirizwa be okutuuka mu kifo awaali *obugabirizi obuyitirivu.* Olumwa enjala n'ennyonta olw'obutuukirivu? Yesu yagamba nti, **"Balina omukisa abo abalumwa enjala n'ennyonta olw'obutuukirivu, kubanga balijjuzibwa"** (Matayo 5:6). Buli ku makya jjangu mu kubeerawo kwe ofune eky'enkya eky'omwoyo, nga olya ku Kigambo kye, ekyo ekimatiza emmeeme. Mukama, Katonda wo, eyakusumulula okuva mu busibe, akugamba nti, **"Yasamya nnyo akamwa ko, Nange naakajjuza"** (Zabbuli 81:10b).

Bw'oba nga oli wa Kristo, olina okuyitibwa okulala okulungi nga oyitibwa nti "Jjangu olye." Yesu bw'aliba nga tanakomawo ku nsi kuno kufuga nga KABAKA WA BAKABAKA era MUKAMA WA BAKAMA, okugattibwa kwe n'abakkiriza bonna kulijaguzibwa n'ekijjulo ky'embaga ey'obugole.

Yokaana yawandiika bw'ati: **"'. . . Kale tusanyuke, tujaguze, tumuwe ekitiibwa Ye, kubanga obugole obw'Omwana gw'endiga butuuse; ne mukazi we yeeteeseteese.' Era yaweebwa okwambala bafuta entukuvu ennungi; kubanga bafuta eno bye bikolwa eby'obutuukirivu eby'abatukuvu"** (Okubikkulirwa 19:7, 8). Weetegese okuyitibwa ku mbaga eyo? Jjukira nga tetuyinza kwambala butukuvu bwaffe ku lwaffe.

Mu maaso ga Katonda, **"obutukuvu bwaffe bwonna buli nga enziina enkyafu"** (Yisaaya 64:6). Yesu yekka kye kyambalo ky'obutuukirivu ekitukkirizisa ku kijjulo ky'embaga eyo ey'ekitalo. **"Kubanga yamufuula oyo ataalina kibi okuba ekibi ku lwaffe, tulyoke tufuuke abatukuvu ba Katonda mu Ye"** (2 Abakkolinso 5:21). Kuno nga kuwaanyisa kwa kitalo: Yatwala ebibi byaffe, n'atuwa obutukuvu bwe!

## Liisanga Endiga Zange

Oluvannyma nga Yesu amaze okukuliisa, Ayagala naawe oliise abalala. Bw'obadde nga oyiga ekitabo kya Yokaana obadde oliisibwa mu meeeme yo? Kale oteekwa okugabanako n'abalala ku ebyo Katonda by'akuyigiriza. **"Lunda ekisibo kya Katonda ekiri eyo gy'obeera, . . . nga ggwe ky'okulabirako eri ekisibo"** (1 Peetero 5:2a, 3b). Tuyinza okugabanako n'abalala bwe tugabanako nabo Ekigambo kya Katonda era ne tubeera eky'okulabirako gye bali. **"Nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe; era laba, Nze ndi wamu nammwe ennaku zonna"** (Matayo 28:20a).

## Ebiddibwamu mu Bibuuzo

Eby'okudda mu bibuuzo ebiri mu Kuyigira Baibuli ku Yokaana tubisanga awo wammanga osobole okwekebera n'okumanya eby'okuddamu ebituufu. Olupapula luno olutunulako oluvannyuma ng'omaze okuddamu ebibuuzo byonna.

**Empapula 4, 5**

1. Katonda
2. ne Katonda
3. obulamu
4 kizikiza
5. Yokaana
6. bennyini
7. abaana ba Katonda
8. musaayi, mubiri muntu, Katonda
9. omubiri
10. mu ffe
11. kujjula, ekisa, ekisa
12. Omwana

**Empapula 10, 11**

1. ddoboozi, ddungu
2. Mutereeze, ekkubo
3. oluvanyuma, mu kusooka
4. omwana gw'endiga, Katonda, ekibi, ensi

5. Isiraeri
6. ejjuba, Mwoyo Mutukuvu

**Olupapula 17**
1. Kyonna ky'anaabagamba, mukikole.
2. okutuuka ku migo.

**Empapula 25-27**
1. mufuzi, ekiro
2. musomesa
3. okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri
4. amazzi, omwoyo
5. mubiri
6. mwoyo
7. Musa, omusota
8. yayagala, okubula, obulamu
9. kugisalira musango, erokolebwe
10. taliiko musango, atakkirizza
11. ekizikiza, ekitangaala, bibi, musango
12. amazima

**Empapula 34, 35**
1. Yali akooye
2. Mpa nnywe
3. Abayudaaya nga tebakolagana na Basamaliya
4. Amazi amalamu
5. Buli eyanywanga ku mazzi ag'emugga ennyonta yaddangamu n'emuluma. Buli anywa ku mazzi Yesu g'agaba talumwa nyonta nate.
6. Yali yaakabeera n'abasajja bataano ate n'oyo gwe yali naye teyali bbaawe.
7. kusinza
8. mu mwoyo ne mu mazima
9. yagenda mu kibuga n'ategeeza abasajja ebikwata ku Kristo
10. okukola nga eyamutuma bw'ayagala n'okumaliriza omulimu gwe
11. Kristo, Omulokozi w'ensi

**Olupapula 41**
1. 38
2. okuwona
3. Golokoka, otambule
4. Toddangayo okwonoona
5. (a) okumenya Sabbiiti
   (b) okwenkana ne Katonda

**Olupapula 51**
1. mubeera, bayigirizwa
2. amazima
3. muddu
4. Omwana
5. munjagala
6. Katonda
7. okwagala, okumanya

**Empapula 53, 54**
1. Yesu
2. baliranwa
3. Abafalisaayo
4. abazadde
5. omusajja omuzibe
6. Yesu
7. omusajja omuzibe

**Olupapula 74**
1. nnaaza ebigere & okunaazanga ebigere
2. nabaagala, mwagalanenga

**Empapula 80, 81**
1. nsi
2. Kitange
3. erabye, ekyawa
4. nsonga
5. abatta, Katonda
6. tebamanyi
7. awangudde

**Olupapula 92**
1. Emirembe
2. mbatuma
3. Mutoole

Published in numerous languages as God supplies funds in answer to prayer. If you would like more copies for prayerful distribution, write in English. Specify which language(s) you need and how many booklets.
**World Missionary Press, PO Box 120, New Paris, IN 46553-0120 USA**

Akatabo kano *si ka kugabibwa mu lujjudde lw'abantu.* Ka kukozesebwa mu kuyiga kw'abantu sekinn'omu ne mu kibiina.

**Ka bwereere—Tekatundibwa**

Text reprinted from the Bible in Luganda, 1968 Edition, by permission of the United Bible Societies Africa Regional Centre, Nairobi, Kenya.
Cover Art by Andrew Beverly

Read booklets online or by App
www.wmp-readonline.org

www.wmpress.org 2-18 1320/2 Luganda BSJ